



**OKUTENDEKA ABAKULEMBEZE B'EKKANISA**  
• **MU BUVANJUBA BW'AFIRIKA**

# **OKUSONYIWA N'OKUTABAGANA**

**Kya**  
**Jonathan M. Menn**

**B.A., University of Wisconsin-Madison, 1974**  
**J.D., Cornell Law School, 1977**  
**M.Div., Trinity Evangelical Divinity School, 2007**

**Equipping Church Leaders-East Africa**  
**3701N. Gillett St. Appleton, WI 54914**  
**(920) 731-5523**  
**jonathanmenn@yahoo.com**  
**www.eclea.net**

Kyawandiikibwa mu Maayi 2007; ne kiddibwamu mu Maayi 2013; ne kiterezebwa mu November 2017

Okusonyiwagana n'okutabagana biri mu mutima gw'obuweereza bwa Kristo gye tuli, era birina okuba ku mutima gwaffe nga tukolagana n'abalala. Omusomo guno gukwata ku misingi emikulu egiri mu byawandiikibwa egy'okusonyiwa n'okutabagana. Gukubaganya ebirowoozo ku kusonyiwa n'okutabagana kye biri ne kiki kye bitali era n'engeri okusonyiwa gye kwawukana ku kutabagana. Ensonga entuufu lwaki okusonyiwa n'okutabagana byogerwako era n'engeri gye tusonyiwamu ne gye tutabaganamu. Ebirala ebyogerwako y'engeri gye tukolaganamu n'abantu be tusonyiye, n'ensonga y'okwenenya era n'ensonga y'okwesonyiwa ebyakusobako nga ggwe omuntu kinnoomu.

**EBIRI MU KITABO**

**EKISONYIWO .....2**

**Ebyawandiikibwa Ebikulu Ebijulizibwa.....2**

**I. Okusonyiwa kitundu ku mbala ya Katonda .....2**

**II. Tulagirwa Kristo—ng’ekitundu ekikulu ennyo ekiraga Omukristaayo—okusonyiwa abalala.....3**

**III. Abatume batukubiriza okusonyiwa abalala ng’ennonno era ng’eky’okulabirako .....5**

**Okutegeera Okusonyiwa n’Okukussa Mu Nkola Mu Bulamu Bwaffe .....5**

**I. Okusonyiwa kye KUTALI .....5**

**II. Okusonyiwa kye KULI .....10**

**III. Ensonga ezirabikako lwaki tulina okusonyiwa abatusobya .....11**

**IV. Tusonyiwa tutya .....13**

**V. Okwesonyiwa.....19**

**VI. Okusonyiwa n’Okwenenya .....20**

**VII. Okusembeza ekisonyiwo ky’ebibi byo ekiva ewa Katonda n’abantu abalala .....24**

**OKUTABAGANA .....28**

**Ebyawandiikibwa Ebikulu Ebijulizibwa.....28**

**I. Katonda yatutabaganya naye kennyini era n’atuwa n’obuweereza obw’okutabaganya  
(2 Kol 5:16-21).....28**

**II. Katonda yajjawo emiziziko gyonna egiziyiza okutabagana ne mw’abo abalina empalana  
eyitiridde (Beef 2:11-22).....28**

**III. Okutabagana ne banaffe kulina amakulu ag’omwoyo era kukwatagana n’okusinza kwaffe  
eri Katonda (Mat 5:21-26).....29**

**IV. Abakristaayo balagirwa Kristo n’abatume okukola kyonna kye basobola okubeera mu  
mbeera ey’emirembe bokka na bokka awamu n’abantu abalala .....29**

**V. Kristo n’abatume bonna baayolesa okutabagana mu bulamu bwabwe .....30**

**VI. Bwe tulemererwa okukkaanya ku lwaffe, Katonda alagira ekkansa y’omukitundu  
okubiyingiramu n’etuwa ku magezi gaayo, n’ebikozesebwa era n’obuyinza okugonjoola  
ensonga (Mat 1:16-1; Baf 4:2-3; 1 Kol 6:1-8).....30**

**Okutegeera okutabagana n’okukussa mu nkola mu bulamu bwaffe .....31**

**I. Enjawulo wakati w’okusonyiyibwa n’okutabagana .....31**

**II. Lwaki okutabagana kiragiro kikulu nnyo .....31**

**III. Tutabagana tutya .....32**

**OKUJULIZA OKULAGIDDWA .....35**

**EBIFUNDIKIRA: Engeri y’Okusonyiwa Okwesigamye Ku Kusalawo Okuzzaawo Obufumbo  
n’Amaka.....37**

**OMUWANDIISI .....39**

## EKISONYIWO

### Ebyawandiikibwa Ebikulu Ebijulizibwa<sup>1</sup>

#### I. Okusonyiwa kitundu ku mbala ya Katonda

##### A. Okusonyiwa kitundu kikulu nnyo ku kikula n'embala ya Katonda

1. Katonda yennyini alangirira bw'ati: <sup>6</sup> Mukama n'ayita mu maaso ga Musa n'agamba nti, "Nze Mukama, Mukama Katonda alina ekisa n'okusaasira okungi, atasunguwala mangu, ajjudde obwesigwa n'okwagala okutaggwaawo. <sup>7</sup> Akuuma okwagala eri enkumi n'enkumi asonyiwa ebisobyo byabwe, n'obujeemu bwabwe, n'ebibi byabwe. Talema kubonereza oyo asingiddwa omusango. Abonereza abaana n'abazukulu olw'ebisobyo bya bakadde baabwe n'ebya bajajjaabwe, okutuukira ddala ku mulembe ogwokusatu n'ogwokuna." (Okuv 34:6-7)

2. Kino kirabikira n'ewalala: (Okub 14:17-19; Zab 103:2-3; ne Zab 130:3-4).

3. Ekisonyiwo kya Katonda eri ebibi byaffe kyolesa obwesigwa bwe gye tuli: "Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna" (1 Yok 1:9).

##### B. Okusonyiwa kitundu kyennyini ku mulimu gwa Yesu Kristo.

1. Kristo yennyini yalangirira nti yalina obuyinza okusonyiwa ebibi by'abantu: <sup>3</sup> Omulwadde eyali akoozimbye ne bamuleeta eri Yesu ng'asituliddwa abasajja bana. <sup>4</sup> Naye bwe balemwa okuyingiza omulwadde eyali akoozimbye olw'ekibiina ekinene ne baseluukulula ku kasolya ne bassa omulwadde ng'ali ku katanda ke. <sup>5</sup> Yesu bwe yalaba okukkiriza kwabwe, n'agamba omulwadde eyali akoozimbye nti, "Mwana wange ebibi byo bikusonyiyiddwa." <sup>6</sup> Naye abamu ku bannyonnyozi b'amateeka abaali batudde awo nga balowooza ku bintu bino mu mitima gyabwe ne boogera nti, <sup>7</sup> "Ono ayinza atya okwogera bw'atyo? Avvode! Ani ayinza okusonyiwa ebibi okuggyako Katonda?" <sup>8</sup> Amangwago Yesu n'amanya mu mutima gwe bye baali boogerako bokka ne bokka n'ababuuza nti, "Lwaki mwebuuzaganya ebintu bino mu mitima gyammwe? <sup>9</sup> Ekyangu kye kiruwa, okugamba akoozimbye nti ebibi byo bikusonyiyiddwa oba nti yimirira ositule akatanda ko otambule? <sup>10</sup> Naye mmwe okusobola okutegeera ng'Omwana w'Omuntu alina obuyinza okusonyiwa ebibi ku nsi;" n'agamba eyali akoozimbye nti, <sup>11</sup> "Yimirira ositule akatanda ko oddeyo ewuwo." <sup>12</sup> Awo omusajja n'asituka, amangwago n'asitula akatanda ke n'afuluma nga bonna balaba. Bonna ne bawuniikirira era ne bagulumiza Katonda, nga bagamba nti, "Kino tetukirabangako." (Makko 2:3-12). Ebirala ebyogera ku nsonga eno biri mu; **Mat 9:2-8** ne **Lukka 5:17-26**. Soma ne **Lukka 7:48-50**: obuyinza bwa Kristo ku kusonyiwa kwalabibwa nabalala; **Lukka 23:33-34**: Kristo yasonyiwa abantu ng'ali ne ku musaalaba.

2. Kristo okusonyiwa abantu ebibi byabwe kyali era kitundu kya nkizo ku mulimu ogwamuleeta ku nsi: era kinyusi kikulu eky'enjiri, kyalangirirwa abatume era naffe tulina okukirangiriranga:

a. **Bik 5:29-32:** "Naye Peetero n'abatume ne baddamu nti, "Kitugwanira okugondera Katonda okusinga okugondera abantu. <sup>30</sup> Katonda wa bajajjaffe yazuukiza Yesu, gwe mwatta nga mumuwanise ku muti. <sup>31</sup> Oyo Katonda n'amugulumiza okubeera Omulangira era Omulokozi, abeerenga ku mukono gwe ogwa ddyo, okuwa Isirayiri omukisa ogw'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi. <sup>32</sup> Ffe ne Mwoyo Mutukuvu Katonda gw'awa abo abamugondera tuli bajulira ba bigambo ebyo."

b. **Bik 13:36-39:** "Kino kyali tekyogera ku Dawudi, kubanga Dawudi bwe yamala okuweereza omulembe gwe nga Katonda bwe yayagala, n'afa, n'aziikibwa, era omubiri gwe ne guvunda. <sup>37</sup> Noolwekyo, oyo Katonda gwe yazuukiza teyavunda. <sup>38</sup> "Abooluganda, mumpulirize! Mu muntu ono Yesu okusonyiyibwa ebibi mwe kubuuliddwa. Kino nga tekiyinzika mu Matayoeeka ga Musa. <sup>39</sup> Buli amukkiriza n'amwesiga aggyibwako omusango gw'ekibi, n'aweabwa obutuukirivu."

c. **Bak 1:13-14:** <sup>13</sup> Katonda eyatuwonya n'atuggya mu maanyi g'ekizikiza aga Setaani, n'atutwala mu bwakabaka bw'Omwana we omwagalwa, <sup>14</sup> atusonyiwa ebibi byaffe, n'atufuula ba ddembe."

d. Soma ne: **Lukka 24:46-47; Bik 2:38; 10:43; 13:38-39; 26:15-18; Beef 1:7; 1 Yok 2:12.**

<sup>1</sup> Ebyawandiikibwa byonna okuggyako wekiragiddwa biggyiddwa mu New American Standard.

## **II. Tulagirwa Kristo—ng’ekitundu ekikulu ennyo ekiraga Omukristaayo—okusonyiwa abalala**

**A. Essaala ya Mukama waffe etukubiriza okusonyiwa abalala, nga naffe bwe twasonyiyibwa:** <sup>9</sup> Noolwekyo mumusabenga bwe muti nti; Kitaffe ali mu ggulu, Erinnya Lyo litukuzibwe. <sup>10</sup> Obwakabaka bwo bujje. By’oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu ggulu. <sup>11</sup> Otuwenga emmere yaffe eya buli lunaku. <sup>12</sup> Tusonyiwe ebyonoono byaffenga naffe bwe tusonyiwa abatwonoona. <sup>13</sup> Totuganya kukembwa naye tulokole eri omubi. <sup>14</sup> “Kubanga bwe munaasonyiwanga ababasobeza, nammwe Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga. <sup>15</sup> Naye bwe mutaasonyiwenga bannammwe, nammwe Kitammwe ali mu ggulu taabasonyiwenga. (Mat 6:9-15) Ekirala ekifaanana ekyo kiri mu **Lukka 11:2-4**.

1. Wetegereze nti ekitundu kyokka mu ssaala ya Mukama waffe Yesu kyassaako essira era n’akyogerako ky’ekitundu ky’essaala ekyogera ku kusonyiwa.

2. Jjukira nti obutasonyiwa kibi.

3. Ekisembayo, jjukira nti Kristo yakitulaga bulungi nti ekisonyiwo Katonda ky’atuwa kikwatagana bulungi nekisonyiwo kye tuwa abalala: Katonda agenda kutusonyiwa naffe bwe tusonyiwa abalala; naye Katonda tagenda kutusonyiwa bwe tutasonyiwa balala. Nga D.A Carson bw’ayogera nti: “Abantu beeremesa okusonyiyibwa bwe beekakanyaliza mu bukaawu bwabwe nga bagaana okusonyiwa abalala. Mu mbeera bwe zityo, tebakkiriza kukkakkana, tebawulira kulimirizibwa, tebalaba mugaso ogwo omunene ennyo oguli mukusonyiwa, tebalina kumanya ku buzibu obuli mu kibi kyabwe, tebeeneyya.” (Carson 2002: 79)<sup>2</sup>

**B. Olugero lwa Yesu olusinga obuwanyu mu Matayo<sup>3</sup> lwogera ku bwetaavu bw’okusonyiwa abalala:** <sup>21</sup>Awo Peetero n’ajja n’abuuzza Yesu nti, “Mukama wange, muganda wange bw’ansobyanga musonyiwanga emirundi emeka? Emirundi musanvu?” <sup>22</sup> Yesu n’amuddamu nti, “Sikugamba nti emirundi musanvu naye emirundi nsanvu emirundi musanvu.” <sup>23</sup> Awo Yesu n’agamba nti, “Obwakabaka obw’omu ggulu bufaananyizibwa nga kabaka eyayagala okubala ebitabo bye eby’ensimbi, n’abaddu be. <sup>24</sup>Bwe yatandika okubikebera ne bamuleetera gw’abanja ettalanta omutwalo gumu. <sup>25</sup> Naye olw’okuba ng’omusajja teyalina nsimbi za kusasula bbanja eryo, Mukama we kyeyava alagira batunde omusajja oyo ne mukazi we n’abaana be n’ebintu bye byonna ebbanja liggwe. <sup>26</sup> “Naye omuddu oyo n’agwa wansi mu maaso ga Mukama we, n’amwegayirira nti, ‘Ngumiikiriza, nzija kukusasula ebbanja lyonna.’ <sup>27</sup> “Mukama we n’asaasira omuddu oyo n’amusonyiwa ebbanja lyonna! <sup>28</sup> “Omuddu oyo bwe yafuluma n’asanga munne gwe yali abanja eddinaali kikumi, n’amugwa mu bulago nga bw’amugamba nti, ‘Sasula kye nkubanja.’ <sup>29</sup> “Naye munne n’agwa wansi, n’amwegayirira ng’agamba nti, ‘Ngumiikiriza, nnaakusasula.’ <sup>30</sup> “Naye amubanja n’agaana okumuwuliriza, n’amuteeka mu kkomera akuumirwe omwo okutuusa lw’alisasula ebbanja lyonna. <sup>31</sup> Awo baddu banne bwe baakiraba ne banakuwala nnyo, ne bagenda bategeeza Mukama we ebigambo bye balabye. <sup>32</sup> “Awo Mukama we n’atumya omuddu gwe yali asonyiye n’amugamba nti, ‘Oli muddu mubi nnyo. Nakusonyiye ebbanja eryo lyonna, kubanga wanneegayiridde, <sup>33</sup> naye ggwe kyali tekikugwanira kusaasira muddu munno nga nange bwe nakusaasidde?’ <sup>34</sup> Mukama we kyeyava asunguwala nnyo, n’amukwasa abaserikale bamusse mu kkomera okutuusa lw’alisasula ebbanja lyonna. <sup>35</sup> “Kale ne Kitange ali mu ggulu bw’atyo bw’alibakola singa mmwe abooluganda temusonyiwa Okuva mu mitima gyammwe.” (Mat 18:21-35)

**C. Olugero lwa Yesu olusinga obuwanyu (mu Bayibuli) lwogera ku kusonyiwa n’okutabagana:** <sup>11</sup>Awo Yesu n’abagamba nti, “Waaliwo omusajja eyalina batabani be babiri. <sup>12</sup> Omuto n’agamba kitaawe nti, ‘Kitange, nkusaba ompe omugabo gwange ku bintu byo ogunsaanidde.’ Kitaawe n’abagabanyiza ebintu byabwe. <sup>13</sup> “Waayitawo ennaku ntono, omwana omuto n’asibako ebintu bye byonna ne yeetambulira, n’agenda mu nsi ey’ewala. Bwe yatuuka eyo n’asaasanya ebintu bye ne yeemalira mu binyumu. <sup>14</sup> Mu kiseera ekyo we yamalirawo ebintu bye byonna, n’enjala nnyingi we yagwira mu nsi omwo mwe yali, n’asiibanga era n’asulanga enjala. <sup>15</sup> N’agenda abeere ew’omwami omu ow’omu nsi omwo n’amusaba amuwe omulimu, n’amusindika gye yalundiranga embizzi azirabirirenga. <sup>16</sup> Omulenzi ne yeegombanga okulyanga ebikuta by’embizzi, naye ne watabaawo amuwa kantu konna. <sup>17</sup> “Naye bwe yeddamu n’agamba nti, ‘Eka ewaffe, abasajja abapakasi aba kitange bafuna emmere nnyingi ne balya ne balemwa, naye nze ndi wano nfiira wano

<sup>2</sup> Randy Alcom ayogera bw’ati: “Tewali gwe tukosa nga ffe bwe twekosa nga tuli mu bukaawu. Omuntu omu yanjamba nti, ‘obukaawu bulinga omuntu anywa obutwa n’alinda omulala okufa.” (Alcom 2009:425)

<sup>3</sup> Olugero lwa Yesu olwogera ku baddu ababiri (Mat 18:21-35) lulimu ebigambo 245 mu Luyonaani omuli n’ekibuuzo kya Peetero ekibuuzza nti tusonyiwe emirundi emeka eri abo abatusobywa, ekyali ekinyusi ky’olugero n’ebigambo ebyanjula olugero lwa Yesu, “Yesu n’amugamba. “Olugero lwa Yesu olusinga obuwanyu olwogera ku nnimiro (Mat 20:1-16), olulimu ebigambo 241 mu Luyonaani (omuli n’ebigambo bibiri ebitamanyiddwa nsibuko); wabula ebigambo ebyo byonna bya Yesu kennyini. (Aland, et al. 2001)

enjala!<sup>18</sup> Nnaagenda eri kitange, mugambe nti, Kitange, nnyonoonye eri eggulu ne mu maaso go,<sup>19</sup> era sikyasaanira na kuyitibwa mwana wo. Nfunira omulimu mbeere ng'abapakasi bo.'<sup>20</sup> Bw'atyo n'asitula n'addayo ewa kitaawe. "Naye bwe yali ng'akyaliko wala n'awaka, kitaawe n'amulengera ng'ajja, n'amusaasira nnyo. Kitaawe ng'ajjudde amaziga n'amusisinkana, n'amugwa mu kifuba n'amunywegera."<sup>21</sup> Omwana n'agamba kitaawe nti, 'Kitange, nnyonoonye eri eggulu ne mu maaso go. Sikyasaanira kuyitibwa mwana wo.'<sup>22</sup> "Naye kitaawe n'alagira abaddu be nti, 'Mwanguwe mangu! Muleete ekkanzu esinga obulungi mugimwambaze. Mumunaanike empeta ku ngalo ye, mumwambaze n'engatto!"<sup>23</sup> Era mugende mutte ennyana eya ssava. Tufumbe embaga nnene tujaguze.<sup>24</sup> Kubanga mutabani wange ono yali afudde kaakano mulamu, yali azaaye laba wuuno azaawuse.' Embaga n'etandika.<sup>25</sup> "Mu kiseera ekyo omwana omukulu yali ali mu nniro. Awo bwe yali akomawo eka ng'asemberedde ennyumba, n'awulira ennyimba ez'amazina."<sup>26</sup> N'ayita omu ku bawereza n'amubuza bwe bibadde.<sup>27</sup> Omuweereza n'amutegeeza nti, 'Muganda wo akomyewo, era kitammwe amuttidde ennyana eya ssava olwokubanga muganda wo akomyewo nga mulamu bulungi.'<sup>28</sup> "Muganda we omukulu n'anyiiga, n'okuyingira n'atayingira mu nnyumba. Naye kitaawe n'ajja n'amwegayirira ayingire,<sup>29</sup> naye omwana n'amuddamu nti, 'Emyaka gino gyonna nkukoledde, era tewali mulundi na gumu Lwe wali ondagidde ne nkujeemera. Naye tompangayo wadde akabuzi akato neesanyuseeko ne mikwano gyange."<sup>30</sup> Naye kale mutabani wo oLukkaomyewo ng'ebintu byo bye wamuwa amaze okubimalira mu bamalaaya, n'omuttira ennyana ensava.'<sup>31</sup> "Kitaawe n'amuddamu nti, 'Laba mwana wange, tuli ffenna bulijjo, era byonna bye nnina bibyo."<sup>32</sup> Kaakano kituufu okusanyuka n'okujaguza. Kubanga muganda wo, yali afudde, kaakano mulamu! Yali azaaye, wuuno azaawuse!" (Lukka 15:11-32)

**D. Yesu yakwataganya buterevu okusonyiyibwa kwaffe n'okwagala kwaffe:**<sup>36</sup> Awo omu ku Bafalisaayo n'ayita Yesu ku kijjulo, Yesu n'ayingira mu nnyumba, n'atuula ku mmeza.<sup>37</sup> Awo omukazi ow'omu kibuga ekyo nga mwonoonyi, eyali ategedde nga Yesu ali mu nju eyo ey'Omufulisaayo, n'aleeta eccupa y'amafuta ag'akaloosa.<sup>38</sup> N'ayimirira awali Yesu, n'akaaba, amaziga ne gatonna ku bigere bya Yesu ne bitoba. Omukazi n'abisiimuza enviiri ze, era n'abinywegera; n'abifukako amafuta ag'akaloosa.<sup>39</sup> Naye Omufalisaayo eyayita Yesu, ebyo bwe yabiraba, n'agamba munda ye nti, "Singa omuntu ono abadde nnabbi, yanditegedde omukazi amukwatako kyali era nga bw'ali omwonoonyi!"<sup>40</sup> Awo Yesu n'amugamba nti, "Simooni, nnina kye njagala okukubuulira." Simooni n'addamu nti, "Omuyigiriza, mbuulira."<sup>41</sup> "Waalimo abantu babiri, omuwozi w'ensimbi be yali abanja. Omu yali amubanja ddinaali ebikumi bitaano, n'omulala ddinaali aMakkoumi ataano."<sup>42</sup> Naye ku bombi nga tekuliiko asobola kusasula bbanja lye. Eyali ababanja kwe kubasonyiwa. Kale, ku bombi aluwa alisinga okumwagala?"<sup>43</sup> Simooni n'addamu nti, "Ndwoowa oyo gwe yasonyiwa ebbanja erisingako obunene." Yesu n'amugamba nti, "Olamudde bulungi."<sup>44</sup> N'alYoka akyukira omukazi n'agamba Simooni nti, "Omukazi ono omulaba? Bwe nayingidde mu nnyumba yo, tewampadde mazzi ga kunaaba ku bigere byange. Naye abinaazizza n'amaziga ge n'abisiimuula n'enviiri ze."<sup>45</sup> Tewannyanirizza na kunnywegera, naye anywegedde ebigerere byange emirundi mingi Okuva lwe nayingidde. <sup>46</sup> Tewansiize mafuta ku mutwe gwange, naye ye asiize ebigerere byange amafuta ag'akaloosa.<sup>47</sup> Noolwekyo nkutegeeza nti omukazi ono asonyiyiddwa ebibi bye ebingi kubanga okwagala kwe kungi, naye oyo asonyiyibwa ebitono n'okwagala kwe kuba kutono."<sup>48</sup> Awo Yesu n'agamba omukazi nti, "Osonyiyiddwa ebibi byo."<sup>49</sup> Abo abaali ne Yesu ku mmeza ne beebuuzaganya nti, "Ono ye ani asonyiwa n'ebibi?"<sup>50</sup> Yesu n'agamba omukazi nti, "Okukkiriza kwo kukulokodde, genda mirembe." (Lukka 7:36-50)

**E. Yesu yakwasaganya okusonyiwa kwaffe abalala n'obulamu bwaffe obw'okusaba n'ekisonyiwo Kataonda ky'atuwa:**<sup>23</sup> "Ddala ddala mbagamba nti buli aligamba olusozi luno nti, 'Siguka ogwe mu nnyanja,' n'atabuusuusa mu mutima gwe, naye n'aba n'okukkiriza, ky'ayogedde kirituukirira."<sup>24</sup> Noolwekyo mbagamba nti buli kye munaasabanga, mukkirize nti mukiweereddwa, era kinaabanga bwe kityo gye muli."<sup>25</sup> Bwe mubanga mugenda okusaba musonyiwenga omuntu yenna gwe mulinako ensonga, ne Kitammwe ali mu ggulu alYoke abasonyiwe ebyonoono byammwe."<sup>26</sup> Naye bwe mutaasonyiwenga, ne Kitammwe ali mu ggulu talibasonyiwa byonoono byammwe." (Makko 11:23-26)

**1. Wetegereze nti Yesu yayogera ekigambo kino ng'amaze okuyingira Yerusalemi mu buwanguzi, nga wabulayo ekiseera kitono okukomererwa.** Newakubadde nga buli kimu Yesu kye yayogera kyali kikulu, naye bye yasembayo okwogera byalimu ekinyusi ekyenjawulo.

**2. Wetegereze nti mu kigambo kino Yesu yaddinjananga ebigambo era n'akkaatiriza obukulu bw'ekisonyiwo mu ssaala ya Mukama waffe.** Ebigambo yabiddangamu ng'akkaatiriza obukulu bw'ensonga eno.

### **III. Abatume batukubiriza okusonyiwa abalala olw'enzikiriza n'olw'ekyokulabirako**

**A. Pawulo atulagira okusonyiwa:** *Mubenga ba kisa, buli omu alumirwenga munne, era musonyiwaganenga, nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo (Beef 4:32; soma ne 2 Kol 2:7; Bak 3:13).*

Carson agamba ku bikwata ku lunyiriri luno nti, “Ekirowoozo si kyakuba nti twasonyiyibwa, era n’olwekyo tusaanidde okusonyiwa, wabula Katonda yennyini, mu Kristo, atusonyiye, n’olwekyo ebbanja lyaffe teribalibwa. Ne bwe kiba nti ekibi ekitukoleddwaako kirabika nga kinenene nnyo, kisigala kitono bw’okigeraageranya n’okusobya kwe twasobya mu maaso ga Katonda. Naye Katonda mu Kristo atusonyiye. Bwe tuba tumanyi ekintu kyonna ku kusonyiyibwa kwe twaweebwa, bwe tuba nga tulabye ekintu kyonna ku bunene bw’ebanja lyaffe, Okusonyiwa kwaffe abalala tekujja kulabika ngoluta olunene olwenkanidde awo.” (Carson 2002 80-81)

**B. Ennambika ya Pawulo ku by’okusonyiwa:** *Bwe musonyiwa omuntu mu nsonga yonna, nange mmusonyiwa, kubanga bwe mba nga nsonyiye, nsonyiye ku lwammwe mu maaso ga Kristo.<sup>11</sup> Setaani alemenga okutuwangula, kubanga tumanyi enkwe ze. (2 Kol 2:10-11)*

**1. Wetegereze nti okusonyiwa kwa Pawulo eri abalala kwa bulungi bwa kkanisa (“ku lwammwe”).** Naye yali akimanyidde ddala bulungi (oba ng’asonyiwa oba obutasonyiwa) byonna byakolebwanga mu maaso ga Kristo.

**2. Kimanye nti obutasonyiwa buwa Setaani omwagaanya** “okutwekulumbalizaako.”

**3. Kimanye nti ebigambo Pawulo bye yayogerako by’amazima n’eri ffe, okusingira ddala eri ffe abali mu bifo eby’obukulembeze bw’ekkanisa:**

**a. N’olwekyo okusonyiwa n’obutasonyiwa bwaffe bukwata ku kkanisa, ku lw’obulungi oba ku lw’obubi.**

**b. Newakubadde tuyinza okuba nga tetumulaba oba okumuwulira, buli kye tukola (omuli okusonyiwa oba obutasonyiwa abo abatukoze obubi) kikolebwa mu maaso ga Kristo- era tujja kulumulwa Kristo—bwe tutasonyiwa balala.**

**c. Obutasonyiwa bwaffe buwa Setaani omwagaanya n’atufunako enkizo okukolerera mu ffe, era n’okutulwanyisa, ng’akozesa ffe abali mu kkanisa ate era n’abo abali ebweru w’ekkanisa.** Obutasonyiwa bwaffe buleetera abalala okugoberera ekifaananyi kyaffe ekibi nabo ne bagaana okusonyiwa—bw’etyo ekkkanisa ne yeetemamu, n’ebeera n’ebwayi, n’obukaawu; olwo Setaani yekka ng’ayakulaakulana. Naye ate ku ludda olulala bwe tubeera n’omwoyo ogusonyiwa, ba mmemba b’ekkanisa bagoberera eky’okulabirako kyaffe ekirungi. Bwe tusonyiwa tubeera tusobola okubuulira n’okuyigiriza ku nnyiriri za bayibuli zonna ze twogeddeko waggulu mu maanyi ag’Omwoyo ewatali bukuusa. Mu mbeera eno Setaani abeera talina mwagaanya na nkizo okukolera mu ffe oba mu kkanisa.

**C. Siteefano, omujulizi w’ekkanisa eyasooka, yatuwa eky’okulabirako eky’oku ntikko (ng’alabira ku Kristo yennyini), ng’asonyiwa abo abaamutta:**<sup>59</sup> *Ne beeyongera okukubira Suteefano amayinja ng’akoowoola Mukama waffe n’agamba nti, “Mukama waffe Yesu, funa omwoyo gwange!”<sup>60</sup> Awo n’afukamira n’aleekaana n’eddoboozi ery’omwanguka nti, “Mukama waffe, tokwata kibi kino ku bo!” Bwe yamala okwogera bino, ne yeebaka. (Bik 7:59-60)*

### **Okutegeera Okusonyiwa n’Okukussa Mu Nkola Mu Bulamu Bwaffe**

#### **I. Okusonyiwa kye KUTALI**<sup>4</sup>

**A. Okusonyiwa SI “kwe kuyita ekikyamu ekituufu,” okukendeeza ku kulumwa, okugumiikiriza ekikyamu, okugamba nti “gwe kye wakola si nsonga nkulu,” oba “si kikulu,” oba obutafaayo” eri ekikyamu oba eri omukozi w’ekibi.**

**1. Okusonyiwa kwe kukimanya n’okukkiriza nti omuntu omulala kye yatukola KYALI kikyamu.** Ddala ddala, munnaaffe kye yatukola kikyamu nnyo ne kiba nti Kristo yakkiriza okutulugunyizibwa n’okuttibwa olw’ekyo ekibi ennyo (nga kw’otadde n’olw’ebibi byaffe ebikyamu ennyo).

**2. Okugamba nti ekikyamu kituufu, oba ntti “si nsonga nkulu,” oba “si kikulu” kuba kuva ku mazima n’olwekyo ekyo kitukutula ku Katonda ne Kristo, kubanga: Katonda ge mazima (Okuv 34:6; Zab 25:5,**

<sup>4</sup> Ekitundu kino kyesigamye ku Jeffress 2000: essula 3 ne 7; Smedes 1984: essuula 5; Smedes 1996: essuula 2-3; Enright 2001: essuula 2; ne Klassen n.d: “enyinnyonyola.”

10; 33:4; 40:10-11; 43:3; 57:10; 86:15; 89:14; 117:2; 119:142, 151; 138:2; Yis 65:16); Kristo ge mazima (Mat 22:16; Makko 12:14; Yok 1:14, 17; 3:21; 8:45-46; 14:6; 18:37; Beef 4:21); era tusuubirwa okuba ab'amazima, mu maaso ga Katonda, ne mu balala (Zab 51:6; 86:11; 145:18; Nge 3:3; 16:6; 23:23; Yok 4:23-24; Beef 4:25).

3. Okusonyiwa si kucamuukirira. Bwe tusonyiwa omuntu ekyo tekitegeeza nti tugumiikiriza kye yakola, oba okumuyita okuddamu okutuluma, oba okwagala kiddemu okubaawo. Okusonyiwa kyetaagisa okwetegereza ebintu okumanya enjawulo wakati w'ekituufu n'ekikyamu, n'okubiyita kye biri—kubanga osobola okusonyiwa “ekikyamu” kyokka, ddala, nga kikyamu ekimala okukuluma.

## B. Okusonyiwa SI bunafu—okusonyiwa TEKitegeeza nti ofiirwa “ekitiibwa” kyo oba “obuntu bwo”

1. Okusonyiwa omuntu ekibi ky'akukoze kye kimu ku bintu ebikaluba by'ogenda okukola mu bulamu bwo. Ekikyamu gye kikoma okuba ekinene n'okuluma, n'ekikolwa eky'okusonyiwa gye kikoma okukaluba eri omukozi w'ekibi.

2. Kyetaagisa amaanyi—amaanyi g'omubiri, ag'ebirowoozo, ag'okwagala, ag'embala—okusobola okusonyiwa omukozi w'ekibi akutuusizzaako obulabe obw'amaanyi. Kyokka Yesu atuwadde Omwoyo Omutukuvu; tulina amaanyi ge okusobola okusonyiwa, nga Yesu yennyini bwe yasobola okutusonyiwa (n'abalala) olw'ebibi byaffe n'olw'okumutta. Bwe tutambulira mu buwulize eri Katonda mu mazima g'Ekigambo kye, ne mu maanyi g'Omwoyo we, ajja kutuwa okukkiriza n'obusobozi okukola ekintu ekizibu, kubanga kye kintu ekituufu—nga tusonyiwa abo abatulumizza era n'abatukolako obulabe obungi (Bar 4:19-22; 14:4; 1 Kol 10:13; Beef 3:20-21; 6:10-16; Beb 2:18; 7:25; Yuda 24).

3. Omuntu omu ayinza okulowooza nti okusonyiwa kuteeka obuvunaanyizibwa bungi nnyo ku muntu eyasobezebwa, okusinga ku oyo akola ekibi. Kyokka, nga Jeffress bw'alaga: “Katonda tatusonyiwa buvuunanyizibwa kubanga si bwa bwenkanya oba olw'okuba nga buzibu. Ng'eky'okulabirako, lowooza ku bigambo bino eby'ettutumu ebya Yesu bye yabuulira ku Lusozi:

*Mwawulira nga kyagambibwa nti, 'Omuntu bw'anaggyangamu eriiso lya munne n'erirye linaggibwangamu. Oba omuntu bw'anaaggyangamu erinnyo lya munne, n'erirye banaalikuulangamu.' Naye mbagamba nti, Temuwakananga na mubi, naye omuntu bw'akukubanga oluyi ku ttama erya ddyo omukyusizanga n'ettama eryokubiri. Omuntu bw'ayagalanga okuwoza naawe atwale essaati yo, omulekeranga n'ekkooti yo. N'oyo akuwalirizanga okumwetikkirako omugugu gwe kilomita emu, omutwalirangako n'eyokubiri. (Mat 5:38-41).*

Weetegereze nti mu buli mbeera Yesu gy'ayogerako wano, obuvunaanyizibwa tabuteeka ku oyo asobya, wabula ku oyo gwe bakoze ekibi. Anyiize kwe kukyusa ettama eddala, n'awaayo ekkooti ye nga kw'otadde n'essaati ye, n'atambula mayiro eyokubiri.” (Jeffress 2000: 45; soma ne Sande 2004: 148-49; ne Worthington 2003: 68, “Tetusonyiwa kubanga kyangu, naye kubanga kye kituufu era kye kiraga okusiima okwagala kwa Katonda n'ekisonyiwo bye yatuwa.”)

4. Bw'olowooza nti okusonyiwa omuntu eyakwonoona kikuleetera okufiirwa “ekitiibwa” kyo oba “obuntu,” bwo. Lowooza ku kino: Ggwe bw'otyo bw'olowooza ku Kristo? Mu ngeri emu oba endala Kristo talina “kitiibwa” oba “si wa nsonga” kubanga ggwe yakusonyiwa?

## C. Okusonyiwa SI kwerabira

1. “Okwerabira nkola ya *mutendera* ng'ekintu kigenda kiva mu bwango nga wayiseewo ekiseera. Okusonyiwa nkola ya *kukola*; kizingiramu okusalawo mu bumanyirivu n'okukola mu bugenderevu” (Sande 2004: 206).

2. Tosobola kusonyiwa ebyo bye weerabidde. Kyokka bwe tumala okusonyiwa tusobola okwerabira kubanga ffe tubeera tuwonyezeddwa.

3. Ebitundu eby'enjawulo biraga nti Katonda “yeerabira” ebibi byaffe (soma Zab 103:12; Yer 31:34; Mik 7:19).

a. Ennyiriri ezo, okufaananako Baibuli z'eyogera ku “maaso” ga Katonda (2 Byom 16:9), “amatu” ge (1 Peet 3:12), “emikono” gye (Okuv 24:11), “n'ebigere” bye (2 Sam 22:10) oboolyawo bye bimu ku bitundu “ebibeera ku muntu,” okugeza., egezaako okunnyonyola Katonda atalina kkomo eri omuntu alina enkomerero ng'ekozesa omuntu ng'okugeraageranya. Tekikola makulu kukkiriza nti Katonda amanyi byonna, era afuna obulwadde bw'okwerabira mu bwangu bye yatusonyiwa era ne yeerabira ddala ebitonde bye kye bikoze.

b. Mu butuufu, Baibuli eraga bulungi nti ebikolwa byaffe *byonna*, n'ebigendererwa byaffe, ebirungi n'ebibi, bijja kulamulwa Mukama ye asalewo empeera zaffe ezitaggaawo (Mat 16:27; Lukka 8:17; 12:2-3; Bar 2:1-16; 14:10-12; 1 Kol 3:12-15; 2 Kol 5:10; Kub 20:11-15;

**22:12).** Ekyo kiraga nti Katonda alina okusigala ng'ajjukira ebikolwa byaffe okusobola okusalawo mu bwenkanya.

**4.** “Ennyiriri mu Baibuli ezoogera ku kya Katonda okwerabira ekibi, kuno kugezaako okulaga obujjuvu bwa Katonda okusonyiwa ekibi kyaffe mu ngeri ya kkooti. Bwe tufuna okusonyiyibwa kwa Katonda, tetukyalina kutya ebiva mu kibi kyaffe emirembe gyonna” (Jeffress 2000: 129). Ensonga eyo eragiddwa bulungi mu **Bar 4:7-8** (ng'ajuliza **Zab 32:1-2**): **Bar 4:7-8** (ewajuliza **Zab 32:1-2**): <sup>7</sup>*Baweereddwa omukisa, abasonyiyiddwa ebyonoono byabwe, ne baggyibwako ebibi byabwe.* <sup>8</sup>*Aweereddwa omukisa omuntu, Mukama gw'atalibalira kibi.*

Jeffress annyonyola: “Ekibi kyaffe kituteekako ebbanja eri Katonda. Katonda yali atubanja olw'ebisobyo bye twali tukoze. Naye okufa kwa Kristo kwasasula ebbanja lyaffe ery'ekibi mu nkolagana Pawulo gy'annyonyola mu Abakkolosaayi 2:13-14: ... nammwe bwe mwali nga mufudde olw'ebyonoono byammwe n'obutakomolebwa mubiri gwammwe, yabafuula balamu wamu naye, bwe yamala okutusonyiwa ebyonoono byaffe byonna; 14era n'aggyawo endagaano eyawandiikibwa mu mateeka, eyatuwalirizanga okutuukiriza ebiragiro byayo, bwe yagikomera ku musalaba; bw'ofuuka Omukristaayo, Katonda atwala ebbanja ly'akubanja, n'alikomera ku musaalaba, n'alangirira nti 'liskasuddwa mu bujjuvu.' Naye tekisoboka kusonyiwa *bbanja* nga *walyerabira*.” (Jeffress 2000: 130)

**5.** Okukyogera mu ngeri endala, okugamba nti Katonda “*yeerabira*” ebisobyo byaffe kwe kugamba nti bw'atusonyiwa awulira abeera awulira nga bwe yandiwalidde singa yali yeerabira. Oba, “Katonda bw'agamba nti ‘tajjukira bibi byammwe nate’ (**Yis 43:25**), aba tagamba nti *tasobola* kujjukira bibi byaffe. Wabula aba asubiza nti tajja kubitujjukiza. Bw'atusonyiwa, asalawo obutayogera ku bibi byaffe, obutaddamu kwogera, oba okulowooza ku bibi byaffe neera.” (Sande 2004: 206)

#### **D. Okusonyiwa SI kwesonyiwa**

- 1.** Okwesonyiwa kikontana n'okusonyiwa. Abantu tubeesonyiwa nga tutegedde nti *tebalina* kunenyezebwa olw'ekintu kye baakola, oba olw'ebivaamu ebibi ebyagwawo mu butamanya okuva mu bikolwa bye baali bagenderera olw'ebirungi; *tusonyiwa* abantu bwe tutegeera nti *be* balina okunenyezebwa ku kintu bo kye baakola—ekintu ekikyamu era ekitasonyiyibwa—nga mw'otwalidde n'ebikolwa ebyo ebibi bye baali bagenderera okutukolako obulabe.
- 2.** “Okusonyiwa kugamba nti, ‘ffembi tukimanyi nti bye wakola byali bikyamu era nga toline kye weekwasa. Naye Okuva nange Katonda bwe yansonyiwa, nange nkusonyiwa.’ Olw'okuba okusonyiwa kukwata ku kibi mu bwesimbu, kuleeta eddembe omuwendo gw'okwewolereza lye gutayinza kusuubira kuleeta.” (Sande 2004: 206-07)

#### **E. Okusonyiwa SI kye kimu “n'okusembeza abantu”**

- 1.** *Tusembeza* abantu *olw'ebirungi* bye bali; abantu tubasonyiwa olw'ebintu ebibi bye bakola gye *tuli*.
- 2.** Okusonyiwa kyetaagisa ekikolwa ekibi. Tetusobola “kusonyiwa” “mpisa” oba “obutonde” bw'omuntu obubi, nga bwe tutasobola kusonyiwa “langi, eggwanga oba ekikula kye eky'obutonde, oba okubeera ng'akozesa kkono. Bwe tutyo era tetusobola kusonyiwa endowooza ey'enjawulo. Ffe “tusonyiwa” bikolwa byokka ebibi ebitulumya omuntu byakola.

#### **F. Okusonyiwa SI “kubuusa amaaso obwenkanya” era SI “kwe kusumulula” abantu mu bibi byabwe, naye ekisonyiwo tekimala g'aggyawo byonna ebiva mu mu nsobi**

- 1.** Okusonyiwa kuyamba enkolagana y'omuntu ku bubwe n'okugonjoola obulumi obuli munda mu ggwe nga kiva ku kikyamu ekikukoleddwaak—okusonyiwa, bwe tukussa mu nkola, kye kintu kye tukola munda mu mutima gwaffe n'ebirowoozo n'emmeeme zaffe. Kikolebwa mu kugondera Kristo, era mu kusookera ddala ne kituleetera *okuwonyezebwa kwaffe*. Obwenkanya mu bantu buvunaanyizibwa bwa nkola y'obwenkanya era bugendereddawamu okugonjoola ekikyamu ekikoleddwa ku bantu. Bwe tusonyiwa omuntu tekitegeza nti talina “musango” era nti tayinza kuvunaanibwa mu mbuga z'amateeka; tekimalawo oba tekiggyawo nkola ya kkooti oba enkola ya gavumenti ey'ekitongole ekiramuzi i n'emisango, kubanga ekikyamu ekitukoleddwaako nakyo kiyinza okuba nga kikyamu ekikosa gavumenti, n'ekitundu oba abantu bonna okutwaliza awamu.
- 2.** Osonyiwa ekibi ekikukoleddwaako; tosobola kusonyiwa muntu olw'ekibi ekikoleddwa omuntu omulala, oba ekikolebwa ku gavumenti oba abantu okutwaliza awamu—okwo kuweebwa *kisonyiwo ku lw'omulala*. Singa omuntu akola obulabe ku mwana wange, ekyo kiyinza nange okuntuusaako obulabe, kubanga njagala nnyo omwana wange. Nsobola okusonyiwa oyo akoze ekibi ekyo olw'okumusunuguwalira, n'ekiruyi n'olwobuabe obwantuusibwako olw'ebyo bye yakola omwana wange, naye sisobola kusonyiwa oyo akola ekibi ku lw'omwana wange olw'ekikyamu ekikoleddwa ku



mwana. Omwana wange yennyini alina okbeera mu nteekateeka y'okusonyiwa omukozi w'ekibi olw'obulabe obwamutuusibwako.

**3. Okutegeera ebiva mu kibi kulina okutuyamba okutegeera lwaki tuli boonoonyi ababi ennyo okusinga ffe ne bwe tulowooza—ekibi kimu kikwata ku bantu bangi nnyo okusinga bwe tuyinza okulowooza.** Era y'ensonga lwaki twetaaga *Kristo* atusonyiwe—kubanga ekibi kyonna y'akyettikka. Bwe tutegeera obuziba bw'ekibi kyaffe, era n'ekigera *Kristo* ky'atusonyiye, tusaanidde okwanguyirwa ennyo okusonyiwa abalala olw'ebikyamu bye batukolako.

**4. Obwenkanya obw'enkomeredde bujja kubaawo mu musango gwa Katonda ogusembayo; obwo si buvunaanyizibwa bwaffe.** Okusonyiwa kwaffe omukozi w'ekibi tekuggyawo musango gwe mu maaso ga Katonda era tekukyusa nsala ya Katonda gy'aliwa ku nkomerero.

**5. Okusonyiwa tekukendeeza bubi obuva mu bikolwa ebibi.**

a. *“Tewali kusonyiwa kwa nnamaddala okuggyako nga waliwo okwojera akaati n'okusalawo okw'amazima” (Smedes 1984: 79).* Buli muntu awulira obulumi bwe yekka ng'omuntu; omutindo gw'obulumi bwe tegweyongerera kubanga omuntu akoze obulabe ku bikumi, oba enkumi, oba wadde obukadde n'obukadde bw'abalala—buli muntu alumizibwa awulira ekipimo ekijjuvu eky'obulumi bwe wadde ng'obukadde n'obukadde bw'abantu abalala nabo bakoseddwa.

b. *Okugamba nti “ebisolo ebikambwe” ebimu tebisonyiwa mu ngeri eyeewuunyisa kibawa kye baagala—ekyo kibagulumiza okutuuka ku ddaala “erisukkulumye ku bantu,” okufaanana Setaani.* Ekyewuunyisa, ekyo kibalemesa okulaba obwetaavu bw'okusonyiyibwa, oba okuba nga tebakyafaayo eri abantu, kubanga basukka obuntu. Ekyo kireeta ebizibu ebitayogerekeka nti abakoseddwa balina okubeera n'obulumi bwabwe obulamu bwonna, kubanga tebasobola kuwonya bulumi obwo nga bayita mu kusonyiwa. Bino bye “bisolo ebikambwe” (abatemula abantu ekirindi, bannakyemalira mu byafaayo, n'ebirala) mu ngeri emu oba endala be bantu “ab'enjawulo” ku ffe abalala, “abanene” okutusinga, ffe kino kitukendeeza era kikontana n'amazima. Ekituufu kiri nti “abantu ba bulijjo ennyo bakola ebibi eby'ekitalo” (Smedes 1984: 81).

c. *Omuwandiisi Omurusiya Aleksandr Solzhenitsyn yakitegeera nti: “Singa byonna byali byangu nnyo! Bwe kiba nga a waliwo abantu ababi ewalala nga bakola ebikolwa ebibi mu ngeri ey'obukuusa, era ng'ekyetaagisa kyokka kwe kubaawula ku ffe abalala n'okubasaanyaawo. Naye layini egabanya ebirungi n'ebibi esala okuyita mu mutima gwa buli muntu. Era ani omwetegefu okusaanyaawo ekitundu ky'omutima gwe?” (Solzhenitsyn 1985: 75)*

**6. Bw'osonyiwa omuntu eyakusobya n'okukulumya, tekitegeeza nti osazaamu ebiva mu kibi eri oyo eyakola ekibi ekyo.**

a. *“Emitawaana egiva mu bikolwa byaffe gyategekebwa bulungi nnyo Katonda okutuyamba okubeera abantu ab'obuvunaanyizibwa. Obutabaako bye tuyigira mu nsobi kiyinza okulumya abo be tulina okuyamba.” (Willard 1997: 262)* Okugeza, Dawudi bwe yayenda ne Basuseba n'attisa bba, Uliya Omukiiti, wadde nga Katonda yasonyiwa ekibi kya Dawudi naye yagamba nti: *“Kale nno ekitala tekiiwenga mu nnyumba yo ennaku zonna; kubanga nze onnyoomye nze n'otwala mukazi wa Uliya Omukiiti okuba mukazi wo.” Bw'atyo bw'ayogera Mukama nti, ‘Laba, ndikuyimusizaako obubi obuliva mu nnyumba yo ggwe, era nditwala bakazi bo nga olaba ne mbawa muliraanwa wo, era alyebaka nabo emisana ttuku. Kubanga ggwe wakikola mu kyama; naye nze ndikikola nga Abaisiraeri bonna balaba, emisana ttuku. . . . Naye kubanga owadde abalabe ba Mukama ebbanga ddene okuvvoola olw'ekikolwa ekyo, omwana akuzaaliddwa ajja kufa.” (2 Sam 12:7-14)*

b. *“Omumenyi w'amateeka “si y'ava ku nninga” bwe tumusonyiwa; tukizuula nti ffe “tuva ku nninga” bwe tusonyiwa” (Klassen n.d.: n.p.).* Agattako nti, “Bwe nsonyiwa omusibe mmusumulula era ne nkizuula nti omusibe oyo ye nze” (Ibid.).

**7. Mu ngeri y'emu, bw'osonyiwa omuntu eyakusobya n'akulumya, tekitegeeza nti osazaamu ebiva mu kibi kye yakutuusaako.** Ng'ekyokulabirako, “Nsobola okusonyiwa omusajja eyanziba amaaso, naye okusonyiwa kwange tekuzzaawo kulaba kwange” (Klassen n.d.: n.p.). Kyokka, kikulu nnyo okukimanya nti, wadde nga “okusonyiwa tekiggyawo bulumi, okusonyiwa kutuyamba *okwetikka* obulumi” (Ibid., akkaatiriza). Ekirala, Katonda *akozesa okusonyiwa kwaffe* (nga kwe kumugondera) okutukyusa—n'atuleetera okufaanana *Kristo*, okusemberera ye kennyini, n'okutuwa okutegeera, okusaasira n'obwetoowaze. Okuyita mu mutendera (era guyinza okuba omuwanvu—mazima ddala, enkola ey'obulamu bwonna), nga bwe tujja okulaba ebigendererwa bye mu kulumwa n'okukola kwe mu

bulamu bwaffe okuyita mu kulumwa n'okuyita mu kusonyiwa kwaffe, ajja kukyusa obulumi era bwe kityo abuggyewo.

**G. Okusonyiwa TEKITEGEEZA nti olina okwesiga oyo asobeza, oba okugenda mu maaso okuba n'omukwano, oba okukolagana, naye.**

1. Okusonyiwa kuweebwa; obwesige bukolererwa. Omukwano gwetaaga okwesiganana n'okussa ekitiibwa buli omu eri munne. Okuweebwa ekitiibwa, okufaanako obwesige, naky'o kikolererwa.

2. Kyetaagisa omuntu omu yekka okusonyiwa; wabula kyetaagisa abantu babiri okutabagana. Okusonyiwa kintu "ekibaawo munda mu muntu oyo akikola" (Smedes 1996: 25). Smedes ayongerako nti, "Okusonyiwa kwaffe tukikola ffekka munda mu mitima gyaffe n'ebirowooze byaffe; ekituuka ku bantu be tusonyiwa kisinziira ku bo" (Ibid: 177). Si kye kimu n'okutabagana, wadde nga kitundu kukutabagana—okusonyiwa kwe kukulembera okutabagana:

a. *Okusonyiwa, kwe kwekubumu ttooci eri empisa zo eri obutali bwenkanya eri omulala;*

b. *Okutabagana kwe kuddinjana kw'abantu ababiri okuzzaawo enkolagana eyali yasasika (okuggyawo enneeyisa eziyiza okukolagana).*

3. Kituufu nti tulina "okwagala abalabe bammwe, era tusabire abo ababayigganya" (Mat 5:44); "mwagale abalabe bammwe, mukolenga ebirungi eri abo abakyawa" (Lukka 6:27); era "yagala abalabe bo, era obakolere ebirungi" (Lukka 6:35). Yesu yagamba nti ekiragirowo, "Lukka 6:35.

Onooyagalanga muliraanwa wo nga bwe weyagalala wekka, "awamu n'okwagala Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna," n'omwoyo gwo gwonna, n'ebirowooze byo byonna, guno gwe gwali omusingi gwonna "ogw'Amateeka ne Bannabbi" (Mat 22:37-40).<sup>5</sup>

a. *Weetegerere nti Yesu teyagamba nti tulina 'okwagala' abalabe baffe. Yakitegeera nti ffe mu mazima ddala, wajja kubaawo abalabe abajja okutuyigganya. Wadde kiri kityo, tulina 'okwagala.' Ye yatuuka n'okugattako nti, "bw'oba ng'oyagala (bokka) abo abakwagala, empeera ki gy'ofuna? Abasooloza b'omusolo bwe batyo nabo si bwe bakola?" (Mat 5:46).*

b. *Ennyinnyonyola n'omusingi gw'okwagala ng'okwo eri bw'eti: "Okwagala muliraanwa wo, abalabe b'omuntu tekirina kutwalibwa ng'ekitegeeza okukola ekyo ekijja okubasanyusa, wabula okusalawo okubalaga ekisa n'omutima omulungi. . . . Omuntu alina okumanya obwetaavu bw'abantu okukyusibwa okuyita mu kisa kya Kristo, n'okukola kyonna ekisoboka okubatuusa ku kumanya Mukama. . . . Kino kiyinza okuzingiramu okulaga ekisa oba n'okukangavvula n'okubonereza, byonna nga bikolebwa mu kwagala. Nga twogera ku kwagala kwa Katonda (kwe tulina okukoppa), kwe kwagala okulambika omuntu mu bugenderevu. Kizingiramu Katonda okukola ekyo ky'amanyi nti kye kisinga obulungi eri omuntu so si ddala omuntu by'ayagala." (Zodhiates 1993: agapaō; agapaē)*

c. *Bwe kityo, okwagala bwe butakyawa oyo akola ekibi, newankubadde nga akulumya, ku lw'obulungi bwe, okumulaga ekisa n'obulungi, kwe kwefiiriza. Okwagala kuzingiramu okusonyiwa. Okuyitira mu kino, mu butuufu Katonda ayinza okukyusa enneewulira yo eri oyo eyakusobya, nga naye bw'akyuka era ne kiggyawo obulumi bw'owulira eri oyo eyakusobya.*

d. *Okwagala omulabe wo oba muliraanwa wo tekitegeeza nti bulijjo olina okumuleka n'akola ebintu ng bw'ayagala, oba nti olina okumwesiga ng'amaze okweraga nti teyeesigika, oba nti ggwe alina okusigala mu bizinensi naye ng'amaze okweraga nti si musuubuzi omulungi oba nga yakufera, oba nti olina okubeera naye bw'aba akuvuma oba nga wa bulabe gy'oli. Byonna bw'obireka bw'oty'o obeera ng'awagira emize gy'omuntu oyo egy'ekibi. Ekyo bw'okikola tekimuyamba; era n'okubiibiita ekibi tekigulumiza Katonda. Kiyinza okukwetaagisa okuddaahiriza omukwano n'okutabagana n'omuntu oyo—naye okukikola kijja kwetaagisa ggwe n'omuntu oyo okufuba okutereza ebyasoba olw'okutabagana, so si kumusonyiwa kwo kwokka olw'ekikolwa ekibi kye yakola.*

<sup>5</sup> Yali ajuliza ku "Mateeka gonna ne Bannabbi bonna" era ng'ajuliza ne Bayibuli yonna (Endagaano Enkadde)-ekigambo kya Katonda kye yatubikkulira butya bwe tulina okubaawo. Pawulo era agamba nti 'amateeka gonna gatuukirizibwa mu kigambo kimu, "Oyagalanaga muliraanwa wo nga bwe weyagalala wekka" (Bag 5:14). Ekigambo ekyo kyaggyibwa mu **Levi 19:18**.

## II. Okusonyiwa kye KULI

### A. *Okusonyiwa kunnyonyolwa: Okusonyiwa ngeri ya kisa—kwe kusonyiwa ebbanja*

Okusonyiwa kwe:

1. Kukkiriza nti ekikyamu kibaddewo;
2. Kukimanya nti ekikyamu kyaleetawo obuvunaanyizibwa bw'okusasula; era
3. N'okusalawo kyeyagalire okusumulula eyasobya okuva mu buvunaanyizibwa obwo n'okumuleka kale ggwe ne weesasulira ggwe kennyini (Jeffress 2000: 49; soma ne Willard 1997: 262, "Tusonyiwa omuntu ekibi ky'atukozeeko nga ffe tusazeewo nti tetujja kubabonaabona olw'ekyo mu ngeri yonna"). N'olwekyo, ekisonyiwo nkola ya kisa. Ekisa kwe kusalawo mu bugenderevu *okugaba ekintu ekirungi* eri omuntu *ATALINA kukiweebwa*. Kyekifaanana n'ekya Katonda *okukusonyiwa*. Tewelabira nti wasonyiyibwa lwa kisa kya Katonda *kyokka*; wali TOLINA bw'okisaanira.

### B. *Okusonyiwa kunnyonyolwa: Okusonyiwa kintu ekibaawo mu nneewulira ekizingiramu buli kimu ekikwata ku bulamu bwaffe*

1. Buli muntu kitonde ekijjudde ekirina ensonga enkulu ezitakka wansi wa ssatu ku butonde bwe (okugatta ku mubiri ogulabika). Ensonga ezo zezikola omuntu: (A) Obusobozi bw'okutegeera (okugamba; obusobozi bw'okulowooza, okukubaganya ebirowoozo, okumanya, n'okutegeera ebintu); (B) Obusobozi obw'okwegomba (okugamba; obusobozi bw'okusalawo n'okukola ku by'asazeewo; enkozesa y'ekiraamo); ne (C) Obusobozi obw'okuwulira (okugamba; ekitundu ky'enneewulira; obusobozi "okuwulira"). Singa omusingi gw'okusonyiwa kwe kusonyiwa ebbanja, okusonyiwa kuyinza okukolebwa "nga kwa namaddala" era ebivaamu ne biwangaala singa ekitundu eky'omukwano, awamu n'eky'okutegeera n'eky'okwegomba, eky'obulamu bwaffe kizingirwamu mu nkola y'okusonyiwa.<sup>6</sup>
2. Obutasonyiwa bubaawo: (A) Okusobya bwe kubaawo; (B) Okusobya okwo tukitwala ng'okulumwa oba omusango; (C) Obulumi busitula enneewulira "ez'ettumbiizi" (ez'amangu) ez'obusungu n'okutya (okulumwa neera); (D) Oluvannyuma lw'ekiseera, mu birowoozo tuddamu okulowoozaakoku byabaddeewo era ne tusigala ku nsonga (kwe kugamba; okubifuumitirizaako) okusobya, omumenyi w'amateeka n'ebigendererwa bye, n'ebiva mu kusobya; (E) Kino kiviirako obutasonyiwa, omuli enneewulira "ey'okuguba" (okulwawo, okumala ekiseera ekiwanvu) ez'okunyiiga, obukaawo, obusungu obw'olubeerera, okutya okutavaawo, obulabe, n'okwenyamira. Enneewulira esukkako ku "nneewulira entuufu." Engeri gy'owuliramu etwaliramu omubiri gwonna-ebitutuukako mu mubiri bizingiramu obwongo bwaffe, obusimu, ebirungo byomubiri, entabula y'omusaayi, ebinywa, n'ebiyenda.<sup>7</sup>
3. N'olwekyo, okusonyiwa si kwe kukkiriza kwokka mu kutegeera nti okoledwaako ekikyamu nga kwogasse n'okusalawo okw'okwegomba okusonyiwa ebbanja n'okwetikka okufiirwa ggwe kennyini. Wabula okusonyiwa kikulwa kya nsonga ekiraga nti okulumizibwa omuntu mu bukyamu kibeera ky'amaanyi nnyo era nga kikosa enneewulira yaffe. Okusonyiwa kuggyawo "ekintu ekibaawo mu nneewulira" kubanga *kukyusakyusa mu nneewulira*. Okusonyiwa *kudda* mu kifo kya "kasunguyira" okukyawa, obusungu, n'okutya, obutasonyiwa, n'enneewulira "eyekiyongobero" (okunyiiga, okukaawa, obusungu obtagenda, okutya okusigaddewo, obulabe, n'okwenyamira Okuva mu kufumiitiriza ku kikyamu), nga bikyusa "enneewulira ennungi: "ng'okwagala okutaliimu kwefaako, okusaasira, n'okusaasira oyo akola ekibi.<sup>8</sup> "Okusonyiwa mu nneewulira" kuno kwokka mu butuufu "kwe kuwonya omutima" (Worthington 2003: 44-45).
4. Bwe tusonyiwa, tuva mu by'okwagala okwewala oyo eyatusobya oba okwagala okumwesasuza. Mu kifo ky'ebyo, okusonyiwa kukyusa ekirungi ne kidda mu kifo ky'ekibii. Okusonyiwa *kudda* mu kifo ky'ebirowoozo ebibeera ku kikyamu, era ebirowoozo ebyagaliza obulabe oyo eyasobya, n'okubikyusa n'ebirowoozo ebyagaliza eyakusobya *ebirungi*. Bwe kityo, okusonyiwa ddala *kirabo* ekirimu ekisa, okwagala, n'eddembe (eddembe lyaffe okuva mu buddu obw'obukyayi, obusungu, okutya, ebirowoozo ebibi, okuva mu kulowooza ku biseera eby'emabega, okubeera ku bikyamu n'okulumwa ebyakubaako). Tukimanyi nti oyo asobya talina ddembe ku birabo bino (nga bwe twali tetulina ddembe ku kisonyiwo kya Katonda).

<sup>6</sup> Worthington akiragira ddala bulungi nti waliwo ebika by'okusonyiwa bya mirundi ebiri (oba engeri z'ekisonyiwo bbiri): (1) *Okusonyiwa okuva mu kusalawo* (okusonyiwa ebbanja); ne (2) *okusonyiwa okwejjako obusungu* ("okulerekerawo okuwulira obubi ku byaliwo") (Worthington 2003: ch. 2).

<sup>7</sup> Ekitundu kino n'ebibiri ebikiddirira byesigamye ku Worthington 2003: essuula 30-45.

<sup>8</sup> Smedes naye akyogerako bw'ati; ennono z'okusonyiwa zirimu emitendera esatu: "[1] Tulowooza ku bulamu bw'oli eyatukosa. [2] Tuwaayo eddembe lyaffe. [3] Tukyusa engeri gye tuwuliramu eri oyo gwe tusonyiwa." (Smedes 1996: 6-12)

5. Tosobola kufuna kusonyiyibwa kwa nnamaddala ng’okozesa embeera ez’obuntu—wadde nga mu butuufu ggwe wasonyiyibwa—okutuusa lw’okyusa enneewulira yo. Ne bw’okyusa ebirowoozo byo okwagala kwo, n’ebikolwa byo, ggwe tojja kufuna kusonyiyibwa okutuusa ng’enneewulira zo zikyuse —*naye okukyusa ebirowoozo byo, okwagala kwo, era ebikolwa byo birina okuviirako enneewulira yo okukyuka.* “Okusonyiwa tekujjaawo bijjukizo ebirumya ebyabaawo; wabula kuggyawo ebirowoozo ebibi ebireetebwa ebyabaawo” (Ibid: 133).

6. Okusonyiwa kibuzaabuzaamu, kiringa “okuwaayo bwe kiri eky’omukisa okusinga okufuna” (Bik 20:35) oba “buli akukuba ekikonde ku ttama lyo erya ddyo, mukyusize n’eddala” (Mat 5:39-42; Lukka 6:29-30). Nga tusonyiwa tukimanye nti: (A) omusango ogwazzibwa gwali mukyamu era nga si gwa bwenkanya era bulijjo gujja kubeera mukyamu era nga si gwa bwenkanya; (B) tulina eddembe okusunguwula; naye (C) “eddembe” eryo tuliwaayo kyeyagalire ng’ekikolwa eky’okusaasira n’okwagala, ng’ekirabo eri oyo atasaanidde, mu kugondera Kristo. N’olwekyo kibuzaabuzaamu: obutaba na busungu eri omuntu eyakulumya wabula n’omuwa ekirabo ky’ekisonyiwo era ggwe ne wesumulula.

### III. Ensonga ezirabikako lwaki tulina okusonyiwa abatusobya

#### A. Okusonyiwa buvunaanyizibwa bw’oyo asonyiyibwa<sup>9</sup>

1. “Mu Baibuli yonna kirabika waliwo akalandira wakati w’okufuna n’okugaba okusonyiwa” (Jeffress 2000: 57). Eno y’ensonga lwaki Yesu mu ssaala ya Mukama waffe (Mat 6:9-15) ne Pawulo (Beef 4:32) batulagira okusonyiwa.

2. N’abakaafiiri mu lugero lwa Yesu olw’abaddu ababiri baakiraba nti waliwo akakwate akaliwo wakati w’okusonyiyibwa n’okusonyiwa abalala. Eyo y’ensonga lwaki ‘baanakuwala nnyo’ ng’omuddu eyali amaze okusonyiyibwa ennyo Mukama teyasonyiwa muddu munne gwe yali abanja ekitono nnyo; n’olwekyo, ne bategeeza Mukama waabwe ku butasonyiwa obwo (Mat 18:31).

3. Ekigendererwa kyaffe mu bulamu buno kwe “kubera mu kifaananyi ky’Omwana we” (Bar 8:29), “okubeera atuukiridde, nga Kitammwe ow’omu ggulu bw’atuukiridde” (Mat 5:48). Okuva okusonyiwa bwe kuviira ddala mu mutima gwekikula nekigendererwa kya Kitaffe ne Kristo, okusonyiyibwa kwaffe kabonero kakulu ak’okutukuzibwa kwaffe. Kekabonero k’Omwoyo Omutukuvu akolerera mu ffe okutufaananya Kristo n’okututuukiriza. Eyo y’ensonga lwaki Kristo yakwataganya okusonyiwa n’okwagala (Lukka 7:36-50) n’okusaba (Makko 11:23-26). Nga Carson bw’agamba nti, “Abo abamanyi nti baasonyiyibwa be bantu be bamu abasonyiwa. Ekimu ku bubonero obulaga okukula okw’ebyo omwoyo mu Mukristaayo, Whitney agamba nti afuuka ‘omuntu asonyiwa amangu.’” (Carson 2002: 80).

4. Okusonyiwa kisingako ku kubeera “ekkatala” naye kizingiramu ekintu ekikulu eky’okussa essira ku bulamu bw’omuntu—kwe kugamba; oba omuntu oyo essira aliteeka ku Katonda n’okubeera mu bulamu obumusanyusa n’okumufaanana oba nedda.

a. *Kino kikwata kyenkanyi ku kusonyiwa n’okutabagana:* “Okussa essira ku Katonda ky’ekisumuluzo ky’okugonjoola enkaayana mu ngeri ezimba. Bwe tujjukira okusaasira kwe era ne tukozesa amaanyi ge, ffe buli kiseera tubeera tulaba ebintu mu ngeri etegeerekeka obulungi era ne tukwata obutakkaanya mu ngeri ey’amagezi. Mu kukola ekyo, tusobola okuzuula ebisumuluzo ebirungi ennyo eby’okugonjoola ebizibu byaffe. Mu kiseera kye kimu, tusobola okulaga abalala nti ddala waliwo Katonda era nti asanyukira nnyo eky’okutuyamba okukola ebintu bye tutaasobola kukola ku lwaffe.” (Sande 2004: 20)

b. *Sande annyonyola amagezi amalungi ag’okukuumira ebirowoozo by’omuntu ku Mukama:* “Emu ku ngeri ezisinga obulungi okussa essira lyo ku Mukama kwe kwebuuzza buli kiseera ebibuuzo bino: Nnyinza ntya okusanyusa era n’okuwa Katonda ekitiibwa mu mbeera eno? Okusingira ddala, nnyinza ntya okuleeta ettendo eri Yesu nga ndaga nti yandokola era ankyusa? Okunoonya okusanyusa n’okussa ekitiibwa mu Katonda ndagiriro ya maanyi eri obulamu, naddala nga twolekaganye n’okusoomoozebwa okuzibu. Yesu yennyini yalunghamibwa ebiruubirirwa ebyo [soma Yok 5:30; 8:29; 17:4]. . . . Bw’olaga obugagga bw’okwagala kwa Katonda n’okumusanyusa nga bwe kiri ekisinga obukulu okusinga okunyerera ku bintu eby’ensi n’okwesanyusa, kifuuka kyangu okugonjoola obutakkaanya mu ngeri ey’ekisa, ey’amagezi, era n’okwefuga. Enkola eno ereetera Katonda ekitiibwa era n’eteekawo embeera ey’okuleetawo emirembe mu ngeri ennungamu.”

<sup>9</sup> Ekitundu kino ekisinga obunene kyesigamiye ku Jeffress 2000:57-58; Smedes 1996:65-69; ne Sande 2004:20, 34.

## B. Okusonyiwa kyetaagisa ku lw'obulungi bwaffe<sup>10</sup>

1. Okusonyiwa emirundi mingi y'engeri yokka ey'okusasula ebbanja. Nga Jeffress bw'alaga, mu lugero lwa Yesu, "Omuddu yali abanjibwa ebbanja lye yali tasobola kusasula mu bulamu bwe bwonna. Kale kiki Kabaka kye yalina okumukolera nga si kyakumusonyiwa?" (Jeffress 2000: 51) Okubonereza n'okutulugunya omumenyi w'amateeka tekyandiyambye abanjibwa wadde okusasula *ennusu emu* ku bbanja. Mu butuufu, "amabanja" ag'engeri eyo agasinga obungi ge tubanja ddala *tegalina makulu*: eyakusobya ayinza n'okuba nga yafa; ayinza okuba nga yasenguka; ayinza n'okuba nga tatufaako n'akatono. Ekirala, abasinga obungi abamenyi b'amateeka tebasobola kusasula bbanja lyabwe mu mbeera yonna: muwendo ki oba ekibonerezo ki ddala ekiyinda okuli yirirwa omwana wo attiddwa ddereeva atamidde? Oba muwendo ki ogusaulira erinnya lyo eryonooneddwa obulimba? Oba obufumbo bwo bwe buyingiramu obwenzi? Oba kiki kyokolera oyo akukase omukwano? Ekituufu kiri nti okusonyiwa kwokka kwe kusobola okukusumulula okuva mu bitalina mugaso nga ly'ebanja lye weesibyeko.

2. Okusonyiwa kutusumulula okuva mu byatubaako edda ne mu busungu eri eyatusobya. Okusonyiwa kutusumulula okuva mu njegere ezitalabika, naye nga za ddala nnyo, ezitusibira mu byatubaako—ebikyamu eby'emabega, okulumwa, n'ebibi—enjegere ezitulemesa okubeera mu ssanyu, n'emirembe, n'eddembe. **Beb 12:1-2** etugamba nti tulina "okusuula buli kizito, n'ekibi ekizibu ennyo ffe," n'okudduka n'obugumiikiriza emisinde egyatekebwa mu maaso gaffe, nga tutunuulira Yesu. "Obutasonyiwa kitulemesa okukola ekyo, kubanga obutasonyiwa bwennyini kizitowa era kibi, era kikumira essira lyaffe nga tulitadde ku kibi n'okukosebwa okusinga okulissa ku Yesu. Okusonyiwa kutusumulula ne tudduka olugendo lwaffe nga tetulina njegere zitusbeye era ng'amaaso gaffe tugatadde ku Yesu.

3. Okusonyiwa kutusumulula Okuva mu kubonaabona okuteetaagisa.

a. *Obutasonyiwa buyinza okukumalawo.* Okufumiitiriza ku kikyamu ekikuleddwa, okusiikula ekiruyi, kiringa okukukosa mu kiwundu ekibisi, n'ogaana okuwona. Okugenda kwaffe mu maaso n'okufumiitiriza ku byasoba ebikunyiiza, okweyongera kwaffe mu kwesaasira-ebiwoozo eby'obukyayi, ebirooto byaffe eby'okwesasuzza, tebirina kalungi eri oyo eyakusobya, era naffe tebirina kalungi konna ke tubifunamu—bitufuula banaku.<sup>11</sup> Ebiwoozo bwe bityo "bitoniya emmeeme yaffe" (bwe tuyinza okugamba), ne bitufuula abatafaanana Kristo mu kifo ky'okutusika okusemberera Kristo. Mazima ddala, okuva bwe kiri nti ddala tetusobola "kwesasuzza" mu ngeri yonna, obutasonyiwa nga bwesigamye ku kulowooza ku byatubaako n'okusigaza ekiruyi bitwala omuwendo gwabyo ogusinga *obubi ku myoyo gy'abantu ababonaabona edda olw'ekibi ekyakolebwa*. Wadde ng'obukyayi buyinza okwolesa "amaanyi agakolerawo," naye ate mangu ddala bukyusiza ono eyakyawa obuufu ne bumukubisa amaanyi ago.

b. *Obutasonyiwa okumala ebbanga eddene kikwatagana n'okweyongera kw'ebizibu by'omutima, okulinnya kw'entunnunsi (puleesa), okweyongera kw'okuzuukuka kw'obusimu, era nga kiyinzika okunafuya abaserikale abakuuma omubiri obutalwalalwala.* Ate ku ludda olulala, okusonyiwa kukwatagana n'okukendeera kw'ebizibu eby'obuntu, okukendeera kw'obusungu, n'okweyongera mu kukula mu ngeri gye weefuga (McCullough 2000: 43-55; Witvliet, et al., 2001: 117-23; Enright 2001: 45-67).

4. Obutasonyiwa bukosa nnyo enkolagana yaffe n'abalala. Nga butufuula abantu abakaawu, abakalubo, aberowozaako olw'ebikyamu ebitekolebwako, obutasonyiwa butwawula ku bantu abalala.

5. Obutasonyiwa bukosa nnyo enkolagana yaffe ne Katonda. Ekibi, nga mw'otwalidde n'ekibi eky'obutasonyiwa, kitwawula ku Katonda (**Yis 1:10-15; 59:1-2; Mik 3:4**). Okwawukana kuno ne Katonda kukosa obulamu bwaffe mu nsi eno. Ekirala, nga Carson bw'alaga: "Essira (mu Byawandiikibwa) liri ku migaso egy'olubeerera egy'okubeerera ddala ne Katonda. Era mu kitangaala ky'ebiwandiiko ebimu (eky'okulabirako; olugero lw'omuddu atalina kisa ayogerwako waggulu), waliwo akabi akanene ennyo ak'obuntu era ak'olubeerera mu *butasonyiwa* balala. Tewali, era tewali kintu kyonna ku byonna, kikulu nnyo okusinga okukakasibwa nti Katonda yatuwa ekisonyiwo." (Carson 2002: 80)

6. Okusonyiwa kukwatagana n'abantu abalina ensobi nga ffe. Abantu abasinga obungi tebakolwangako bikolobero; era tetukosebwangako ku ddaala eryo. Wabula, naffe tuyonoona ku balala; era twesittaza

<sup>10</sup> Ekitundu kino okusinga kyesigamye ku Jeffress 2000:50-57; Smedes 1984:125-51; ne Smedes 1996:55-74.

<sup>11</sup> Ng'omugenzi munnakatamba Omumerika Buddy Hacket bwe yayogera nti, "Nyombyeko n'abantu, naye nze sisiba busungu, omanyi lwaki? Ggwe obeera obasibidde obusungu, nga bo baali eri beeyagala." (Jeffress 2000:53)

abalala. Mu “nsi yennyini” okusonyiwa y’engeri y’obulamu gye tubeerawo—bw’olumya mukwano gwo ow’oku lusegere ng’oyita mu kwogera oba ekikolwa ekitali kituufu (era ekyo ffenna tukikola), emikwano gyaffe egy’oku lusegere gigumira obulumi obwo naye ebyo ne babivaako. Bwe kityo, okusazaamu ebbanja n’okulireka y’engeri gye tubaawo mu bulamu. Obulamu bwandibadde tebubeerekamu singa abantu baali tebasonyiwa buli kiseera.

7. Obutasonyiwa kubeera kwesalirawo, nga n’okusonyiwa bwe kuli okwesalirawo. Tutera okulondako kw’abo be tusonyiwa ne be tutasonyiwa: tusonyiwa ebisobyo “ebitono” byokka, n’abantu mikwano gyaffe. Naye Yesu yagamba nti tulina okusonyiwa “okutuuka ku nsanvu emirundi musanvu” (ng’eyo y’engeri Yesu ey’akabonero gy’agamba nti “emirundi egitakoma” by’ebiseera, so si mirundi 490 gyokka) (**Mat 18:22**); tulina okwagala abalabe baffe, so si abo bokka abatwagala (**Mat 5:38-48**). Yesu mukakanyavu nnyo eri aboonoonyi (nga ffe) abagaana okusonyiwa aboonoonyi abalala, kubanga ffenna tuli boonoonyi. Smedes, ng’ayogera ku lugero lwa Yesu oluli mu **Matayo 18**, akyogera bulungi: “Ye (Yesu) mwesimbu nnyo kubanga obutakwatagana bw’aboonoonyi okugaana okusonyiwa aboonoonyi butabula endowooza ya Katonda. Ye tasobola kugumira mbeera eyo; tewali ngeri ya bwesimbu gy’ayinza kugumiikiriza mbeera eyo. Kale agamba nti: bw’oba oyagala okusonyiyibwa Katonda naye nga tosobola kusonyiwa muntu munno eyeetaaga okusonyiyibwa okutono okuva gy’oli, weerabire okusonyiyibwa ggwe kw’oyagala. Ggyawo obulungi bw’Olungereza lwa King James lw’ofuwa obutaaba okitegeere nti Yesu agamba nti: singa ogaana okusonyiwa abantu abalala ng’ate ggwe osubira okusonyiyibwa, osobola okugenda mu geyeena.” (Smedes 1984: 150)

#### IV. Tusonyiwa tutya<sup>12</sup>

##### A. *Enkola ya Worthington ey’okusonyiwa eyitibwa JOEWL*

Worthington alina enkola ey’emitendera etaano (5), gy’alaba nga piramidi, ng’asinzira ku myaliiro gayayo (Worthington 2003: 73):



1. **Jjukira obulumi (J).** Omuntu okusobola okusonyiwa ekibi ky’atukozeeko, tulina okusooka okuba abeesimbu ffe kennyini ku kikyamu n’okulumwa ebyatubaako.

a. *Tuyinza okwegaana oba okukendeeza ku bulumi ku2banga butufumita nnyo. Oba, tuyinza okusunguwalira ebintu ebitonotono n’okulumwa okutonotono; tuyinza okulowooza nti oyo eyasobya yakola kibi nnyo okusinga bwe yali yatukola, oba tuyinza okulowooza ekintu nga, “Singa kino tekyabaddewo, nnandibadde musanyufu nnyo, nandibadde n’obuwanguzi, ne ntuukiriza bingi mu bulamu” (Enright 2001: 110).* Tulina okwekkenneenyanya ekikula ky’ekisobyo mu bwesimbu, engeri gye kitukosaamu, n’engeri gye tubadde tukikwatamu (laba Sande 2004: 80: “Nga bwe weekkenneenyanya obuvunaanyizibwa bwo mu butakkaanya, kiyamba okunoonya ensobi za mirundi ebiri. Okusooka, oyinza okuba ng’olina entondo ezityitiridde, ekikuleetera okunyiiga amangu ennyo olw’enneeyisa y’abalala. Ekyokubiri, oyinza okuba nga wayamba ku butakkaanya obwo okubeerawo ng’oyita mu nneeyisa yo ey’ekibi.”).

b. *Worthington awa amagezi ku bukodyo obumu obuyinza okutuyamba mu kujjukira okulumizibwa.* Tulina okutandika nga tusaba, nga tusaba okubeerawo kwa Mukama ng’omukuumi waffe n’okukoowoola Omwoyo Omutukuvu ng’omubeezi waffe. Tulina okwerondoola nga bwe tujjukira okulumwa n’ebintu ebitwetooolodde, naye tulina okukakasa nti tetuseerera kudda mu busungu, okutya, oba okwenyamira. Gezaako okujjukira kiki ekyaliwo, naye era n’engeri gye wali owulira ku ebyo ebyali bigenda mu maaso; wandiika mu butuufu

<sup>12</sup> Ekitundu kino okusinga kyesigamye ku worthington 2003: essuula 4-8; era ne ku Smedes 1996: essuula 15-20; and Enright 2001: essuula 4-12.

enneewulira yo (gezaako okubeera ow'amazima nga bwe kisoboka). Weefuge ng'ossa omukka ogukkakkanya, ogw'empola, oba ekikkowe. Gezaako okulaba ebintu okusenziira ku ndwooza y'omuntu omulala. Oboolyawo kijja kukuyamba okusonyiwa ebitonotono nga tonasonyiwa ebinene, obutali bwenkanya obunene ennyo obw'ekitalo oluusi obubaawo. Byonna bino biyinza okuleeta obulumi, naye ly'eddaala erisooka mu lugendo lw'okuwonyezebwa n'okutambulira mu bulamu obujjuvu.

**c.** *“Obulumi omuntu bw'atulekera butubuuza ekibuuzo eky'enjawulo: Ogenda kunkola ki? Twali twagala bulumi buno, era twagala okubweggyako. Naye tukyatubidde nabwo. Tulina okubukkiriza era tutandika okubeera n'obwannanyini ku bulumi bwe twanukula ekibuuzo kyabwo.”* (Smedes 1996: 135). Tulina engeri bbiri zokka: “Tuyinza okugezaako okukyerabira, okukiyingiza mu bwongo bwaffe ne kitunyigira eyo munda ng'abantu tebamanyi. Oba tusobola okukisonyiwa ne tuwona obulumi bwakyo. . . . Kye tulondawo kiri eri ffe. . . . Tutandika okutwala obuvunaanyizibwa ku bulumi bwaffe nga tuwuliriza ekibuuzo kyabwo. Tutandika okuwonya obulumi bwaffe bwe tuwa eky'okuddamu ekituufu.” (Ibid.)

**2. Osaasira (O).** Okusaasira omumenyi w'amateeka kwe kutegeera obuntu bwe, kwe kugamba; kiki kye yali alowooza, n'ekyali kimutuuseeko. Okusaasira kwe kulaba ekyo mu butuufu, singa wandibadde mu ngatto ze, ggwe kennyini osanga wandikoze ddala nga ye bwe yakola. Okusaasira kwe kutandika okumulaba nga Katonda bw'amulaba: n'omulaba ng'omuntu (okufaanako nnyo ggwe kennyini), so si nga “ekintu.” Kino osanga kye kitundu ekisinga okukaluba ku “kusonyiwa okwesigama ku nneewulira.” Tetulina busobozi, wansi w'amaanyi gaffe, okwagala abalabe baffe. Mu maanyi gaffe, titera okwagala okulumya abalabe baffe, okubalaba nga basasula ebyo bye baatukola, okubalaba nga baabonaabona nga bwe twabonaabona. Twagala okubakowoolera omuliro okuva mu ggulu. Naye Yesu atugamba tuyite emikisa gikke okuva mu ggulu gijje eri balabe baffe. Tetusobola kwagala balabe baffe mu ngeri Yesu gy'atubuulirira mu maanyi gaffe—okuggyako nga Katonda yatuyambye yekka. Ne bwe tuba nga tetusobola kusonyiwa, tusobola okuyiga engeri y'okusaasira n'okulumirwa abo abatukoze obulabe—era okukkakkana nga twagala abalabe baffe. Okusonyiwa okwa nnamaddala, okuwangaala era okukyusa obulamu kusenziira ku ngeri gy'owuliramu mu ngeri ey'enjawulo ku muntu oyo eyakulumya.

**a.** *Wakati wa 1985-1995 Worthington ne banne baasoma ku bafumbo abasoba mu 1000 oba abantu ssekinnoomu era ne bageraageranya ebika bibiri eby'okusonyiwa: okwesonyiwa okweganyula (kwe kugamba; “okusonyiwa okufunamu”—okusonyiwa okuwulira obulungi, okusobola okugenda mu maaso n'obulamu, n'ebirala) n'okwesigama ku kusaasira okusonyiwa (kwe kugamba; “okusonyiwa olw'okugaba”—okusonyiwa kubanga ggwe, eyakosebwa, ggwe muntu wekka asobola okuwa omumenyi w'amateeka ekyo kye yeetaaga: nga ky'ekisonyiwo).* Bye yazuula byewuunyisa: “Abantu abasonyiwa olw'okufunamu bo baafuna mangu ekisonyiwo amangu ago okusinga ku bali abaasonyiwa olw'omulala okufunamu. . . . Essaawa emu oba essaawa munaana si ky'ekikulu – wabula okusonyiwa omulala ng'ogenderera okwegasa y'enkola esinga obulungi. Eri abo abaali mu kibinja ky'abaagala okusonyiwa olw'okugasibwa kw'omulala, essaawa emu yazaala okusonyiwa kutono nnyo. Essaawa munaana zazaala okusonyiwa kungi nnyo—okukubisaamu emirundi ng'etaano okusinga kuli okw'okuganyulwamu okw'essaawa emu ng'okukubisizzaamu emirundi esatu.

Naye bwe tweyongera okukebera ku bantu oluvannyuma lwa wiki mukaaga, eddaala ly'okusonyiwa mu kibinja ekyali kyesigamye mu kufunamu lyali lisse okutuuka wakati nga bwe kyali kisuubira ku nkomererero y'obujjanjabi. Mu kibinja ekyesigamiziddwa ku kusaasira omulala, omutindo gw'okusonyiwa gwasigala waggulu okunoonyereza ne bwe kwaggwa.” (Worthington, 2001: 13-14) Worthington amaliriza agamba nti: “Okusonyiwa kituganyula. Naye bwe tusonyiwa nga twagala okufunamu, tufuna katono ku migaso egyo gyonna egiri mu kusonyiwa. Singa ffe tugaba ekirabo eky'ekisonyiwo eri eyasobya akyetaaga, naffe, tufuna eddembe, emirembe, era mpozzi ne tuzzaawo n'enkolagana yaffe eyafa. Olwo okusonyiwa kukulukkauta kufubutuka ng'amazzi agava mu lupiira ly'abaserikale abazikiza omuliro. Ekisonyiwo kitunaaza ne kitutukuza. Ekisonyiwo kitusumulula.” (Ibid.: 14)

**b.** *Okusaasira kufunibwa ku mitendera esatu: (1) Okutegeera (kwe kugamba., otegeera ensonga y'omuntu omulala); (2) Okwessa mu ngatto ze (kwe kugamba., owulira era olowooza nga bwe yandirowoozezza); ne (3) Okusaasira (owulira okusaasira omuntu omulala, nga bwe kiri mukumutegeera n'okukwatagana naye mu nneewulira). Okusobola okutuuka ku kusonyiyibwa okw'amaanyi, okw'olubeerera, olina okutuuka ku ddaala erisingayo obuwanvu ery'okusaasira: okusaasira okw'okulumirirwa.*

c. *Okulwooza ku nsonga eziwerako kiyinza okwongera okutegeera kwaffe ku oyo eyasobya, n'okumusaaasira: (1) "Enneewulira embi"* (okugeza; okutya, situleesi, okweraliikirira, n'okulumwa) emirundi mingi bye bisibukako obusungu, obulabe, n'okulumba omuntu; (2) *Abantu beeyisa okusinziira ku mbeera ze babeeramu era n'ebibaawo era n'ebibatuukako*; (3) *Abantu "baayiga okugumira embeera enzibu"* okusobola okumalako (era bwe batyo ne balwanyisizaawo ebyo ebirabika nga bibakanga); (4) *Abantu bateekebwa mu mbeera olw'ebyo bye baayitamu emabega* (bayinza okweyisa mu kutya n'obusungu mu kiseera kino olw'engeri gye baakuzibwamu, oba ebirala ebyabatuukako edda ennyo); (5) Abantu batera okweyisa mu ngeri y'obutalwooza ku kinaddirira (kino kituufu naddala ng'abantu, *beerwanako*, olw'okuba nga balumiziddwa oba, mu butuufu oba mu bukyamu, oba nga balwooza nti waliwo obulabe); (6) *Tetulina kwerabira nti tuli Bakristaayo* (era, n'olwekyo, olw'ekisa kya Katonda, era nga tukozesa amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu, tujja kwanjanga okulumbibwa oba okulumwa okuleetebwa omuntu omulala nga tweyambula ko omuntu omukadde, ne tubeera b'amazima era nga twagala, n'okwambala "endowooza ya Kristo" ng'ate endowooza eno mu butuufu tugirina (laba **Beef 4:15, 20-32; 1 Kol 2:16**).

d. *Obukodyo obw'enjawulo busobola okutuyamba okusaasira omuntu oli omulala: (1) saba ofune ekirabo eky'okulumirirwa; (2) Wandiiika ebbaluwa ennyonnyola ng'olinga ggwe muntu oli eyasobya, ng'onnyonnyola mu bbaluwa yo ebigendererwa by'omumenyi w'amateeka, ebirowoozo bye, n'enneewulira ye okusinziira ku ndowooza ye; (3) Wandiiika ebbaluwa eyeetonda okusinziira ku ndowooza y'omumenyi w'amateeka; (4) Yogerako n'entebe etaliimu muntu, ng'ogibuulira ng'ali n' eyakusobya ku ky'olwooza era ne ky'owulira, ng'olinga atudde ddala mu ntebe —olwo n'okyusa emirimu n'otuula mu ntebe ggwe kennyini, nga weefuula omumenyi w'amateeka, ng'onnyonnyola ekyakuleetera okukola ebintu bye wakola, n'okwetonda olw'ebyo bye wakola; (5.) Yogera eri mukwano gwo oba okwetaba mu kibinja kya banno-Abakristaayo okukuyambako mu nsonga z'okusonyiwa; (6) Kolayo ekintu ekiraga okufaayo eri omuntu oyo; (7) Fumiitiriza ku kusaasira kwa Kristo eri abantu omuli noyo eyakusobya; (8) Sabira omuntu omulala (tomusabira nti omuliro gw'eggulu gumwokye ye, naye musabire Katonda amusemberere, amuwe omukisa, amufaananye Kristo, era nga naawe bw'osaba ebintu ebyo bye bimu bikubeeko); (9) Fumiitiriza ku bibi byo ebingi, ku bunafu bwo, engeri gy'olumizzaamu abalala, gye wabuzaabuzamu, engeri gy'obadde onyooma, gy'obuusizza amaaso, n'engeri endala ezanyiiza abantu.*

3. *Ekirabo eky'okusonyiwa eky'okufaayo ku balala (E)*. Okunoonyereza kulaga nti abantu bwe baba tebawulira kusaasira, obolyawo babeera tebajja kusonyiwa. Kyokka, n'abantu abamu abafuna okulumirwa eri oyo abeera asobezza tebasonyiwa.

a. *Abakristaayo beetaaga okufumiitiriza ku bibi byabwe ebyasonyiyibwa Katonda n'ebikyamu bye tukoze abantu abalala ne batusonyiwa*. Bwe tutegeera ennyo obunafu bwaffe ng'abantu n'obwetoowaze byaffe bituleetera okusonyiwa abo abaatusobya. Mu kusooka bwe tujjukira omusango gwaffe n'okuswala olw'ebikyamu bye tujjukira, olwo tusaanidde okujjukira eddembe n'okwebaza kwe twafuna nga tusonyiyiddwa olw'ebikyamu ebyo bye twakola. Obwetoowaze n'okusiiima z'ennonno enkulu ez'Ekikristaayo ezituleetera okufaayo eri abalala.

b. *Okulumirirwa kwe kufaayo eri abalala; kwe kuwaayo nga tosubira kusalulwa kintu kyonna*. *Ekimu ku birabo ebisinga obukulu bye tufuna ky'ekirabo eky'okusonyiyibwa—kwe kusumululwa; kwe kusitulibwa; kye kintu ekikyusa obulamu*. Kino ky'ekirabo Kristo kyatuwadde era n'abantu abalala kye batuwadde. Okusonyiwa ge "maanyi agasembayo" ag'okwagala. Bwe kityo, wadde ng'obukyayi buyinza okutuwa "amaanyi ag'akaseera obuseera olw'okuwona obukambwe obw'ennaku zino . . . obukyayi tebulina maanyi okusigala nga gatondawo ebiseera eby'omu maaso eby'obwenkanya ebissuka ku kuwoolera. Okusonyiwa kwe kugabira amazzi omugga oguwonya ennaku zonna. Okumala ebbanga ddene kikakasiddwa nti, okusonyiwa kusinga obukyayi amaaanyi." (Smedes 1984: 146) Omukristaayo asinga okubeera ebuziba ye muntu asiima ennyo ekyamuweebwa era ne kimugasa; era bw'atyo nga tosobola kukyebeera wabula naye okukiwa abalala.

4. *Weewaayo mu lujjudde okusonyiwa (W)*. Osonyiwa, okusookera ddala n'ekisinga obukulu, munda mu ggwe kennyini —mu mutima gwo, ebirowoozo, n'emmeeme yo; weeyama mu lujjudde okusonyiwa ng'omaze okukola waakiri "okusalawo okusonyiwa," bwe kiba nga si "kusonyiwa mu nneewulira," mu mutima gwo n'ebirowoozo byo.

a. *Okweewaayo okusonyiwa mu lujjudde olw'okusalawo kw'omaze okukola mu kyama kiyamba okunyweza ekyo ky'osazeewo era n'okulwanyisa okubusabuusa oba nga "ddala osonyiye"*



*eyakusobya, ekintu ekiyinda okujja mu birowoozo byo oluvannyuma, ng'olowooza ebirowoozo ebibi ku oyo eyakusobya oba ku kintu ekyabaawo.* Ekyo kiringa okwewaayo okubatizibwa oba okusembera mu lujjudde—kano ke “kaborero ak'okungulu era akalabika ak'ekisa eky'omunda era eky'omwoyo” eky'okusonyiyibwa kwe waweebwa edda.

b. *Waliwo obukodyo obuwerako obuyinza okukuyamba okwewaayo mu lujjudde okusonyiwa:*

(1) Tendeka endowooza yo obutanenya munno ng'ebirowoozo ebitali birungi bikujjide (webulirire ogambe nti “ebyo nabivaako era sikyabirondoola,” “kyusa kyusa by'olowoozaako” ng'ebirowoozo ebibi biyingiddewo). Mu ngeri y'emu, fumiitiriza ku bintu *ebirungi* ebiri ku oyo eyakusobya, oba biwandiike. (2) Okusonyiwa kwo kuteekeko akaborero. Wandika okusobya ku mukono gwo; Olw'okunaaba enfunda eziwera n'olw'emirimu emirala bijja kusimuuka. Oba, kwata ejjinja eddene mu mukono gwo ogugoloddwa (nga “ly'ejjinja erisooka” Yesu lye yalagira abasajja b'omu kibuga okukasukira omukazi ayakwatibwa mu bwenzi [**Yok 8:7**]); leka ennyiike n'obulumi by'owulira ng'ositudde ejjinja eryo bikyikirire situleesi n'obulumi bw'owulira obuwa mu butasonyiwa—obuzito bw'okwagala okwesasuzza bwe buba nga bunene nnyo nga toyagala kusigala na buzito obwo, leka ejjinja ligwe okuva mu ngalo zo ng'akaborero k'okusonyiwa kwo. Oba, wandika wansi ekisobyo ku lupapula, n'oluvannyuma lwokye oosaasanya evvu. Oba, wandika okusobya ku lupapula olukomerere ku musaalaba ogw'embaawo, oba okululeka wansi w'omusaalaba oguli ku kkanisa yo. Mu kukola ebintu bino byonna, jjukira era nti owaayo obutasonyiwa, n'obulumi bwo, eri Yesu—kaakati ye yabyettika; ggwe tokyalina kubyettika. (3) Wandiika okusonyiwa kwo. Wandika “satifikeeti y'okusonyiwa” entongole gy'osobola okusigaza enaakukakasa mu biseera by'okubusabuusa nti, ddala mu butuufu, wasonyiwa omuntu oyo mu bujjuvu. (4) Baako omuntu gw'obuulira ku kusonyiwa kwo. Buulira Katonda, ggwe kennyini, mwami wo oba mukyala wo, mukwano gwo gwe weesiga, oba Omusumba wo; abantu bano bonna basobola okukuyamba mu biseera by'okubusabuusa. (5) Weeyise eri eyakusobya ng'omuntu eyamusonyiyira ddala mu bujjuvu. Bw'ogenda omanyiira okweyisa bw'otyo gy'ali, ekyo kijja kunyweza okusalawokw'okusonyiwa kw'okoze, kitereeze n'engeri gy'owuliramu, kikwongere okumwagala n'okumusasaasira.

5. Lemera ku kusonyiwa (L). Ebirowoozo n'enneewulira z'obutasonyiwa mu butonde bisobola okujja mu ffe (ng'ebirowoozo ebirala eby'ekibi—okwegomba, omululu, amalala, obukyayi, n'ebirala— bwe bisobola okujja mu ffe). Okulaba omuntu eyakusobya, okubeera mu kifo ekimu, okubaako ky'owulira, olunaku lw'okujjukira ekyabaawo, embeera endala, oba nga tukooye, okubeera wekka oba okwennyamira, kiyinza okuvaako ebirowoozo ebiteetagisa n'okuwulira ebirowoozo by'obutasonyiwa munda mufte. Mu biseera nga bino mwe twetaagira okunywerera ku kusonyiyibwa *kwe twawaayo* edda era *kwe twawaayo* mu lujjudde.

a. *Waliwo obukodyo obuwerako obuyinza okutuyamba okunywerera ku kusonyiwa mu biseera ng'ebyo:* (1) Kimanye nti obulumi bw'okulumwa ekyo kyojjukira si kye kimu n'obutasonyiwa (obutasonyiwa buleetebwa okufumiitiriza; tewewaayo mu kufumiitiriza okw'okwesasuzza); (2) Tolowooza ku bintu ebitali birungi (webulizebulize ku bintu ebirala—yimba, saba, tendereza Mukama, kola omulimu ogwetaagisa amaanyi g'omubiri—mu kifo ky'okumalira ku birowoozo n'enneewulira ezirumya oba ebirowoozo eby'obukyayi); (3) Wejjukize ggwe kennyini nti wasonyiye omuntu oli (era wejjukize ebiseera bye wawaayo mu lujjudde okusonyiyibwa okwo); (4) Yogerako ne mukwano gwo (omuntu gwe muteesezza naye ku kusonyiwa kwo asobole okukuyamba ng'oyita mu biseera by'okubusabuusa ku kusalawo kwo oba nga wennyamiddei); (5) Kozesa ebiwandiiko bye wawandiise (soma “satifikeeti y'okusonyiwa,” ebbaluwa, oba ebiwandiiko ebirala by'okoze ebyogera ku ky'okusonyiwa kwo); (6) Ddamu osome, lowooza, era oddemu okwegezaamu mu nkola ya JOEWL ey'okusonyiwa.

b. *Fuuka omuntu asonyiwa ennyo.* Kino kitwala obulamu bwo bwonna, naye kiyamba okubumba empisa zo mu kifaananyi kya Kristo. Ekirala, enkola y'okufuuka omuntu asonyiwa efuula okusonyiwa kwo “okwa nnamaddala,” era n'onnywerera ku kusonyiwa kw'owadde eyasobya olw'ekisobyo ekyo. Waliwo obukodyo obuwerako obusobola okukuyamba okufuuka omuntu asonyiwa amangu omulala: (1) Fumiitiriza ku nsonga lwaki oyagala okwongera okusonyiwa. Saba Mukama akebere omutima gwo: ebigendererwa byo eby'okwefaako wekka, oba olw'okuba oyagala okuba omuwulize n'okwefuga, oba byesigamiziddwa ku kwebaza, okwagala, n'okusaasira? (2) Laba ebiwundu byo ebisinga obunene Okuva mu biseera eby'emabega era obasonyiwe. Gy'okoma okusonyiwa n'okuyigira ku bisobyo eby'emabega, gy'okoma okusonyiwa era gy'okoma okwanguyirwa okusonyiwa n'abantu abalikukosa mu biseera eby'omu maaso. (3) Sonyiwa ekiwundu kimu ku kimu. Fuba okulaba ng'okusonyiwa

kwo kuvudde mu kusalawo okwebirowoozo eri buli kikyamu kyosisinkana nga bwe weyambisa enkola ya JOEWL, kebera wotuuse ku buli kikyamu ekikutusiddwako okulaba nti olina w'otuuse. (4) Zuula bannaggwano b'okusonyiwa. Bw'osoma ku bantu, oba n'oyogera n'abantu abasonyiye abalala kikukuzzaamu amaanyi okusonyiwa. (5) Weekebere wekka. Obutasonyiwa gusobola okufuuka omuze, kale beera w'amazima n'emmeeme yo oleme "kubaako b'osibira" olubeerera. (6) Kendeeza ku kwerronda weyongere mu bikolwa ebirungi. Weeyongerenga mu ndwoozza yo okuzimba obulungi obusukka ku kusonyiwa. Tobeera mu mbeera ya kwewala *bwewazi* naye kiki kyogenda *okukola* okweyongera okufuuka omuntu ow'ensonga. Eky'okulabirako, salawo embala gy'ogenda okutumbula era owandiike by'ogenda okukola okwolesa ekyo: eky'okulabirako; "singa mbadde nneeyongedde okwagala abantu (nja kwagala okweyongera okusiima abalala, n'okubategeera, n'okubawuliriza). (7) Kyusa endowooza yo ku byakubaako. Ng'okozesa okulimirwa abalala, fumiitiriza nga Yesu abudabuda oyo eyakusobya. Kino kigenda kukuyamba okukyusa endowooza yo ne by'ojjukira eby'obulumi ebyakubaako. (8) Kola enteekateeka y'okweyongera okwetereza: tambuza obulamu bwo n'okwefumiitiriza n'obwegendereza, weewe obudde bw'okufumiitiriza n'okusaba, okuteekateeka n'okuwummulamu. Obulamu bwe bukozesebwa ennyo ewatali kuwummulamu bubeera buzibu bwa kufugibwa, era okusonyiwa kwaffe n'okusasira n'okwagala nabyo bikosebwa olw'embeera eyo. (9) Wegezeemu okusonyiwa ng'okozesa embeera ey'okuteebereza. Bwe wegezaamu okusonyiwa ng'ebizibu tebinajja kikuyamba okukikola ng'ebizibu ebya ddala bikugwiridde. (10) Wegezese okusonyiwa buli lunaku. Nga bw'oteekateeka olunaku lwo, lowooza ku bantu bogenda okusisinkana. Bateeke mu ssaala, era bwe bakusobya, basonyiwe mangu. (11) Funa obuyambi okuva ew'omuntu gwe weesiga: emikwano gye weesiga, abasumba era n'abalala abalina obumanyirivu mu byawandiikibwa ne mu by'okusonyiwa basobole okukuwa amagezi agasinga obulungi. (12) Tandika kaweeefube w'okwagala abalabe bo. Ng'obaagala ng'omuntu oba ekisinga nga mubaagala nga *guluupu* y'ekkanisa, mubasabire, muteeketeke, mukube empenda ez'okubakola obulungi. Mumalirire okwolesa okwagala kwa Kristo eri abo abatayagalika.

## B. Okugamba eyasobya nti, "Nkusonyiye"

1. Mu butuufu okugamba eyakusobya nti "Nkusonyiye" kisaana okukolebwa n'obwegendereza; si bulijjo nti kisaanidde nti oba kyetaagisa. Okukola ekyo kiyinza okukozesebwa ng'ekyokulwanyisa eri oyo eyasobya, oba kiyinza okukolebwa amangu ennyo, n'ekivaako eyakusobya okwezozaako n'okwongera obuvune obupya ku bukadde. Ekirala, omuntu alina okwegendereza mu mbeera y'okugenda kwo eri eyakusobya okumugamba nti omusonyiwe kubanga kiyinza okukuteeka mu bulabe, eyakusobya n'alumya omubiri gwo oba n'akukolako effujjo.

2. Smedes agamba nti, nga tonnasonyiwa, olina: a. *Okulowooza* (tegeera bulungi nga bw'osobola ku byaliwo); b. *Weekenneenye embeera*; c. *Yogera ne mukwano gwo oba omubuziibuzi*; d. *Wulira* (okusobola okutegeera obulungi ky'owulira n'ensonga lwaki); ne e. *Saba* (okusonyiwa kikolwa kizibu okukola —ffe twetaaga okuba abeesimbu eri Katonda, okukkiriza okusaba obuyambi bwe twetaaga okuva eri ye era n'okubukozesa nga buzze). Awo bw'oba osazeewo okugamba mu butuufu eyasobya nti omusonyiye, olina okukola bino: a. *Twala obudde bwo*; b. *Lowooza ku kabi akayinza okubaawo*; c. *Linda akabonero*; d. *Kikole ng'oyita wala* (sooka oyogere ku bintu ebirala; wuliriza okumala akaseera; kikole kumpi ng'ekintu eky'oluvannyuma lw'okulowooza); e. *Kikole ng'omaze okutandika embooji mu bwesimbu, era n'okukakasa, ng'omwagaliza ebirungi*; f. *Togamba nti ebigendererwa ebitukuvu*; g. *Tolinda kukikola na bukugu*; h. *Kifuule kimpfi*; i. *Kifuule kyangu*; ne j. *naye muwe obudde* (kyusa ensonga bw'aba tannaba kubeera mwetegefu okukyogerako; alowooze ku nsonga eno; agendere ku sipiidi ye). (Smedes 1984: 138-39, 145-46)

3. Ebisinga okubaawo nga twogera ebigambo by'okusonyiwa eri oyo eyatusobya bigwa mu mbeera zino wammanga.<sup>13</sup>

a. *Omumenyi w'ateeka yeetonze nga yasaba okusonyiyibwa*. Omumenyi w'amateeka ayinza okuba nga mwetegefu okuwulira ebigambo ebyo ebikulu nga tonnaba na kwetegeka ku bimugamba. Jjukira nti okusonyiwa tekuyinza kubaawo olw'okukakibwa—kino kikolwa kya kyeyagalire. Eky'okuddamu kyo mu bwesimbu kiyinza okuba nti, "Njagala okukusonyiwa, naye mpaamu ekiseera, okikkiriza?"

b. *Omumenyi w'amateeka teytonze wadde okusaba okusonyiyibwa, wabula omusango*

<sup>13</sup> Ekitundu kino kyesigamyeye ku Enright 2001: essuula 11.

*guzuuliddwa nti mu butuufu yaguzza.* Oyinza okumusonyiwa ng’olina essuubi nti ajja kwetonda (ky’ayinza okuba ng’aziya olw’okuswala kwe) ng’amaze okusonyiyibwa; singa wadde kiri kityo n’ asigala nga teyeenenyezza, ggwe obeera wesumuludde okuva mu mbeera eyo ng’omanyi nti okoze kyonna ekyali kisoboka.

c. Enkolagana wakati wo n’oyo akusobya ebadde yavaawo, era enjuyi zombi nyiivu. Oludda olusinga obutaba *na musango* lutera okutandika olugendo lw’okutabagana nga *lusooka n’okwetonda*, ekiyinda okuleetera oludda olulala okunakuwalira ebyabaawo, olwo ne kikuggulirawo oluggi eri ggwe okusonyiwa.

d. *Omusango gwaliwo dda nnyo, era oyo eyasobya takyali kitundu ku bulamu bwo.* Omukisa guyinza obutabaawo kulaga kusonyiwa eri oyo asobya singa omuntu oyo aba yafa oba nga takyaliwo olw’ensonga endala. Wadde kiri kityo, osobola okulaga okusonyiwa kwo mu ngeri ey’akabonero (nga bwe kyalagibwa emabegako ku katebe akakalu), oba okulaga okusonyiwa kwo eri omuntu ow’omu Makkoa g’omumenyi w’amatayoeeka, ab’ekika kye, ab’eggwanga lye, oba ab’ekkanisa, oba okukozesa amakkoa, ekika, eggwanga, oba ekkkanisa, oba abatabaganya abalala okutandikawo olukkaiiko lw’okusonyiwagana.

e. *Omumenyi w’amteeka talina kirowoozo nti wanyiga.* Omuntu alina okuleeta ensonga enkadde mu ngeri ey’amagezi; nga bwe kyayogeddwako emabegako, olina okulowooza oba ng’okuleeta ensonga eyakunyiiza kijja kuleeta obulabe obusingawo oba ebirungi ebisingawo eri oyo eyakusobya n’eri ggwe kennyini.

### C. Ebikondo ebirala ebirambika ebiri ku kkubo erigenda mu kusonyiyibwa

1. Osonyiwa kyeyagalirire, oba mu butuufu “tosonyiwa” n’akatono. Tosobola “kukakibwa” oba “kuwalirizibwa” kusonyiwa.

2. Okusonyiwa kubeera kusalawo; okusonyiwa kuzingiramu gwe wenna; okusonyiwa mutendera; okusonyiwa kutwala obudde (oboolyawo obulamu bwonna); okusonyiwa kyetaagisa omulimu (kiyinda okutwala okufuba okunene okumala ekiseera ekiwanvu); okusonyiwa nkyukakyuka (ojja kuyusibwa; mu kkubo ojja kukiraba, Kristo ajja kukiraba, n’abalala bajja kukiraba, nga bwe weyongedde okufaanana Kristo nga kivudde mu nkola etera okuwanvuwa, enzibu, eyakasoo, ey’omulimu gw’okusonyiwa). Mu butuufu, Klassen atuuka n’okugamba nti: “Mu ngeri eyeewuunyisa, ebiwundu by’obutasonyiwa bikuleetera okusubwa emikisa ginanatalabikalabika mu bulamu: *okukyuka okw’omuggundu*. Obumanyirivu bw’okubeera n’ebisago kiyinda okukuwaliriza okukyusa ebirooto byo, enfumo zo n’ebyo by’osubira. Wabula ng’ate, naye mu nnaku eno ey’amaanyi, tusobola okufuna okulwanagana okw’omusingi ogutatera kubaawo nnyo. Okusobola okugezesa enzikiriza z’omuntu enkulu mukisa gwa bulamu bwonna. Kino okukikola obulungi kyetaagis obuyiia...

Mu nkola y’okusonyiwa omuntu omupya mw’aviraayo. So ng’ate abantu abasinga obungi kino tebandikyeyagalizza era era yandibadde, singa aweebwa okulondako, kirabika yandigambye nti, ‘Sikyetaaga kumanya bingi nnyo.’ Ekituufu kiri nti okusonyiwa si kwabo abakwagala bokka; ffena tulina okusonyiwa. Y’engeri gy’owaamu omuntu omukisa omulala oba omwagaanya. Okukosebwa mu ngeri ey’ekyama kwe kuweebwa ekirabo.” (Klassen n. d: “okwezzawo wekka”)

3. Oyinza okusuubira nti ojja kusoberwa; oyinza okusuubira nti obusungu busigaddewo; oyinza okusuubira nti byonna ebigenda mu maaso tewabitegedde mu bujuvu; era oyinza okusuubira ebikuzza emabega mu lugendo luno. Okusonyiwa kuyinda okugeraageranyizibwa ku mwana ayiga okutambula. Omwana kutandika na mitendera emitono egy’abato. Agwa wansi. Mu kusooka abeera tayagala kutambula naye ng’ayagala kusitulibwa nnyina. Kyokka ekiseera bwe kigenda kiyitawo agenda ayiga eky’okukola. Agenda afuna obuvumu era okukkakkana ng’asobola okudduka. Olwo ng’afuuse *waddembe*.

4. Obusobozi bwaffe obw’okusonyiwa buyinza okuyambibwako nga tutegeera mu mazima nti ebitulumya tebiyinda kwewalika. Ebirumya, ebiwundu, ebyesittaza, n’okusobya, ebimu nga bitonotono, ebirala nga binene, biyinda okubaawo bulijjo. Abantu bamanyi okwefaako bokka. Abasinga bafaayo ku balala naye basooka kwetunuulira era ne baba baamukisa okuyita mu bulamu bwabwe bennyini. Ekyo bw’oba okitegedde ddala, kikwanguyira okukkiriza ensobi z’abantu abalala n’okunyiizibwa, era nga naawe bw’onyiiza abalala. Nga Klassen bw’akiraga nti: “(Okulumizibwa) kye kimu ku bitundu ebikola obulamu, nga n’omukwano, okukola n’okusanyuka bwe biri ekitundu ku bulamu. Obulabe obumu osobola okubufuga ate obumu tetusobola kubufuga. Bw’omala okukkiriza nti obulabe bubaawo era ebisinga tebisobola kufugibwa, olwo kiba ky’amagezi okuzimba eky’okusonyiwa ne kubeera enkola y’obulamu; era kumpi ne kiba nga tewali kintu kyonna ekitayinzika kusonyiyibwa.” (Klassen n.d.: “Ennono y’okusonyiwa: *Okukosebwa kubaawo*”)

## V. Okwesonyiwa<sup>14</sup>

### A. *Kisoboka ggwe okwesonyiwa*

1. Smedes agamba nti, “Kirabika gyendi abantu babiri bokka be bakkirizibwa okutuwa olukkausa olw’okwesonyiwa. Omu ku bo ye muntu gwe twasobya. Omulala ye Katonda awulira ennaku nga tukosezza abaana be.” (Smedes 1996: 96-97) Agattako nti, “Omuntu bw’atusaba tumusonyiwe, era aba asaba olukusa naye okwesonyiwa” (Ibid. 97).
2. Omuntu gwe wakola ekibi bw’aba yakusonyiwa lwaki ggwe tosobola kwesonyiwa? Bw’oba ng’okoze kyonna ky’osobola okwetonda, okukomezebawo, okwejjusa, n’okusaba okusonyiyibwa, naye omuntu gwe wasobya n’agaana okukusonyiwa, osobola okwesonyiwa nga wesigama ku kya Katonda okukusonyiwa, okusinga okwesigama ku kibi ky’oli eky’obutasonyiwa.
3. Katonda bw’aba nga yakusonyiwa, ggwe ani ateesonyiwa ebikyamu, ebibi, n’emisango gy’ozzizza era n’olw’okulumya n’okutabuka kw’oleetedde abalala ne naawe kennyini? Bw’oba *tosobola kwesonyiwa, obeera weeteeka waggulu wa Katonda, eyakusonyiwa*. Ewatali kubuusabuusa kwonna, ekyo ky’ekibi eky’amalala.

### B. *Wadde ng’obooyawo kino kizibu okusinga ku ky’okusonyiwa abalala, wandibadde weesonyiwa nga kisaanidde okukikola*

1. Mu ngeri eya bulijjo, oyo yekka abadde yakolwa obubi y’alina obuyinza okusonyiwa oyo eyamusobya; “okwesonyiwa” naky’okibeerawo mu kiseera kye kimu. Kyokka, emirundi mingi tumanyi okwetusaako ebintu: twesekerera; twelimba ffekka; tweyozaayoza; ffe twelumya ffekka; twenonya ffekka. Lwaki naffe tetusaanidde kwesonyiwa?
2. Naffe tusobola okwesonyiwa mu ngeri y’emu nga bwe tusonyiwa abalala. Tulina okuba abeesimbu gye tuli, nga tutegeera ekikyamu kye twakola, ne twatula ekibi kyaffe era ne twenonya (okukyuka okuva) mu makubo gaffe amabi. Bwe kityo, okwesonyiwa kyanjawulo ku kusonyiwa kwaffe eri abo abaatusobya naye ne bagaana okwenonya; okwesonyiwa kufaanana n’engeri Katonda gy’atusonyiwamu —nga Katonda bwe yategekebwa okutusonyiwa okuzzaawo enkolagana entuufu wakati waffe naye, kale okwesonyiwa kwaffe kutegekeddwa okuzzaawo obujjuvu bwaffe (“enkolagana entuufu naffe kennyini”). N’olwekyo, okwenonya n’okwejjusa bisaanidde okukolebwa mu kwesonyiwa.
3. Okufaanako n’engeri endala ez’okusonyiwa, naffe twesonyiwa ebikolwa ebibi bye tukoze, ebikolwa bye twenonya ffekka era bye tuvunaanibwa, so si lwa ani oba kiki kye “tuli.” Tusobola okugoberera enkola y’emu eya JOEWL gye tukoze okusonyiwa abalala okusobola okwesonyiwa. Okweyongerayo, tewandibaddewo kulonzalanza mu kwegamba nti “Katonda akusonyiwa nange bwe ntyo.” Ekyo tusobola okukiddamu eri ffe kennyini ng’ebiseera eby’okubuusabuusa bize. Tusobola okukozesa munnaffe, omusumba oba mukwano gwaffe gwe twesiga okutuyamba nga twesonyiwa ffe ffekka. Tusobola okukola ekitundu ky’omusajja oba omukazi asonyiyibwa, ne tulekera awo okwekuba ku mutwe olw’ekintu Katonda yennyini kye yasonyiwa era ne tukola buli kimu mu busobozi bwaffe okutereeza n’okusaba okusonyiyibwa okuva eri omuntu gwe twasobya.
4. Okwesonyiwa kuyinza okuba n’omugaso ogw’enjawulo ogw’okutuwa ekifaananyi ekitegeerekeka obulungi ku ngeri yaffe entuufu ng’oggyeeko Kristo. Tutera okukisanga nga kizibu okukkiriza nti tukoze ekikyamu—ebiseera ebimu nga tweyisizza bubu nnyo. Twelimbalimba ne tukkiriza nti tetulinga “bantu babi” abasobola okulimba, okufera, okubba, okusobya ku bakazi, okutta, oba okukola ebibi ebirala. Twetaaga okukitegeera obulungi (Mat 5:12-32; Makko 7:14-23). Bwe tutegeera obulungi ekibi kye tukoze mu mitima gyaffe, kituyamba okweteegeera, nokuggyawo amalala gaffe, ne tugoberera ekkubo ery’obwetowaze. Ngokusonyiwa abalala bwe kuyinza okubeera “akabonero akeberu akalabika” ak’ekyo eky’omunda era eky’omwoyo nga ky’ekisonyiwo Kristo kye yatuwa, kale okwesonyiwa kutuyamba okufuula ekisonyiwo kya Kristo okubeera ekya namaddala mu bulamu bwaffe ng’abantu.

<sup>14</sup> Ekitundu kino kyesigamye ku Worthington 2003:222-25; Smedes 1984: essuula 8; Smedes 1996: essuula 12; ne Jeffress 2000:183-84.

## VI. Okusonyiwa n'Okwenenya<sup>15</sup>

### A. *Okwenenya bulijjo kukolagana n'oyo eyasobya (oyo asonyiyibwa) so si oyo akoseddwa (oyo agaba okusonyiyibwa)*

1. “Okwenenya” tekuzingiramu kuwulira nga wejjusa kyokka olw'ekikyamu ky'okoze wabula “okukyusa endowooza” oba “okukyuka.” Mu ngeri endala, okwenenya kwe kuva ku ludda olukyamu omuntu lw'abade atambulirako okusobola okugoberera ekkubo eppya, ettuufu (Zodhiates 1993: *metanoéō; metánoia*).

2. Ku ddaala lyakwo erisinga obuziba, okwenenya “kitegeeza okwejjusa mu bwesimbu nti kye wakola kyali kikyamu, ka kibe nti olina okubonaabona oba nedda olw'ebyo bye wakola. Kizingiramu okukyusa omutima—*kino kisoboka ng'otegedde nti ekibi guba musango omuntu gwazza ewa Katonda yennyini (2 Byom 6:37-39; cf. Yer 31:19)*. Ennaku Katonda yakukwatiwa tetegeeza kuwulira buwulizi bubi kyokka, naye ereeta enkyukakyuka mu ndowooza, ekyo ne kivaako enkyukakyuka mu nneeyisa yo.” (Sande 2004: 118-19, okuggumiza yakwongeddeko)

3. Okwenenya kuzingiramu emitendera ena, era “tulina okuyita mu mitendera gyonna ena nga tetunnamaliriza” (Smedes 1984: essuula 7). Emitendera egyo ena giri bwe giti:

a. *Endaba y'ebintu*: Olina okusooka okulaba ebikolwa byo ng'oyita mu maaso g'omulala. Otegeera nti engeri gye bakulabamu ku by'okoze ntuufu.

b. *Engeri gye bawuliramu*: Ova ku ngeri gye bakulabamu n'odda mu bulumi bwe bawulira. Owulira obulumi bwe waletera omuntu omulala okuwulira. Ogabana ku bulumi bwe watuusa ku mulala.

c. *Okwatula*:

(1) Okwatula si kukkiriza kwokka nti waliwo ky'okoze wabula nti era n'okuluwa n'omulala, okweteeka mu bigere bye nga tolina ky'osobola kukola. Omuntu gwe walumya n'omugamba nti bye wakola tebigumiikirizika era nti naawe ogabana ku bulumi bwabwe.

(2) Bwe kiba kisoboka okuliwa wandikoze okwolesa obutuufu bw'okwenenya kwo. Eky'okulabirako ekirungi ye Zaakayo, eyagamba mu ngeri eyeetongodde era mu kyeyagalire nti, “ekitundu ky'ebintu byange ndibiwa abaavu, era omuntu yenna gwe nnafera mu kintu kyonna, oyo nja kumuliyira emirundi ena” (**Lukka 19:1-10**) (soma Sande 2004: Ebifundikira C, “Ennono z'okuliyirira”).

d. *Ekisubizo*: Okwenenya kwo bwe kuba nga kwa bwesimbu, kuteekwa okuggwa n'okwegomba okw'amaanyi obutaddamu kulumya n'ekigendererwa eky'amazima n'okusubiza obuddamu kukikola.

#### 4. Okwenenya kyetaagisa nnyo mu mbeera nnya:

a. *Okwenenya kyetaagisa nnyo okusobola okufuna ekisonyiwo kya Katonda*. Tulokolebwa olw'ekisa kya Katonda kyokka. Kyokka, okwenenya kwaffe gwe mukutu ekisa kya Katonda mwe kiyita. Waliwo enjawulo wakati w'okusonyiwa okw'obwakatonda n'okusonyiwagana kw'abantu n'abantu. Enjawulo eno erabibwa mu njawulo eriwo wakati wa Katonda n'omuntu, eyeeyolekera mu njawulo y'ebyawandiikibwa ebiraga ebyetaagisa wakati w'okusonyiyibwa Katonda n'okusonyiwagana ne bannaffe. Worthington agamba nti: “Abantu si Katonda. Katonda asobola okumanya ebigendererwa by'abantu; abantu tebasobola. Katonda asobola okutunuulira mu mitima gyaffe era n'atusaba okwenenya. Sisobola kutunuulira mutima gwa muntu mulala ne mmanya ekigendererwa kye ekituufu. (Siyinza na kumanya bigendererwa byange ebituufu.) Kale okusonyiwa kw'abantu n'abantu, okuyita mu byawandiikibwa, tekwetaagisa kwenenya kw'oyo asobya ng'eky'etteeka. . . . Mu Byawandiikibwa tulaba enjawulo wakati w'okusonyiwa okw'obwakatonda n'okusonyiwa wakati w'abantu. Fred DiBlasio, yabala byawandiikibwa ebikwata ku kusonyiyibwa Katonda n'abantu. Ebisinga obungi ebikwata ku kusonyiyibwa okw'obwakatonda biteekawo obukwakkulizo nga buli ku kwenenya. Endagaano Empya ejjudde ebigambo ebikwata ku kukusonyiwagana kw'abantu n'abantu. Okusonyiwa ng'okwo, okusinziira ku nnyiriri ezaawandiikibwa DiBlasio, kwesigamiziddwa ku bwetoowaze. Abantu tebasobola kumanya bigendererwa bya mutima gw'oyo asobya. Kale oyo atulugunyizibwa alina okuba omusaasizi era omwetoowaze, nga mwetegefu okusonyiwa nga nga tafuddeeyo ku kwenenya kw'oli eyamusobya.” (Worthington

<sup>15</sup> Ekitundu kino okusinga kyesigamye ku Jeffress 2000: essuula 4; Worthington 2003:51-52; Smedes 1996 essuula 11; ne Smedes 1984: essuula 7.

2003: 51-52).

**b. Okwenenya kwetaagisa nnyo mu kusobola okutabagana n'omuntu omulala.**

- (1) Kubanga okusonyiwa kye kintu ggwe eyatulugunyizibwa, ky'okola munda mu omutima gwo, mu ndowooza yo, n'emmeeme yo, omuntu omulala teyeetaaga kwenenya ng'akakwakkulizo alyoke afune ekisonyiwo kyo. Singa okwenenya kwali kwetaagisa ggwe olyoke osonyiwe omulala, kyandibadde *tekisoboka* eri ggwe ne bwe wandibadde oyagala okusonyiwa, singa eyakusobya yafa, oba nga yasenguka, oba nga yalemala oba nga yagaana okwenenya. Mu butuufu: “Abantu bakubirizibwa okusonyiwa era bavunaanyizibwa singa tebakikola (Mat 6:12, 14-15; Lukka 6:37-38). Singa okusonyiwa eyakusobya kwali kwesigamye ku kusooka kwe okwenenya, olwo twalibadde tuli mu kabi ng'eyasobya agaanye okwenenya. Wabula aKatonda teyandituvunaanye olw'ekyo ekiri mu buyinza bwaffe.” (Worthington 2003: 51).
- (2) Ate ku ludda olulala okusonyiwa omuntu tekitegeeza nti olina okukolagana naye: okusonyiwa nga tolina bukwakkulizo ku munno mu bizinensi eyakufera tekitegeeza nti olina okusigala mu bizinensi naye; okusonyiwa omuntu gw'obeera naye (nga ne balo mw'omutwalidde) akukuba, tekitegeeza nti olina okusigala ng'obeera naye. Okuzzaawo omukwano gwe musingi gw'okutabagana. Ekyo kyetaagisa okuddamu okussaawo obwesige n'okuddamu okussaawo obwesige bw'oyo eyasobya. Eyasobya alina okukola ebizzaawo enkolagana. *Kitwala omuntu omu okusonyiwa; naye kyetaagisa abantu babiri okutabagana.*<sup>16</sup>

<sup>16</sup>Eyo y'ensonga ob'olyawo lwaki Katonda ayagala twenenye bw'abeera atusonyiwa: ekisonyiwo kye tekitleka ffeka, mu mbeera ey'okusonyiyibwa naye nga tetulina nkolagana naye; wabula ekisonyiwo kye kitukomyawo mu nkolagana ennungi naye. Ekyo kitwaliramu okulondebwa kwaffe eri ye, okuzaalibwa kwaffe, n'okutuwa obusika era n'okusiba envumbo ey'Omwoyo Omutukuvu (**Abafeeso 1:3-14**). Nga Smedes bw'akinokolayo nti; “Abantu bwe baagala okusonyiyibwa Katonda, babeera baagala kutabagana naye mu kiseera kye kimu. Naye Katonda ayagala okutabagana okulimu obwesimbu. Era okwenenya si kirala wabula bwe bwesimbu obwa bulijjo kw'ebyo bye twakola ebyamenyawo enkolagana ne Katonda. Eno y'ensonga lwaki omuntu tasubira kusonyiyibwa Katonda okutuusa ng'asoose okwenenya.” (Smedes 1984:92-93).

Obugazi bw'ekisonyiwo kya Katonda gye tuli – ekitwaliramu okuzizibwawo kw'enkolagana yaffe ne Katonda— kwapimibwa Sande mu bifaananyi ng'ali n'omuntu gwe yali abudabuda ayitibwa Rick eyali alemereedwa okusonyiwa (n'okutabagana) ne mukazi we Pam (eyali ayenze): “Nnali nsobola okulaba obunyikavu bwe ku maaso.” “Rick nkakasa nti mwembi muli mu bulumi obw'ekitalo. Naye nze sirowooza nti okwawukana kwe kugenda okutereza ensonga. Obulumi bwo ogenda kubeera ng'obuwanyisizzaamu n'obulala. Waliwo engeri gy'osobola okunyweza obufumbo bwo era ne weerabira eby'emabega. Naye ekyo tosobola kukifuna mu kusonyiwa okukalu kw'owadde Pam.”

“Kiki kyotegeeza, 'okusonyiwa okukalu'?”

“Rick, tebeereza ng'oyatudde ekibi ekinene era omulundi ogusookera ddala Katonda n'ayogera naawe mu ddobozi ery'omwanguka nti: 'Rick nkusonyiye, naye sigenda kuddamu kukuliraana nate.' Owulira otya?”

Oluvannyuma lw'akasiriikiriro y'addamu nti; “Nsubira nti Katonda abeera tansonyiyidde ddala.”

“Naye eyo si y'engeri gy'oli mu kusonyiwamu Pam?” Nabuza

Rick n'akoteka omutwe ng'anoonya eky'okuddamu.

Mu ddobozi esseenekerevu nnayongera okwogera nti, “Tebeereza singa Katonda okugamba nti 'Rick nkusonyiye, nkusubiza obutaddamu kulowooza ku bibi byo nate, oba okubifumiitiriza oba okubikujjukiza ne mbikunyenyeza oba okubyogerako, era nsubiza nti ekibi kino tekiremesenga nkolagana yange naawe.”

Oluvannyuma lw'akasiriikiriro, ebiyengeyenge by'alabikira mu maaso ge. “Nandikitegedde nti ansonyiwidde ddala mu bujjuvu . . . naye sandigwanidde kisonyiwo kya ngeri eyo okusinziira mu ngeri gye mpisizzaamu Pam.”

Nnemubuuza nti, “olowooza waliwo lw'obeera okigwanira?” “Ekisonyiwo Katonda kyatuwa kirabo ekyagulibwa okutuweebwa olw'okufa kwa Yesu ku musaalaba. Takusonyiwa lwa kukikolerera. Akusonyiwa kubanga akwagala. Bw'otegeera obulungi obugagga bw'ekisonyiwo n'obutasaanira bwaffe eri ekisonyiwo kya Katonda, naawe obeera oyagala okusonyiwa Pam mu ngeri y'emu gye wasonyiyibwamu,” (Sande 2004:202)

Kale nno nga bwe tulabye waggulu, waliwo enjawulo wakati wa Katonda n'omuntu, kale bwe kityo waliwo enjawulo wakati w'ekisonyiwo ky'obwakatonda n'okusonyiwagana kw'abantu ne bannaabwe. Wabula okukwatagana kw'okusonyiyibwa n'okutabagana tekwalika: Rick bwe yategeera ekikula ky'okusonyiwa kwa Katonda kyamuleetera okusaba Pam okumusonyiwa olw'okubukaawo n'okumusiirikirira kwe yamukolako newakubadde nga yali agamba nti “amusonyiye.” (Nga tweyambisa ebighambo bya Worthington, Rick mu kusooka yali “asazeewo okusonyiwa”; naye bwe yasaba Pam okumusonyiwa olw'obukaawo n'okumusiirikirira olwo yali atuuse mu mbeera “Y'okusonyiwa Okuva mu nneewulira”). Kale kino kyaleetera Pam okufulumya ebirwoozo bye eby'okwesalira omusango, eby'ensonyi n'okutya era ne kiyamba okuzizibwawo kw'obufumbo bwabwe (Ibid: 203).

c. *Okwenenya kyetaagisa nnyo okusobola okudda mu kifo kyo.* Kino ky'ekinyusi ky'okutabagana. Wadde ng'okusobya okw'obuntu ku ggwe, omuntu ssekinnoomu, kulina okusonyiyibwa awatali bukwakkulizo, ebibi ng'ebyo biyinza okubaako ebivaamu. N'olwekyo, wadde ng'olina okukola ng'oyita mu nkola y'okusonyiwa eya **JOEWL** omuntu ayakubbako ssente, oba eyasobya ku muwala wo, oba ayakuleetera ggwe obulabe oba obuvune obulala bwonna, okusonyiwa kwo eri omuntu oyo tekirobera mateeka kumuvunaana olw'ebiva mu kikulwa kye; mu mazima ddala, ayinza okubonenezerebwa ewatali kumuttira ku liiso (ayinza okuttibwa, okusibwa, engassi, okuswala, okugobwa mu kifo, n'ebirala) olw'ebyo by'akoze. Bwe kityo, mu **Mat 18:15-20, 1 Kol 5:1-5, ne 2 Kol 2:5-8** Yesu ne Pawulo bakakasa nti ab'ekkanisa abakola ekibi baalina okukangavvulwa (naye ng'ekiruubirirwa kwe kubakomyawo ku mulamwa) ekkkanisa, ng'ekibi kyabwe kikosezza ekkkanisa.

d. *Okwenenya kyetaagisa nnyo okusobola okuwummuzibwa okuva mu kwesalira omusango n'okuswala.* Byombi obuswavu (embeera y'okuwulira ng'olina ekikyamu, okuggwebwako ekitiibwa, n'okufiirwa emikwano) n'okwesalira omusango (ensonga ey'okubeera mu kikyamu,) tebigenda kutandika kuva ku musobya okutuusa ng'akkirizza, n'ayatula, era ne yeenenya omusango gwe. Olwo *asobola* okutandika enkola y'okuzibwa mu bantu n'ekitundu kye yekutulako; olwo ensanyi ze, awamu n'omusango gwe, ne bisobola okukkakkana oba okuggyibwawo.

## **B. Ebyawandiikibwa tebisaba kwenenya ng'akakwakkulizo k'okusonyiwagana kw'abantu n'abantu**

1. Ebitundu ebiwerako (okugeza, **Makko 1:14-15; 6:12; Lukka 13:3; 24:47; Bik 2:37-38; 1 Yok 1:9**) bikwataganya okusonyiwa n'okwenenya. Kyokka, embeera ezo zonna ziteesa ku kusonyiyibwa *Katonda*, obulokozi, n'okuzzaawo omuntu omwonoonyi mu nkolagana entuufu ne *Katonda*. Tewali lunyirir na lumu ku bitundu ebyo olulagira omumenyi w'amateeka okwatula oba okwenenya nga tannasonyiyibwa mu mbeera ez'abantu n'abantu. Ekirala, zonna zoogera ku bantu *abaagala* okusonyiyibwa, so si bantu *abeetaaga* okusonyiwa.

2. Ebitundu bibiri naddala, oluusi bijulirwa ng'ebifuula okwenenya akakwakkulizo eri okusonyiwa wakati w'abantu n'abantu: **Mat 18:15-20** (“*muganda wo bw'akola ekibi, genda omunenye . . . bw'agaana okuwuliriza ekkkanisa, abeere gye muli ng'Omunawanga era omusoolooza w'omusolo*”); ne **Lukka 17:3-4** (“*Ow'oluganda ayonoona, munenye; era bw'aba yeenenyezza, musonyiwe. Era bw'akusobya emirundi musanvu buli lunaku, n'akomawo gy'oli emirundi musanvu ng'agamba nti, 'Nnenenya, musonyiwe.*”). Oluusi olugero lw'omwana omusaasanya, **Lukka 15:17-21** (“*Kitange, nnayonoona eri eggulu ne mu maaso go; sikyasaanira kuyitibwa omwana wo*”), nga bwe lujulizibwa abamu. Kyokka, tewali n'ekimu ku bitundu ebyo, ekiragira oyo asobezza okwenenya nga tonnamusonyiwa:

a. *Omuntu alina okwegendereza okwawula ebyo ebinnyonyolwa ku ebyo ebiragiddwa. **Lukka 15** ne **17** byogera ku mbeera eyali omumenyi w'amateeka mwe yeenenyezza. Tebagamba nti aba omuntu eyasobezebwako alina okusonyiwa “singa,” omukozi w'ekibi yeenenyezza. Mu ngeri y'emu, tebagamba nti omuntu eyasobezebwako tasaanidde kusonyiwa singa oyo asobezza teyeenenya.*

b. *Mu **Lukka 15**, weetegereze nti, wadde ng'omwana omusaasanya “yeddamu” n'alaga okwenenya, taata yamusonyiwa mu ngeri ey'olwatu nga n'omwana tannaba na kwogera bigambo bya kwenenya eri kitaawe (**Lukka 15:20**).<sup>17</sup> Era weetegereze nti taata ali mu lugero yayoleka byombi “okusalawo okusonyiwa” no “okusonyiwa mu nneewulira” (Worthington 2003: 53-54).*

c. *Omulamwa oguli mu **Matayo 18** ensonga zirabika okusinga nga zikwata ku nsonga y'okukwasisa empisa mu kkanisa, ekibi ekikosa ekkkanisa, ne/oba okuzibwawo mu kussa ekimu oba okuzibwa mu kifo. Ellingworth agamba nti okujuliza kwa Yesu mu **Yok 20:23** “mu mazima ddala kwe kukwasisa empisa mu kibiina ky'Abakristaayo, so si kugaana kusonyiwagana kw'abantu kinnoomu,” ne **Mat 16:19** ne **Mat 18:18** “bifaanagana, naye oboolyawo okujuliza okusinga okutwalira awamu kwali kwogera ku kusalawo ku biki ebirina*

<sup>17</sup> Bwe kiba nga taata ali mu lugero luno akyikirira kitaffe ow'omu ggulu, okwenenya kwetaagisa, nga bwe twakyo geddeko. Naye era tulaba nga *taata* yasooka okwenyigiramu ng'*adduka* okusisinkana mutabani we, “nga n'omwana akyaliko wala.” Bwe kityo Kitaffe ow'omu ggulu yaakola ebisookerwako mu kutulokola. Laba, eky'okulabirako mu **Yok 1:12-13; 6:3, 44; Beef 2:8-9**.

okukkirizibwa n’okukugirwa mu kitundu okusinga ku kusonyiwa kwokka” (Ellingworth 1992:242). Nga bwe twogedde, okwenenya kwetaagisa, kusaanira era kitundu kikulu mu lugendo lw’okutabagana. Enjawulo wakati w’ekyo n’ekyomuntu kiragibwa ne kitundu ekiddirira nga kitandikira mu **Mat 18:21** Peetero weyabuuliza nti, “Mukama mwange nnaasonyiwanga muganda wange *ansobezza emirundi emeka?* Emirundi musanvu? Kristo teyamugamba nti oli amalenga kwenenya okusobola okusonyiyibwa emirundi nsavu emirundi musanvu” (**Mat 18:22**).

**d.** *N’ekisembayo, tulina okujjukira enjawulo eriwo wakati w’okusonyiyibwa n’okusonyiwa.* “Ensonga y’okwenenya nkulu nnyo mu kukkiriza okusonyiyibwa, naye tekwatagana na kusonyiwa” (Jeffress 2000: 73). **Lukka 15** ne **17** zaayogera ku bantu ssekinnoomu abaali *baagala* okusonyiyibwa; abaayoleka okwenenya kwabwe ng’ekitundu ku kusonyiyibwa kwabwe.

### **C. Okusonyiwa tekuyinza “kufunibwa” olw’okwenenya, naye okusonyiwa okutaliiko bukwakkulizo kulaga obwa nnamaddala, amaanyi, eddembe, ekitiibwa, n’okwagala**

**1.** Bangi balowooza nti “omuntu atusobya singa teyeenenya, tasaanidde kusonyiyibwa.” Smedes kino akiddamu nnyo: “Mazima ddala, tasaanidde kusonyiyibwa. Tewali asaanidde. Era ne bw’akaaba amaziga agajjuza ssemayanja tekimufuula asaanira. Okusonyiwa mu mbeera zonna kukolebwa ku bantu bokka abatakisaanidde. Okwejjusa ekikyamu kye twakola tekikuwa lukusa lwa kusonyiyibwa. Kyandisobodde kitya? Tewali kintu kiyitibwa ddembe lya kusonyiyibwa. Okusonyiwa kukulukuta bulijjo era nga kuva mu ekyo abakugu mu by’enzikiriza kye bayita ekisa—okusiimibwa okutakolererwa, okutasaanira. Ekisa ekifunibwa ng’empeera ekyo si kisa n’akatono. Mu ngeri ey’ekyewuunyo, singa twali tusaanidde okusonyiyibwa, twandibadde tetwetaaga kusonyiyibwa.” (Smedes 1984: 90-91)

**2.** Bulijjo wabaawo ebbanja wakati w’ebyo omumenyi w’aMatayoeeka by’asasula omuntu gw’alumizza n’ebyo by’asobola okusasula. Mu nsonga y’omwana omusaasaanya (**Lukka 15**) ne bwe yagamba nti, “Kitange, nnyoonnye,” yakikola naye teyasasula ssente ze yali atutte oba emyaka egy’okulumwa omutima gye yali aleese; mu mazima ddala, omwana yali yabulankanya omugabo gwe ogw’obusika. N’okwenenya kwomukwasi wabakazi tekujja kuggyawo obuswavu obwaleetebwa; okwenenya okw’amazima okw’omutemu tekujja kuzzaawo bulamu bwe yasanyaawo; okwenenya okw’amazima okw’omuntu eyakujjamu eriiso tekusobola kuzzaawo kulaba kwo. Okwenenya tekukola “tetukwenkanayankanya ne byabaawo”; kibeera kya bulalu okulowooza nti bigenda kwenkana. N’olwekyo tekiba ky’amazima okusaba oyo asobezza okwenenya nga tonnamusonyiwa.

**3.** Tsobola kuleetera muntu yenna kwenenya mu ngeri yonna. Omumenyi w’amateeka ayinza okuba ng’afudde, oba nga takyaliwo, nga tasobola kwenenya, nga tamanyi nti akunyiziizza, oba nga tafaayo bufi. Okusonyiwa okutaliiko bukwakkulizo ebyo byonna kubirowoozaako. Kae nno okusonyiwa kwo tekulina kwesigama ku bintu ebitali mu buyinza bwo.

**4.** Okusonyiwa okutaliiko bukwakkulizo kwe kukozeza obuyinza. Kino kikuteeka mu mbeera y’okusalawo okuwaayo ekisonyiwo eri omulala oba okugaana okusonyiwa ggwe kennyini. Okusaba oyo asobezza okusooka okwenenya nga tonnamusonyiwa kikufuula omusibe eri ye. Mu ngeri ey’obugwenyufu, ekyo kikuleetera okwesigama ku oyo ayakulumya. Okwetaaga eyakusobya nti asooke yeenenye nga tonnamusonyiwa kiwa oyo eyakusobya amaanyi okufuga omutima gwo, ebirowoozo byo, n’okwagala kwo.

**5.** Okusonyiwa okutaliiko bukwakkulizo kukusumulula okuva ku oyo akusobya. Kikusumulula okuva mu buddu bw’ebyo ebyayita, ebibi, ebyakulumya, n’ebikyamu. Kikusumulula okuva mu mbeera yo ey’okwesigama ku ndowooza yo yokka. Kikusobozesa okuwona ne weyongerayo mu maaso n’obulamu bwo.

**6.** Okusonyiwa awatali bukwakkulizo kiraga nti ossa ekitiibwa eri oyo eyasobya. Okusonyiwa eyasobya nga tamaze kwenenya kiraga nti omutwala ng’omuntu *asobola* okukyuka. Kiyinza n’okumuzzaamu amaanyi okukyuka.

**7.** Okusonyiwa okutaliiko bukwakkulizo kwoleka okwagala okw’ekika ekya waggulu. Nga bwe kyayogeddwako emabegako, ekimu ku bikulu ebireeta “obusungu obw’ettumbiizi” ekivaako obutasonyiwa kwe kutya. Naye Bayibuli egamba nti, “tewali kutya mu kwagala; naye okwagala okutuukiridde kugobera wala okutya” (**1 Yok 4:18**). Nga Jeffress bw’agamba: “ssinga okwenenya kiba kyetaagisa okukolebwa buli muntu atusobya olwo tumusonyiwe, ekyo kitegeeza nti tulina okusisinkana buli muntu atusobya nga tetunamusonyiyira ddala. . . . Naye twagala tumale obulamu bwaffe bwonna nga tusaba buli atwetoloodde okutwenenyeza? Tukakasa tutya nti abantu banajja nga batinattina nga



batulabye tujja gye bali ‘okwogera ku nsonga ey’obuntu?’ Era ekisinga obukulu, obulamu obw’okulwanagana bwe butyo tebukola makulu era ebyo bikontana n’omusingi gw’okwagala kw’Ekikristaayo, okwagala ‘okutatereka bikyamu’ (1 Abakkolinsoolinso 13:5, 6, NIV).” (Jeffress 2000: 80)

**8. Okusonyiwa okutaliiko bukwakkulizo kugoberera ekYokulabirako kya Kristo.** Yesu yatusonyiwa ne bwe twali tetunnayatulula ne twenenya ebibi byaffe (soma **Makko 2:3-12; Lukka 7:36-48; 23:33-34; Yok 8:1-11**). N’olwekyo naffe tulina okuba abeetegefu okusonyiwa abalala ne bwe baba nga tebannakkiriza nsobi oba okutusaba ekisonyiwo.

## **VII. Okusembeza ekisonyiwo ky’ebibi ekiva ewa Katonda n’abantu abalala**

### **A. Funa era otambulire mu kisonyiwo kya Katonda kyakuwadde<sup>18</sup>**

**1. Okuva bwe kiri nti tulina okusonyiwa abalala kubanga twasonyiwbwa, naye kikulu okusooka okufuna ekisonyiwo kya Katonda mu mitima gyaffe, ne mu mmeeme, ne mundoowoza ne mu ntegeera.** Jeffress agamba nti, “tosobola kuwaayo by’otolina” (Jeffres 2000:143). Kale mu mbeera eno kikulu ‘okuwulira’ oba “okutambulira” mu kisonyiwo kye twafuna Okuva ewa Katonda. Smedes ayongerako nti, “oluganda oluli wakati w’okuwulira nti wasonyiyibwa n’obusobozi bw’okusonyiwa ky’ekisumuluzo kya buli kintu kyonna ekirala” (Smedes 1984: 120). Twetaaga okulaba *obwetaavu* bwaffe obw’amaanyi obw’ekisonyiwo. Twetaaga okubeera n’entegeera entuufu ku Katonda ne ku ffe kennyini – ku butukuvu bwa Katonda n’obulungi bwe obutuukiridde ekitalo, era n’ekibi ekiri mu mutima gwa buli kinnoomu ekyonoona obulamu bwaffe (**Lub 5:1-3; Zab 51:5; Yer 17:9; Yok 8:31-34; Bar 3:9-18; 6:6, 20-21; 7:14-25; Beef 2:1-3; Tito 3:3; 2 Peet 2:18-19**).

**2. Tulina okufumiitiriza ku ngeri ey’amaanyi gye twasonyiwbwamu—endowooza eyo erina okuba ekitundu buli kiseera ku kye tuli n’engeri gye twerabamu.** Okwetegeera, n’obwetaavu bwaffe, n’obuziba bw’okusonyiwa kwaffe kennyini, kitwanguyiza nnyo okusonyiwa abalala (era kyanditufudde bannanfuusi abassukiridde bwe tutasonyiwa balala). Nga Kristo bwe yakiraga, omuntu eyasonyiwbwa ennyo abeera ayagala nnyo, era n’omuntu asonyiyibwa ekitono naye ayagala kitono (**Lukka 7:47**).

**3. Tulina okutegeera embala n’obunene bw’ekisonyiwo kya Katonda. Katonda yatusonyiwa mu bujjuvu era emirembe gyonna—nga tewali bisaanyizo, oba okwerekeraayo oba okusosolamu.**

**a. Baibuli ekozesa okugeraageranya okuwerako okutulaga engeri gye yatusonyiwa mu bujjuvu, era awatali kwekengera oba ebisaanyizo eby’enkiso, ekisonyiwo kya Katonda gye tuli mazima kya nnamaddala kubanga kiri:**

(1) **Zab 103:12:** “Ebibi byaffe abituggyako n’abitwala wala ng’ebuvanjuba bw’eri ewala okuva ebugwanjuba.”

(2) **Yis 38:17:** “Ddala laba okulumwa ennyo bwe ntyo kyali ku lwa bulungi bwange, naye ggwe owonyezza obulamu bwange okugwa mu bunnya obw’okuzikirira. Kubanga otadde ebibi byange byonna emabega wo.”

(3) **Yis 43:25:** “Nze, Nze mwene, nze wuuyo asangula ebyonoono byo ku lwange nze, so sirijjukira bibi byo.”

(4) **Mik 7:19:** “Alikyuka n’atukwatirwa ekisa nate; alirinniyirira ebibi byaffe, n’asuula ebyonoono byaffe byonna mu buziba bw’ennyanja.”

**b. Naye Kristo bwe yamala okuwaayo ssaddaaka ey’emirembe gyonna, olw’ebibi, n’alyoka atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda. Kubanga olw’ekiweebwayo ekyo ekimu, abaatukuzibwa yabawa obutuukirivu obw’emirembe gyonna. Naye kaakano awali okusonyiyibwa ebintu ebyo, waba tewakyali kyetaagisa kuwaayo kiweebwayo olw’ebibi. (**Beb 10:12, 14, 18**)**

**c. Singa tutegeerera ddala obuziba bw’ekibi kyaffe, obunene bw’ekisa kya Katonda, n’ekigera ky’okusonyiwa kwaffe, eky’okuddamu kyaffe kulina kuba okusiima, okwagala, obwetoowaze, n’okusonyiwa.** “Olw’okuba Katonda yasooka kukolera mu kwagala, okusaasira, n’obwenkanya era engeri Abakristaayo gye baanukulamu ekyo Katonda kye yatandika kwe kusiima. Mu Bukristaayo, Katonda bulijjo ye mutandisi. Abantu abamu baakakasa nti okusiima y’enneewulira y’Ekikristaayo enkulu (Zab 50:14, 23; 1 Bas 5:18).” (Worthington 2003: 63)

**d. Okusonyiwa kwa Katonda ebibi n’ebikyamu byaffe kye kYokulabirako kye tulina okukozesa mu kusonyiwa abalala: yatusonyiwa mu bujjuvu era olubeerera, awatali bisaanyizo, awatali**

<sup>18</sup> Ekitundu kino okusinga kyesigamye ku Jeffress 2000: 143-55; Smedes 1996: essuula 8,14; ne Worthington 2003: essla 3.

*kwerekerayo, oba ewatali kusosolamu.*<sup>19</sup>

**B. Noonya okusonyiyibwa kw'abalala**<sup>20</sup>

1. Singa ddala tulaba era ne tutegeera obwetaavu bwaffe n'ekibi kyaffe, obungi n'obuziba bwa Katonda okutusonyiwa, n'obwetaavu bwaffe obutasalako obw'okusonyiyibwa kw'ebibi byaffe ebigenda mu maaso, mu butonde tusaanidde okunoonya okusonyiyibwa abantu abalala be twasobya n'okulumya. Mu butuufu, okwenenya kwaffe eri abalala okutuwa ekisonyiwo oboolyawo kye kimu ku bisinga okutuyamba okusonyiwa abalala. Anti tuyinza tutya okugaana okusonyiwa abantu abalala nga ffe tetugenda eri Katonda yekka, wabula n'eri bantu abalala olw'okusonyiyibwa?

2. Okunoonya okusonyiyibwa ly'eddaala erisooka eritutwala mu kutabagana (okutereeza enkolagana eyali yafa olw'okusobya). Okunoonya okusonyiyibwa kulina okukolebwa amangu ddala ng'omaze okunyiiza omuntu—mu mbeera eno omuntu tekimubeerera kyangu “kukakanyala” gy'oli era tekyanguyira mubiri gwe gwonna, n'endowooza ye okuzimba obutasonyiwa mu ye.

3. Okusaba okusonyiyibwa kizingiramu emitendera egiwerako:

a. *Salawo nti olina okusaba okusonyiyibwa.*

(1) Nga bwe “tusonyiwa” ebikolwa ebibi byokka (nga mw'otwalidde n'okwogera) eby'abo abaaatusobya, kale tulina okunoonya okusonyiyibwa okuva eri abo be twasobya olw'ebigambo byaffe oba enneeeyisa yaffe. Okulowooza kwokka ku *birumya*, okwegomba, oba ebirowooza ebirala ebikyamu ku muntu ekyo tekitekakataka kusaba muntu oyo kisonyiwo. Sande akinokolayo nti, “Oba ekibi ekisaana okwatulwa eri abantu abalala nga bwe kiri eri Katonda kisinziira kukuba oba nga kyali ‘kibi kya mu mutima’ oba ‘kibi ekyalabibwa abantu.’ Ekibi eky'omu mutima kibeerawo mu birowoozo byo era tekikosa butereevu balala. N'olwekyo, ekyo kyetaaga kwatulwa eri Katonda yekka.” (Sande 2004: 127)

(2) Mu kusalawo obanga twetaaga okusonyiyibwa, tetusaanidde kwegaana musango gwaffe oba okwefuula nti bye twakola byonna tebyalina bulabe obulyawo. Tusaanidde okulowooza ku bintu nga twebuza: (A) *Tuswala olw'ebyo bye twakola?* (B) *Tuwulira nga twejjusa olw'ebyo bye twakola?* (C) *Ffe tugezaako okulowooza ku kyaliwo nti kituufu (oboolyawo nga tugezaako okulaga obutuufu)?* (D) *Ffe tukola twegeraageranya n'omuntu gwe tulumya (oboolyawo nga tugamba nti oyo naye mubi nga nze oba ansingako!)?* (E) *Tulimba okubikka ku bye twakola olw'okuswala?* (F) *Obulamu bwaffe bakyuka butya oluvannyuma lw'okukola (mu lukujjukujju olwatuleetera omutima okukaluba)?* (G) *Tuyaayaanira okuva mu nsonyi n'okwesalira omusango olw'ensobi zaffe?* (H) *Twayatula ekibi kyaffe eri Katonda ne tufuna ekisonyiwo kye (mu mbeera eyo nga tulina okusaba ekisonyiwo Okuva eri omuntu gwe twasobya)?*

(3) Omusango gw'ekikyamu eri omuntu atamanyi bikolwa byo (ng'ogw'obwenzi bwe wakola n'omuntu, wadde nga munno tabimanyi) kiyinza okuba ekizibu ennyo. Jeffress awa amagezi waakiri ebibuuzo bisatu by'olina okwebuza mu mbeera ng'eyo: (A) *Okuzzaawo enkolagana kyetaagisa?* Singa oludda olukoseddwa lubeera terumanyi yalukosa, obwo buvunaanyizibwa bwo si kwetonda na kusaba kusonyiyibwa kwokka, naye era n'okutereeza ebyasoba; mazima ddala, okutereeza ebyasoba kiraga obwesimbu ku kwetonda kwo n'okwagala okusonyiyibwa. (B) *Emikisa egy'okusobya kwo okuzuulibwa gyenkana wa?* Obwenzi obwabaawo emyaka amakumi asatu egiyise buyinza obutavaayo mu bufumbo bwammwe okumanyika, so ng'ate obwenzi obwaliwo emyezi mukaaga egiyise bwangu bwakumanyika eri munno, era okuwulira amawulire ago nga gava eri omuntu omulala kiruma nnyo okusinga okugawulira okuva gy'oli. (C) *Okwatula kwo kunaayamba oba kunaalumya oludda olulala?* Agattako nti, “Kino ky'ekinyusi. Oluusi okwagala kwaffe ‘okwatula’ kuyinza okubeera okw'okwefaako ennyo. Wadde nga tuyinza okuwulira obuweerero oluvannyuma lw'okuttottola ebitasaana eri omwagalwa wo, wabula munno ayinza okuyisibwa obubi ennyo. Oluusi

<sup>19</sup> Emu ku ngeri y'okusonyiwamu abalala y'eyo katikisimu y'Abanglicani eri mu *Kitabo Ky'essaala Eza Bulijjo* nga kinnyonyola amasakramentu: “Amasakramentu bwe *bubonero bw'oku ngulu obulabika obw'ekisa eky'omwoyo eky'omunda*, ekituweebwa Kristo nga y'engeri ekakasizza ddala nti twafuna ekisa ekyo” (*Ekitabo Eky'essaala Eza Bulijjo* 1979: 857). Endaba ekisonyiwo eyo etukubirizibwa kristo okugikozesa nga tutabagana ne katonda ate ne bannaffe **Mat 6:9-15; 18:21-35; Makko 11:25-26; ne Lukka 7:36-50.**

<sup>20</sup> Ekitundu kino okusinga kyesiamye ku Jeffress 2000:155-64; Enright 2001: essuula 14; ne Chapman ne Thomas 2006: *passim.*

okwagala okulimu okwefiiriza kuzingiramu okuba abeetegefu okwetikka emigugu gyaffe mu kifo ky'okwagala n'omuntu omulala okugabana ku buzito bwagyo." (Jeffress 2000: 158-59)

**b. Saba okusonyiyibwa.**

(1) Jjukira nti "okusaba okusonyiyibwa kwe kusaba omuntu gw'okoze ekibi okubaako kyakola: okukusumulula okuva mu byovunaanyizibwako" (Jeffress 2000: 161).

Okusaba okusinkana omuntu mu buntu y'engeri y'empuliziganya esinga okwetaagibwa—okwogera mu buntu n'omuntu gwe wasobya kimusobozesa okuwulira amaanyi g'eddooboosi lyaffe, entunula yaffe, ebighambo byaffe, okupima enneeyisa y'omubiri gwaffe, n'okubuuza ebibuuzo ebigererera, byonna (oba bingi) nga bye bintu ebitasobola kutegeerwa nga twogerera ku ssimu oba nga tuwandiise ebbaluwa.<sup>21</sup> Ekirala, okusinkana mu buntu kuyamba okulaga obukulu bw'okusinkana, era bwe kityo n'ekiraga obwesimbu bw'okwagala kwo okusonyiyibwa. Ekyo kituufu naddala, olw'olugendo lw'olina okutambula oba embeera endala nga kirina kye kikutwalira okusinkana oyo gwe wasobya. Nga Jeffress bw'alaga, "Ekiseera n'okwefiiriza n'okufuba ebyetaagisa biyinja biyinja okulabika nga bingi, naye tebigeraageranyizika n'essanyu ly'omuntu ow'omunda ly'afuna nga takyawulira mugugu" (Ibid.).

(2) Okusaba okusonyiyibwa kizingiramu ekisingawo ku kwogera obwozezi mu ngeri ey'ekibogwe nti, "Nsonyiwa." Kirimu obulumi bw'okuswazibwa obubaawo nga tukkirizza nti twali bakyamu. Ekyo kiyinza okuzibuwalamu naddala ng'omuntu ow'obuyinza ali wagguluko (gamba nga., omwami, omuzadde, oba omukozesa) alina okwetoowaza n'okusaba okusonyiyibwa okuva ku muntu eyeesigama ku ye oba ow'oluganda gw'abeezaawo (gamba ngo, omukyala, omwana, oba omukozi). Wadde kiri kityo, "Bwe tuba twagala okuba ab'eddembe, tulina okukkiriza obulumi obukwatagana n'okuswazibwa kuno" (Enright 2001: 254).<sup>22</sup>

(3) Jeffress alaga ebintu bina by'osaba omuntu gw'oyagala akusonyiwe: (A) Gaana okunenya abalala. Ne bwe kiba nti omuntu ow'okusatu, oba wadde omuntu gw'osaba ekisonyiwa, avunaanyizibwa kinene ku butakkaanya, ggwe olina okussa essira ku nsobi yo. (B) Tegeera ekikyamu ky'okoze. Togezaako kutoniya kisobyo kyo oba okwogera mu ngeri ezingiramu bonna ewamu. Oli gwe wasobya amanyi bye wakola; kaakati ayagala okumanya nti naawe ekyo okimanyi bulungi. (C) Kkiriza obulumi bw'oleese. Oli gwe wasobya ayagala okumanya nti otegedde obulumi oba okubonaabona kwe wamuleetera olw'ebikolwa byo. Okukkiriza kwo ekyo (oba n'okwogera ku bulumi oba ennaku, oba ensanyi bye wamuleetera) kijja kumuleetera okweyongera okuwulira ng'ayagala okukusonyiwa. (D) Oyo gwe wasobya musabe ekisonyiwo. Tolina kwatula bwatuzi kibi ky'okoze, wabula olina okumaliriza ng'osaba munno akuyimbule kyeyagalire okuva mu bbanja ly'olina eryamutuusibwako olw'okusobya kwo. Tosobola kulagira mulala kukuwa kisonyiwo; era naawe mu mbeera eyo tosobola kutegeera nti akusonyiwe olw'okuganyula kwe. Mu kifo ky'ekyo, Jeffress awa amagezi okusaba okusonyiyibwa ng'oyogera ekintu nga: "Nkitegedde nti nkoze ekikyamu gy'oli nga nkola bino na biri \_\_\_\_\_. Nja kukola kyonna ekisoboka okulaba nti kino siddamu kukikola, wadde nga nkitegedde tewali kye nsobola kukola okusangulawo obulumi obw'amaanyi bwe nkuleetedde. Kye nnakola kyali kikyamu, era siyinja kunenya mulala yenna okuggyako nze okwenenya. Nzija gy'oli leero nga nkusaba okkirize mu mutima gwo onsonyiwe ebyo bye nkoze." (Jeffress 2000: 163)

(4) Chapman ne Thomas bagoberera enkola efaananako bw'etyo, ey'emitendera etaano egy'okwetonda n'okusaba ekisonyiwo: (A) Laga okwejjusa (okugeza, "Nsonyiwa"); (B) Kkiriza obuvunaanyizibwa (okugeza, "Nnali mukyamu"); (C) Beera atabaganyizika (okugeza, "Kiki kye nyinza okukola okukitereeza?") (D) Weenenye mu mazima

<sup>21</sup> Waliwo enkola ez'enjawulo abantu ab'obuwangwa obw'enjawulo ze bakoseza okutuuzza enkiiko z'okusonyiwagana, gamba; ng'okutuuzza ab'ennyumba, abakulembeze b'ebyallo, oba eb'ebika, oba ab'eggwanga, abb'ekkanisa oba n'abalala ne "babeera wakati ng'abakubiriza." Ekkanisa erina obuvunaanyizibwa mu kuleetawo okusonyiwagana.

<sup>22</sup> Tulina okujjukira (era ne tugumira ku kino) nti: tubeera tugondera Kristo. Kubanga Kristo yagumira okuswazibwa mu *lujjudde* ng'asekererwa, akubibwa, era n'akomererwa ng'ali bukunya ku musaalaba olw'ebibi by'abalala bye baali abakoze; bwe tusaba omulala ekisonyiwo, naffe tuba ng'abaswala mu *kyama* (okuggyako nga twakola ekibi eky'olwatu, mu ngeri eyo ekisonyiwo tukisaba mu *lujjudde*) olw'ekibi kye twakola ng'abantu. Mu butuufu, "*omuddu tasinga mukama we*" (Yok 13:16; soma ne Mat 10:24; Lukka 6:40; Yok 15:20).

(okugeza, “Sigenda kukiddamu nate”); ne (E) *Saba ekisonyiwo* (okugeza, “Munnange nkusaba ekisonyiwo”) (Chapman ne Thomas 2006: *passim*).

(5) Sande alina ensengekera y’emitendera musanvu, gy’ayita “A” omusanvu ez’okwatula”; (A) *Yogera na buli akwatibwako*. Yatula ebibi byo eri buli muntu eyakosebwa obuteerevu olw’ebikolwa byo ebibi; (B) *Weewaleebigambo Singa, Naye, ne Mpozzi*. Ekigambo “singa” (okugeza, “Munsonyiwe ‘singa’ mbeera nnabanyiiza”) ekyo kyonoona okwenenya kwo kubanga kitegeeza nti tomanyi oba wakola kibi oba nedda. Mu ngeri y’emu, okwogera ebintu nga “mpozzi” nnali mukyamu,” “*oobolyawo* nmandibadde nsobola okufuba ennyo,” “Saandisunguwadde, *naye* nnali nkooye,” era “Nsonyiwa okukuleetera okuwulira obubi, naye ddala naawe onyiiza,” ekyo kyonoona “okwenenya” kwonna okusigaddeyo era ne kisaanyaawo obusobozi bw’okulaga obwesimbu mu kwenenya; (C) *Kkiriza ekituufu ekyaliwo*. Gy’okoma okubeera ku nsonga yennyini era gy’okoma okufuna okuddibwamu okulungi; (D) *Kkiriza obulumi bwe waleeta*—olina okulaga nti otegedde engeri gye walumyamu oba gye wakosaamu omuntu omulala; (E) *Kkiriza Ebivaamu*. Okukkiriza mu bulambulukufu ebiva mu bikolwa byo, omuli n’okugezaako okuliwa, biraga okwenenya okwa nnamaddala; (F) *Kyusa Enneeyisa Yo*. Buulira omuntu gwe wanyiiza engeri gy’oteekateeka okukyusaamu enneeyisa mu biseera eby’omu maaso; (G) *Saba ekisonyiwo (era Okiwe Obudde)*. Bw’okola ebyo ebisooka mu bwesimbu kikusobozesa okusaba mu bulambulukufu okusonyiyibwa. Bw’omala okusaba okusonyiyibwa olwo kyusa obuvunaanyizibwa obuddako okubeera obw’oli gwe wasobya. Kyokka, tolina kuwaliriza oli kusalawo mangu. Omuntu gwe wanyiiza ayinza okwetaaga obudde okulowooza, okusaba, “n’okufumiitiriza” ku nsobi yo n’okwenenya kwo. (Sande 2004: 126-34).

(6) Kiyinzika okuba nti omuntu gwe twandisabye ekisonyiwo yafa, takyalabika, oba n’agaana okwogera naffe. Oba, omuntu oyo ayinza okwanukula okusaba kwaffe okw’ekisonyiwo mu ngeri ey’obutategeeragana, mu ngeri embi, oba ey’obulabe. Wadde ng’ekyo kyakusaalirwa, bwe tuba nga mu butuufu, era mu bwesimbu, tukoze kyonna kye tusobola okwejjusa n’okukkiriza obuvunaanyizibwa ku bye twakola, n’okuliwa, n’okwenenya (ne tukyusa n’amakubo gaffe), era ne tusaba okusonyiyibwa n’okuggalawo ensonga ezo, mu mbeera eyo tusobola okuba n’omuntu waffe ow’omunda omulongoofu wa nga “tukimanyi nti Katonda oba omuntu omulala yenna tayinza kukuvunaana kibi kye wagezaako okwenyenyeza oli gwe wasobya ye n’agaana okukuwuliriza” (Jeffress 2000: 164).

c. *Kula mu Kristo, era ofiuke omuntu omulungi, nga kiva mu ebyo by’oyiseemu.*

(1) Enright agamba nti, olw’okusobya kwaffe n’okunoonya okusonyiyibwa, ffe tulina: (A) *Okunoonya ebyokuyiga ebiri mu kulemererwa kwaffe n’ensobi zaffe* (obuwanguzi bwaffe tebutera kutuyigiriza bingi ng’ensobi zaffe bwe zituyigiriza); (B) Kimanye nti tweyongera amaanyi olw’ebyo bye tuyitamu (olw’obuvumu bwe kyetaagisa okukkiriza ekikyamu n’okwolekera omuntu oyo gwe twakosa, kino kitwongera amaanyi okwolekagana n’okulemererwa okuyinza okubaawo mu biseera eby’omu maaso awatali kutya); (C) Jjukira nti tetuli ffe kka [kwe kugamba., tuyinza okwetaaga okuyita mu mitendera<sup>23</sup> era ne tuba ng’abalala]; (D) Salawo era otwale eddaala eriddako obutaddamu kusobya; ne (E) *Kkiriza okwesalira omusango, obuswavu n’ensonyi ebibaawo ng’oyatula ekibi era okkirize ekisonyiwo*. Bino byonna birina kutusembeza kumpi na Kristo mu biseera eby’omu maaso.

(2) Ebintu ebitaano bye bimu Enright by’agamba nti tubizuula oluvannyuma lw’okufuna ekisonyiwo, singa olw’ensobi yaffe, naye olwensonga ze ye, oyo gwe twasobya ayinza okugaana okutuwa okutuwa ekisonyiwo. Singa ffe tutuukiriza obuvunaanyizibwa *bwaffe*, eddembe n’okukula ebiva mu kwetonda, okuddizibwaawo, n’okwenenya tebiyinza kugaanibwa kutuweebwa olw’okuba nga gwe twasobya agaanye okutusonyiwa.

(3) Sande agamba nti tusobola okufuna eddembe okuva mu kibi kyaffe nga “tukolagana

<sup>23</sup> Olw’okuba ng’okusonyiyibwa mpagi nkulu nnyo mu Bukristaayo, ekkansa erina okukola ekiri mu busobozi bwayo okuwagira n’okukulemberamu eby’okusonyiwagana. Okunoonyereza kukiraga nti “abantu abayambibwako ab’ekkanisa basonyiwagana okusinga abatakozesa kkanisa” (Worthington 2003:70).

ne Katonda okukyusa endowooza n'enneeyisa (yaffe) mu biseera eby'omu maaso” (Sande 2004: 134). Akiraba nti Katonda ayagala nnyo okutuyamba okukula n'okukyuka era nti tewali kibi oba muze mu bulamu bwaffe ogutayinza kuwangulwa ekisa kye. Obuvunaanyizibwa bwaffe bwe buno: (A) okusaba; (B) okusanyukira mu Mukama; (C) okuyiga; ne (D) okugezesa ebyo bye tuyiga (Ibid.: 134-35).

## OKUTABAGANA

### Ebyawandikibwa Ebikulu Ebijulizibwa

#### **I. Katonda yatutabaganya naye kennyini era n'atuwa obuweereza obw'okutabaganya (2 Kol 5:16-21):**

<sup>16</sup> Okuva kaakano, tuleme okumanya omuntu yenna mu mubiri, bwe tuba nga ddala twamanya Kristo mu mubiri. Naye kaakano tetukyamumanyi bwe tuyo. <sup>17</sup> Noolwekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga bigenze, laba ng'afuuse muggya. <sup>18</sup> Ebintu byonna biva eri Katonda eyatukomyawo gy'ali nga tuyita mu Kristo, era ne tuweebwa obuweereza obw'okutabaganya. <sup>19</sup> Kubanga Katonda yali mu Kristo, ng'atabagana n'abantu, nga tababalira, bibi byabwe, n'atuteresha ffe obubaka obw'okutabaganya. <sup>20</sup> Noolwekyo ku bwa Kristo tuli babaka, era Katonda atuma ffe okwogera nammwe. Kye tuva tubeegayirira, ku bwa Kristo, mutabagane ne Katonda. <sup>21</sup> Kubanga oyo ataamanya kibi, yafuuka ekibi ku lwaffe, tulYoke tufune obutuukirivu obuva eri Katonda mu Yesu.<sup>24</sup>

#### **II. Katonda vajjawo emiziziko gyonna egiziyiza okutabagana ne mwabo abalina empalana eyitiridde (Beef 2:11-22):**

<sup>11</sup> Noolwekyo mujjukire, ng'edda mmwe abaali Abaamawanga mu mubiri, abaayitibwanga abatali bakomole abo abeeyita abaakomolebwa, kYokka nga baakomolebwa mu mubiri na ngalo z'abantu, <sup>12</sup> nga mu biro biri temwamanya Kristo. Temwabalirwa mu ggwanga lya Isirayiri, era ng'Abaamawanga, temwalina mugabo mu ndagaano ya Katonda ey'ekisuubizo. Mwali wala ne Katonda, nga n'essuubi temulina. <sup>13</sup> Naye kaakano mu Kristo Yesu, mmwe abaali ewala mwasembezewa olw'omusaayi gwa Kristo. <sup>14</sup> Kristo gy'emirembe gyaffe, oyo eyatufuula ffe Abayudaaya nammwe Abaamawanga, okuba omuntu omu, ng'amenyeeewo ekisenge ekya wakati eky'obulabe, ekyatwawulanga. <sup>15</sup> Yadibya n'etteeka mu Matayoeeka, alYoke yeetondemu omuntu omuggya ava mu babiri, ng'aleeta emirembe, <sup>16</sup> alYoke atabaganye ababiri okufuuka omubiri gumu eri Katonda olw'omusaalaba, bwe yazikiririza obulabe ku gwo. <sup>17</sup> Yajja okubuulira emirembe abo abaali ewala ne Katonda, n'abo abaali okumpi naye. <sup>18</sup> Ku bw'oyo Kristo ffenna tuyita mu Mwoyo omu okutuuka eri Kitaffe. <sup>19</sup> Noolwekyo temukyali baamawanga oba abagwira, wabula muli ba kika kimu n'abatukuvu, abantu ba Katonda, era muli ba mu nnyumba ya Katonda. <sup>20</sup> Mwazimbibwa ku musingi ogw'abatume ne bannabbi, nga Kristo Yesu ly'ejjinja ekkulu ery'oku nsonda. <sup>21</sup> Mu oyo ffenna tuzimbibwa wamu ne tugattibwa wamu ne tubeera essinzizo ettukuvu mu Mukama waffe. <sup>22</sup> Era nammwe mwazimbibwa wamu mu kizimbe ekyo Kristo ky'azimbye okubeeranga ekifo Omwoyo wa Katonda mwabeera. (Bar 10:12; 1 Kol 12:13; Bag 3:28; Bak 3:11)

**A. Enjawukana esinga obunene wakati w'abantu ab'enjawulo mu Ndagaano Enkadde, eri emu yokka ng'erina amakulu ag'eb'enzikiriza, yali njawukana wakati w'Abaisiraeri n'Abamawanga; mu Kristo enjawukana eyo tekyaliwo; n'olwekyo, abantu ab'ebika byonna benkanankana mu maaso ga Katonda.**

Kubanga obulabe obusinga obunene era bbugwe asinga okwawula abantu aggyiddwawo mu Kristo, obulabe obutonotono ne bbugwe ayawula mu ngeri y'emu biggyiddwawo; n'olwekyo, mu Kristo tewali biziya kutabagana wakati w'ebibinja by'abantu oba abantu ab'engeri ez'enjawulo.

**B. Ekigendererwa kya Kristo kiri nti ffenna tubeere “omuntu omu omuggya” era tubeere mu mirembe; n'olwekyo, okubeera kwaffe nga tuli kimu era nga tuli mu mirembe ne bannaffe “kaborero ak'okungulu era akalabika” nti mu butuufu tuli mu Kristo.**

<sup>23</sup> Olw'okuba ng'okusonyiyibwa mpagi nkulu nnyo mu Bukristaayo, ekkansa erina okukola ekiri mu busobozi bwayo okuwagira n'okukulemberamu eby'okusonyiwagana. Okunonyereza kukiraga nti “abantu abayambibwako ab'ekkanisa basonyiwagana okusinga abatakozesa kkanisa” (Worthington 2003:70).

<sup>24</sup> Erinnya lye bavvuunula “okutabagana” ye ‘katallage’ kitegeeza “okutabagana okuva mu mbeera ey'obulabe wakati w'abantu okuzzaawo omukwano” (Zodhiates 1993: katallagē; soma ne Danker 200: katallagē, “okuzzaawo enkolagana eyali yavaawo oba omukwano ogwali gwafa, okutabagana”). Ekigambo katallagē kitegeeza katallasō ekitegeeza “okuggyawo obulabe ne tuzzaawo enkolagana ennungi, kutabagana” (Ibid.: katallasō).

**C. Katonda kye yatukolera (ekyogerwako mu kitundu waggulu), kisaana okufuula okutabagana wakati waffe n’abalala abantu ng’ekikulu ennyo mu bulamu bwaffe (nga Pawulo bw’ayogerako mu bitabo ebirala eby’Abaefeso)**

Sande annyonyola engeri gye tukwatamu ensonga ffe ng’abatabaganya abaleetawo emirembe egirina okukulukuta nga giva mu ky’okubeera kwaffe nga twatabagana ne Katonda okuyita mu Kristo: “Ebbaluwa Pawulo gye yawandiikira Abaefeso essira erisinga kulissa ku kuteekawo mirembe. Essuula esatu ezisooka ziwa ennyinyonyola ey’ekitiibwa ku nteekateeka ya Katonda ey’obulokozi. Mu ssuula ey’okuna, Pawulo atandika okunnyonyola engeri gye tusaanidde okwanukulira ekyo Kristo ky’atukoledde. wetegerere n’obwegendereza ebyo Pawulo by’ateeka ku ntikko y’olukalala lw’enkola ez’omugaso ez’enjiri: ‘N’olwekyo, ng’omusibe ku lwa Mukama, nkusaba okubeera n’obulamu obusaanira okuyitibwa kwe waweebwa. Beera mwetoozaze ddala era omukkakkamu; beera mugumiikiriza, nga mugumiikiriza abalala mu kwagala. Okukola buli kaweebube w’okukuuma obumu bw’Omwoyo okuyita mu musingo ogw’emirembe’ (Beef 4:1-3). Ekigambo ky’Oluyonaani ekyo ekivvunulwa ‘fuba nga bwosobola’ mu kitundu kino kitegeeza okufuba n’obwagazi, n’obunyiikivu n’obwegendereza. Kyekigambo omutendesi w’abakubi b’ebikonde oboolyawo kye yakozesanga ng’asindika abasajja be okulwana okutuusa okufa mu kisaawe abamegganyi mwe baalwaniranga mu mirembe egy’edda: ‘Kola kyonna kyosobola okusigala ng’oli mulamu leero!’ Bwe kityo n’Omukristaayo alina okulafuubanira emirembe n’obumu. Okiraba mangu nti okugezaako obugeza okutabagana tekikwatagana n’ekyo Pawulo kye yalina mu ndowooza ye ng’awandiika.” (Sande 2004: 52)

**III. Okutabagana ne bannaffe kulina amakulu ag’omwoyo era kukwatagana n’okusinza kwaffe eri**

**Katonda (Mat 5:21-26):**<sup>21</sup> “Mwawulira ab’edda bwe baagambibwa nti, ‘Tottanga, na buli anattanga, anaawozesebwa.’<sup>22</sup> Naye mbagamba nti Buli alisunguwalira muganda we aliwozesebwa. Na buli anaagambanganga muganda we nti, ‘Laka,’ anaatwalibwa mu lukiiko lw’abakulembeze b’Abayudaaya n’awozesebwa. Na buli anaagambanganga nti, ‘Musirusiru,’ asaanidde okusuulibwa mu muliro ogwa ggeyeena.<sup>23</sup> “Bw’obanga oli mu maaso ga Katonda, ng’omuleetedde ekirabo eky’okuwaayo nga ssaddaaka, n’ojjukira nga waliwo gw’olinako ensonga,<sup>24</sup> ekirabo kyo sooka okireke awo oddeyo omale okumwetondera mutegeeragane, olyoke okomewo oweeyo ekirabo kyo eri Katonda.<sup>25</sup> “Tegeeragananga mangu n’oyo akuwawaabira nga mukyali mu kkubo aleme kukutwala wa mulamuzi, n’omulamuzi okukuwaayo eri omuserikale, n’omuserikale okukuteeka mu kkomera.<sup>26</sup> Nkutegeeza nti Olibeera omwo okutuusa lw’olimalayo byonna by’obanjibwa.”<sup>25</sup>

**A. Mu kitundu kino Yesu alaga bulungi akakwate akaliwo wakati w’okutabagana kwaffe n’abantu abalala n’okutabagana kwaffe ne Katonda**

**B. Ekitundu kino kiraga obukulu Katonda bw’ateeka ku kutabagana wakati w’abantu n’abantu—kyekifaananyi ky’okubeera “n’omutima gw’obwakabaka”**

Dallas Willard annyonyola obukulu bw’ennonno eri mu **Mat 5:23-24** nga bw’eri: “Muli n’abakungu ba Yeekaalu mu maaso g’ekyoto, nga banaatera okuwaayo ssaddaaka yo eri Katonda. Kino kye kimu ku biseera ebisinga obutukuvu mu bulamu bw’emikolo eri Abakkiriza. Enkola yali bw’eti; nti tewali kintu kyonna kisaanidde kutaataaganya mukolo ogwo okuggyako nga walabiseewo omukolo ogw’omugaso ennyo ogutalinda era oguteewalika.

Amangu ago, wakati ddala mu byonna nga bigenda mu maaso, ojjukira ow’oluganda eyakunyiigira. Okutegeera nga bwe kiri ekikulu emmeeme ye okufuna okusumululwa, era n’okuwummulamu okuva mu bulumi obuli wakati wo naye, oyimiriza omukolo gw’okuwaayo ssaddaaka. Ebya ssaaddaaka obivaako n’omunoonya okutereza ensonga. Ekyo kiraga bulungi omutima ogw’obwakabaka.

Okusobola okufuna mu bujjuvu eky’okulabirako kino tulina okwekuba ekifaananyi nga tugattibwa mu bufumbo oba nga tubatizibwa oba twawulibwa ku buvunaanyizibwa obw’enjawulo, gamba nga tuttikirwa obusumba. Wakati mu mu byonna nga bigenda mu maaso tutabagana n’omuntu yenna ne bw’aba nga taliwo. Ekyo kiraga okwagala kw’obwakabaka n’obutuukirivu obw’obwakabaka.” (Willard 1997: 156)

**IV. Abakristaayo balagirwa Kristo n’Abatume okukola kyonna kye basobola okubeera mu mbeera ey’emirembe bokka na bokka awamu n’abantu abalala**

**A. Kristo yatulagira okubeera mu mirembe ne bannaffe (Makko 9:50): Omunnyo mulungi; naye omunnyo bwe**

<sup>25</sup> Ekigambo kye bavvunula “kutabagana” mu **5:24** nga *diallassomai*. Era kirina amakulu ye *katallassō*, ekitegeeza., “okuzzaawo enkolagana entuufu n’omulala, *tabaganyizibwa*” (Danker 2000: *diallassomai*).

*guggwaamu ensa, ogukolera ki okugufuula omunno nate? Mubeere n'omunno mu mmwe, mubeerenga mu mirembe ne bannammwe.*

**B. “Buli Bbaluwa mu Ndagaano Empya erimu ekiragiwo eri ffe okubeera mu mirembe ne bannaffe”** (Sande 2004: 51)

**1. Bar 12:18:** *Bwe kiba kisoboka, okutuuka ku ggwe, beera mu mirembe n'abantu bonna.* (Soma ne **2 Kol 13:11; 1 Bas 5:13**)

**2. Bar 15:5-7:** <sup>5</sup> *Kaakano Katonda akugumiikiriza n'okuzzaamu amaanyi akuwe obeere n'endowooza emu ne munno nga Kristo Yesu bwe yagamba;* <sup>6</sup> *mulyoke n'omutima gumu n'eddoboozi limu mugulumize Katonda Kitaffe wa Mukama waffe Yesu Kristo.* <sup>7</sup> *Noolwekyo, mukkirizegana nga ne Kristo Bwe yatukkiriza tulyoke tuweebwe ekitiibwa kya Katonda.*

**3. 1 Kol 1:10:** *Kaakano, ab'oluganda, mbakubiriza mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, mwenna mukkiriziganye, era tewabeeranga njawukana mu mmwe, naye mutuukirire mu birowoozo bye bimu ne mu musango gwe gumu.*

**4. Bak 3:15:** *Era emirembe gya Kristo gifuge mu mitima gyammwe, ddala gye mwayitibwa mu bumu omubiri; era mwebaze.*

## **V. Kristo n'abatume baayolesa okutabagana mu bulamu bwabwe**

**A. Kristo yalaga okutabagana mu bulamu bwe obw'oku nsi (Bar 5:8-11):** <sup>8</sup> *Kyokka Katonda alaga okwagala kwe gye tuli mu ngeri eno: bwe twali tukyali boonoonyi, Kristo n'atufiirira.* <sup>9</sup> *Kale obanga twaweewwa obutuukirivu olw'omusaayi gwe, alitulokola okuva mu busungu bwa Katonda.* <sup>10</sup> *Kale obanga bwe twali tukyali balabe ba Katonda twatabaganyizibwa naye mu kufa kw'Omwana we, bwe tutabagana naye tetulisingawo nnyo okulokolebwa olw'obulamu bwe?* <sup>11</sup>

**B. Kristo akyagenda mu maaso n'okulaga okutabagana mu kifo kye nga kabona waffe asinga obukulu (Beb 7:23-25):** <sup>23</sup> *Bangi abaafulibwa bakabona kubanga baafanga ne basikirwa.* <sup>24</sup> *Naye olwokubanga Yesu abeerera emirembe gyonna, alina obwakabona obutakuyakuyaka.* <sup>25</sup> *Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri katonda ku bubwe, kubanga abeera mulamu ennaku zonna okubawolereza.* (Soma ne **Bar 8:34; 1 Yok 2:1**)

**C. Abatume baalaga okutabagana mu bulamu bwabwe:** geraageranya **Mat 20:20-24** ne **Bik 1:13-14; Bik 15:36-40** ne **2 Tim 4:11**; soma ne **Filemoni 10-18**.

**VI. “Bwe tulemererwa okukaanya ku lwaffe, Katonda alagira ekkansa y'omukitundu okubiyingiramu n'etuwa amagezi gaayo, n'ebikozesebwa era n'obuyinza okugonjoola ensonga (Mat 18:16-17; Baf 4:2-3; 1 Kol 6:1-8)”** (Sande 2004: 14).<sup>26</sup>

**A. Olwokuba ngekkansa mubiri gumu ogulina ebitundu ebyanjawulo nga birina ebirabo ebyenjawulo, kikulu okunoonyamu abakazi n'abasajja abagezi, abassibwamu ekitiibwa era abakulu ne batendekebwa ng'ababuzibuzi, oba abatabaganya oba abagonjoozi b'ensonga okuyamba ku bakkiriza mu kkanisa mu nsonga z'okutabagana bokka na bokka (awamu nabantu abalala)**

**B. “Abatabaganya balina obuvunaanyizibwa obuwerako mu kugonjoola ensonga”** (Sande 2004: 191)  
Sande ayogera ku buvunaanyizibwa omuli: 1. Okuyamba abantu abasoowaganye okusalawo okuzzaawo emirembe; 2. Okuteekateeka enteseganya n'okusaba buli ludda okuwuliriza lunnaalwo n'obwegendereza; 3. Okulondamu eby'ensonga mu byogeddwa, nga buli ludda lubuuzwa ebibuuzo eby'ensonga, na buli ludda okuggyawo amazima ag'ensonga ku byaliwo; 4. Okuwa amagezi butya abasoowaganye bwe bayinza okuvvunuuka ekizibu ekizzeewo (nga bwe kiragibwa mu Mat 18:17 ne 1 Kol 6:1-8); 5. Akubiriza okwenenya ku buli ludda n'okwatula ensobi ng'abajjukiza ebyo bayibuli bye takkiriziganya nabyo; 6. Ng'abawa amagezi ga bayibuli mu byawandiikibwa ku nsonga zaabwe ng'alaga ennono zaayo n'ebiyokulabirako byayo kukumalawo obutakkaanya; 7. Ng'ansenziira ku byawulidde ne bye bayiseemu n'abawa amagezi okugonjoola ebizibu (Ibid.).

<sup>26</sup> Okufundikira ekitundu F mu kitabo kya Sande ekiyitibwa *PeaceMaker* (omutabaganya) kyogera ku ngeri gy'otondawo emirembe mu kkanis yammwe. Alina n'ekitongole ekiyitibwa *Peacemaker Ministries*, nga kitendeka abantu okubeera abatabaganya, okusomesa abatabaganya n'okuyamba abantu okutabagana. Endagiriro ya *Peacemaker Ministries y'eno*—P.O. Box 81130, Billings, MT 59108, USA; Essimu—(406)256-1583; email—mail@HisPeace.org; omutimbagano—www.HisPeace.org.

## Okutegeera okutabagana n’okukussa mu nkola mu bulamu bwaffe<sup>27</sup>

### I. Enjawulo wakati w’okusonyiyibwa n’okutabagana

**A. Okusonyiwa bwe bugumiikiriza bw’omuntu bw’akola eri oyo atabadde mwenkanya gy’ali; okutabagana be bantu ababiri okuddamu okuzzaawo enkolagana eyali yafa (kwe kugamba; nga baggyawo ebyo ebibadde bibalemesa okuddiinjana).**

“Kyetaagisa omuntu omu okusonyiwa. Kyetaagisa babiri okutabagana. Okusonyiwa kubeera munda mu muntu eyakosebwa. Wabula okuddiinjana kulabikira wakati mu nkolagana y’abantu. Tusobola okusonyiwa oyo ateenyeyza. Tetusobola kutabagana n’oyo ateenyeyezza ddala. Tusobola okusonyiwa ne bwe tuba ng’omuntu oyo tetumwesiga nti taliddamu butatusobya nate. Naye okuddiinjana kubaawo nga tukakasa nti oyo taliddamu kutulumya nate. Okusonyiwa tekiriiko bukwakkulizo. Okutabagana kuliko obukwakkulizo obugenderako.” Okutabagana kuliko obukwakkulizo obugenderako.” (Smedes 1996: 27)

**B. Okugeerageranya enjawulo eziri wakati wokusonyiwa nokutabagana<sup>28</sup>**

	<u>Ekisonyiwo</u>	<u>Okutabagana</u>
Ani?	Omuntu omu	Abantu babiri oba okusingawo
Kiki?	Kirabo ekigabibwa	Kikolererwa, tekigabibwa
Kitya?	Kukyusa ndowooza	Kukyusa nneeyisa
Wa?	Mu mubiri gwo	Mu nkolagana yo
Ntya?	Okuyita mu nkola ya JOEWL	Olutindo lw’okutabagana

### II. Lwaki okutabagana kiragiro kikulu nnyo

**A. Okutabagana mujulizi ajulira amaanyi ga Katonda era nga kwolesa obuwulize bwaffe eri ekiragiro ekisinga obukulu Kristo kye yatuwa mu kiro ekyakulembera okukomererwa kwe.**

1. Mu kiro kye ekyasembayo okubeera ku nsi nga tanakomererwa, Yesu yagamba nti: Mbawa ekiragiro ekiggya: Mwaganenga nga nze bwe mbaagala. Bwe munaayagananga abantu bonna kwe banaategeereranga nti muli bayigirizwa bange. (Yok 13:34-35)

2. Ewatali kutabagana tulemererwa okulaga ensi obujulizi obusinga obukulu obw’okubeera abayigirizwa ba Kristo.

**B. Okutabagana kutuwa amaanyi okuwangula obulumbaganyi bw’omulabe**

1. Mu ngeri embi, obutatabagana bw’abakkiriza bubaawulayawulamu, ekyo ne kyanguyiza omulabe okubakolako obulumbaganyi.

2. Mu ngeri ennungi, Abakkiriza bwe babeera mu mirembe ne bannaabwe kitonda wo eggye ery’amaanyi, erisobola okuwangula olutalo olw’omwoyo lwe tulwana (**Beef 6:12**), kale nga n’emiryango gy’emagombe tegisobola kuwangula kkanisa (**Mat 16:18**).

**C. Okubeera kwaffe mu mirembe n’abalala nga tubawa omukisa, kivaamu Katonda okutuwa omukisa (1 Peet 3:8-9).**

<sup>8</sup>Eky’enkomerero, mwenna mubenga n’emmeeme emu, buli omu alumirirwenga munne, era mwaganenga ng’abooluganda ddala, mubenga ba kisa era beetoowaze. <sup>9</sup> Temuwooleranga ggwanga. Abavumye, mmwe temumuvumanga. Wabula mumusabirenga mukisa, kubanga ekyo kye mwayitirwa, mulyoke muweebwe omukisa.<sup>29</sup>

<sup>27</sup> Ekitundu kino okusinga kyesigamye ku Worthington 2003: essuula eyo 9-12; Jefress 2000: essuula 5; ne Smedes 1996: essuula 3; era kiggyibwa n’ewa Enright 2001: essuula 15.

<sup>28</sup> Ekimeeza ekiraga enjawulo kya Worthington 2003: 171, table 9.1.

<sup>29</sup> “Omukisa” gwe tufuna Okuva ewa Katonda gukwatagana “n’enneeyisa ey’obutuukirivu Peetero gy’alagira abakkiriza okwolesa mu nnyiriri 8-9a” (Grudem 1988:147). Newakubadde ng’abataputa abamu bgamba nti “omukisa” ogwogerwako gwa bulokozi bw’omuntu ku nkomerero, naye era kirabikira ddala nga Peetero ayogera ku bulamu obutaliimu mbiranye n’omukisa ogubujirako okuva ewa Katonda mu bulamu buno bwe tulimu cp, Michael 1988:178-79, ne Grudem 1988: 148-49).



### III. Tutabagana tutya

#### A. Okutabagana tekujja mbagirawo, naye kutwala ekiseera era kuyita mu mitendera egiwerako

1. Jeffress annyonyola emitendera ena egisangibwa mu lugendo lw'okutabagana (Jeffress, 2000: 115-23).<sup>30</sup>

- a. *Okwenenya*. Newakubadde omuntu asobola okusonyiwa oli attakiriza nti yamulumizza, wabula mu mbeera ezisinga obungi okutabagana (okuzzaawo enkolagana) kwetaagisa eyasobya okukkiriza ebikyamu bye yakola n'obulumu bwe yaleeta, awo gwe baasobyaa n'awona omutima, olwo enkolagana n'etandika bupya ku musingi omugumu.
- b. *Okuliwa*. Okugezaako okuzzaawo ekyatwalibwa, oba ekyayonooneka mu nkolagana kyolesa obwesimbu bw'okwenenya kw'omuntu era n'obwagazi bwe obw'okuyaayana okuzzaawo enkolagana ejjudde. Okuliwa kuyamba "okutereza ekisaawe," bwe kityo enjuyi zombi ne zitandika okuzza obuggya enkolagana yaabwe ku musingi ogw'obwenkanya (laba Sande 2004: ekitundu C ekifundikira, "ennono ez'okuliwa").
- c. *Okuddabirizibwa*. Okusobola okuzzaawo enkolagana n'omuntu eyatusobya, kikulu okubeera n'obukakafu nti eyasobya yakyukira ddala mu mazima nga tagenda kuddamu kutukosa nate. Ky'ekyo lwaki okwenenya okutuufu kulabikira mu kukyusa nneeyisa.
- d. *Okuzzaawo obwesige*. Emirundi mingi kiyinza okwetaagisa abantu abawera okuzzaawo okutabagana (soma **Bag 6:1**). Endowooza ekyuse ereetera enjogera okukyuka era n'ebikolwa ne bikyukirako; era oluvannyuma lwa byonna oli gwe wasobya naalaba obwesimbu bwo. Kiyinza okutwalako akaseera okuzzaawo obwesige obwafa okusinga okuzimba obwesige eri enkolagana empya nga mutandika. Olw'ekisa kya Katonda, naye era n'olw'ebikolwa byammwe mwembi abakwatibwako, obwesige busobola okukomawo nate.

2. Oboolyawo enkola ekwatikako esinga eraga butya okutabagana bwe kuyinza okussibwa mu nkola yeyo eya Worthington. Newakubadde ngakozesa enjogera eyenjwulo Okuva ewa jeffress ne Sande omuli "okwenenya, okuliwa, okuddabirizibwa nokuzzaawo obwesige" birabikira mu nkola ya Worthington.

#### B. Enkola eya Worthington ey'olutindo lw'okutabagana

Worthington alina enkola ey'amadaala ana, gyageraageranya ku lutindo, nga luliko amadaala ana oba ebikolebwa: okusalawo, okwogerezaganya, okuggyawo obutwa n'okwewaayo (Worthington 2003: essuula 9-12):



1. Salawo. Ekisooka mu byonna kwe kusalawo okutabagana oba nedda. Okutabagana kwetaagisa okuseesetuka ku *buli* ludda, kale nno oludda olumu luyinza okukulemesa okubaawo ku mitendera gwonna. Okutabagana kutwala ebiseera, amaanyi, obwetowaze n'obunkenke bw'okuddamu okukosebwa nate oba okunyoomebwa oyo gw'otabagana naye.

- a. *Omu ayinza obutayagala kya kutabagana*: (1) ng'ayagala kusigala yekka era ng'atalabawo

<sup>30</sup> Sande naye alina enkola ey'emitendera ena ey'okutabagana: (1) okwenenya; (2) okwekebera; (3) okukkiriza; ne (4) okukyuka kw'omuntu (Sande 2004:118-35).

bwetaavu bwa kuzzaawo nkolagana; (2) oba nga si kirungi oba nga kya bulabe (nga kiyinza okuleeta obulumi obulala); (3) oba ng'omuntu omu azze nga takuuma bwesige emirundi mingi era nga takinakuwalira wadde okulaga okumenyeka; (4) oba ng'okukosebwa n'obulumi biyitiridde; (5) oba ng'omu yafa, takyaliwo oba olw'ensonga endala nga tekikyasoboka kutabagana.

**b. Abantu basalawo okutabagana olw'ensonga zino:** (1) tebaagala kusigaza mpalana; (2) besaamu ekitiibwa era n'enkolagana yaabwe; (3) enkolagana yaabwe bagitaddemu bingi nnyo; (4) tebaagala kusigala mu mbeera *nga bweri* naye bayaayaanira enkolagana esingawo obulungi n'amaanyi; (5) bakkiriza nti okukolerera okutabagana kuvaamu emigaso mingiko okusinga obutatabagana.

**c. Tulina okusalawo butya bwe tutabagana. Okutabagana kubaawo mu ngeri bbiri:**

**(1)** Okutabagana okusinga kuleetebwa endowooza *ey'obutabuusabuusa* ng'abadde baasowaganye tebatudde kwogera ku kutabagana. Okutabagana kuno okutali kuteeketeke nnyo kubeeramu bino: okuyimiriza obulabe; okusisinkana awamu; (gamba; olw'obuvunaanyizibwa obubagatta); okwegattira awamu (oba okugattibwa awamu omuntu owokusatu) olw'emirimu egy'enjawulo; buli omu okuba n'endowooza ey'okusiima n'okwagaliza munne; okutegeera obumu bwaffe bwe tulina mu Kristo, obusobola okutuyamba okumenyawa "ebisenge by'endowooza n'enneewulira ey'okweyawulayawulamu." (**Beef 2:14-16**).

**(2)** Okutabagana okuteeketeke kuno kubaawo enjuyi zombi bwe zituula awamu okumalawo obuzibu n'okuzaawo enkolagana eyafa.

**(A)** Newakubadde ng'abantu abamu balowooza nti Matayo 18:15-20 kitundu ku "Mateeka" agatulagira nti tuteekwa okwogera n'omuntu eyatusobya kinnoomu mukyama nga tetunasaba balala okuyingira mu nsonga, naye ekyo si bwe kiri. Yakobo (**Lub 32-33**), Abigayiri (**1 Sam 25:18-35**), Yowabu (**2 Sam 14:1-23**), ne Baulnabba (**Bik 9:26-27**) abo bonna baayingirawo ku lwabalala oba baasaba abalala okuyingira mu nsonga nga baagala okuleetawo okutabagana ngabantu abaasowaganye tebannasisinkana nga bo bennyini.

**(B)** *Mu kusalawo butya bwe mutandika olugendo lw'okutabagana okuteeketeke:* "Okwogerezeganya kw'abantu abaasowagana kuterea okubeera okulungi, naye mu mbeera ezimu okuyingizaamu abantu abalala kye kisinga obulungi. Waliwo embeera eziwerako kino lwe kiyinza okuba ekituufu mu nnaku zaffe zino:

Bwobeera oyagala kugonjoola bintu n'omuntu ava mu buwangwa obukkiririza mu kutabaganyizibwa abakulu b'ennyumba oba abakulemebze abatambulirako ensonga;

Bw'osisinkana omuntu kinnoomu mu kyama kiyinza okumufaanya ng'omubi mu maaso gabalala;

Bwe kiba ng'omu awulira atya oli gwayagala okutabagana naye, olw'obutamanya bulungi kwewozaako oba olw'enjawulo yaabwe ey'ebifo by'obuvunaanyizibwa oba olw'ettutumu lyabwe eritafaanagana;

Ng'omu ku bali mu nteesaganya yatulugunyizibwa oli ono gw'ayagala okutabagana naye, ng'era kiyinza okuwa ono eyatulugunya omukisa okusirisa oli eyatulugunyizibwa; Bwe kiba nti ayagala okubatabaganya alina enkolagana n'oli eyasobya esingako ku yiyo era ng'ayiza okuwolereza oli eyasobya." (Sande 2004: 146-47)

**d. Tulina okusalawo ddi lwe tulina okutabagana.** Okusalawo okusonyiwa eyatulumya omutima emirundi egimu kibaawo mu bwangu; okutabagana kyenkana kwetaaga ekiseera ekiwerako. Abakristaayo balina okulaba bwe bakozesa omwagaanya okutandikiriza entesaganya z'okutabagana. Naye nga tetunatandika kutabagana kuno *okuteeketeke*, tulina okwekenneeny ebigererwa byaffe n'embeera y'endowooza yaffe, nga twebuuzza bino: (twenyamidde nnyo, tuli banyiiwu?—kirungi okusooka okusabira embeera eyo n'esooka evaawo). Tulina n'okutunuulira omuntu oli n'embeera eriwo, nga bwe tusaba Katonda okutulung'anyama. Wabula bulijjo tulina okweyisa mu mpisa efaanana eya Kristo ekwatagana n'okutabagana kuno *okuteeketeke*.

**2. Okwogerezeganya.** Kasita mumala okusalawo okuleetawo okutabagana, abakwatibwako beetaaga okusisinkana ne boogera ku nkolagana yaabwe, enjawukana eyajjawo wakati waabwe na ngeri ki

ey'okuzzaawo omukwano gwabwe ogwasasika.

**a.** *Engeri esinga okuba ennungi nga musisinkanye n'okwogera n'oyo bwe mwatabuka kwe kukyusa endowooza yo—n'obeera “n'edowooza enzikkamu.”* Endowooza enzikkamu ekuyamba okwogera n'obukakkamu ate ng'ekyo kikulu bw'oba ng'onatabagana n'omulala. Okwogera n'obukakkamu kulaga okulumirwa n'obwetowaze.

**b.** *Okunonyereza kulaga nti mu mbeera nnyingi nga tofuddeeyo ku kiki ekiyiza okubeera ekituufu, buli ludda lubeera lulaba nga lwe lwakosebwa, nga lulaba luli nga lwe lwalukosa, kale nga buli omu azze kusonyiwa munne wabula nga ye tazze kusonyiyibwa* (Worthington 2003: 191). Mu mbeera bwe zityo, enjuyi zombi zitera okubeera enkyamu. Bulijjo, omuntu atalina nnyo nsobi (naye ng'ayagala okuzzaawo enkolagana) ayinza okutandiikiriza olugendo lw'okutabagana ng'agenda eri omulala n'okumwatulira ebibi bye ebyayoonona enkolagana (omuntu ayinza okuba nga yasinga okuba omusobya ayinza okubeera ng'aswala nnyo okutandika entesaganya). Nga tetufuddeeyo ku ani atandikiriza entesaganya, okwogera ku nsobi zo ze wakola ezaavaako obuzibu kireeta ebintu bya mirundi ebiri: (1) kigoberera okuyigiriza kwa Yesu mu **Mat 7:3-5** “okuggyawo ekisubi mu liiso lyo nga tonaggyako kasubi mu liiso lya muganda wo,” (2) “okwogera kwo ku bye wakola ebiseera ebimu kuwa amaanyi omuntu oli omulala okukkiriza ebibi naye bye yakola” (Sande 2004: 158). Kino Sande akiyita “Ekibala ekya Zaabu,” ekitambulira awamu n'Ennono eya Zaabu (etukubiriza okukolera abalala ebyo bye twagala batukolerere): “Ekibala ekya Zaabu kigamba nti *abantu bajja kutuyisa nga naffe bwe tubayisa*. Bwe tunenya abalala olw'ekizibu, nabo bajja kutunenya mu kwesasuzza. Naye bw'oyogera nti, “Nabadde mukyamu,” kijja kutwewunyisa nga n'abantu abalala batwanukula nti, “Nange era gwabadde musango gwange.” (Ibid: 78)

**c.** *Bwe kiba nti okukkiriza kwo ensobi kuleetera oli omulala naye okubaako “ebitonotono by'akkiriza,” ebyo biyiza okukuyamba n'otandikira awo era n'obaako n'ebibuuzo by'obuuzo okuggyayo ensonga mu bujuvu.* Ng'okozesa oli byayogedde ebitonotono, okugeza, “Nsubira nakwatiddwa obusungu,” oba “Kale, byonna teyabadde nsobi yo,” Sande akubiriza abantu okukozesanga ebigambo nga: “Bob Nsiimye okukkiriza kwo nti wavudde mu mbeera. Nkunyonyole ekyo bwe kyampisizza?” “Weebale ekyo okukimanya. Lwaki olowooza nti kye wakoze kibi?” oba “Lwaki olowooza nti kyannyiizizza?” (Ibid.: 158).

**d.** *Mu kwogerezeganya n'omuntu oli omulala, olina okugumiikiriza ebigambo ebisongovu.* Gezaako okwetegereza byonna ebigenda mu maaso. Wuumbawumba ebyo by'ayogera olwo mwembi buli omu abeere ng'ategedde bulungi munne. Beera mwenkanya mu by'osubira (jjukira nti: okutabagana kuyinza okutwala obudde bungi n'amaamnyi mangi). Siima okufuba kw'oli omulala era okirage nti ekyakuleetera okulumizibwa kwe kuba nti oyo eyakikola yali tatera kukulumya. Weewale okugwa mu mutego gw'okwegaana nti tewakolayo kikyamu kyonna, oba okuwolereza ebikolwa byo byonna, n'okunenya oli—kubanga ekyo kijja kwongera kuleetawo kukaayaana. Wuliriza omulala ng'anyonyola, era naawe ng'ononyonyola lwaki wayogera, oba lwaki wakola ebyo bye wakola, gezaako okwewala okunenya oli bwe mutesaganya (wabula, nyonyola nti wanyiiiga nnyo, oba wakosebwa nnyo n'ebirala, naye nga toyogera nti obusungu bwo bwali bwa nsonga kubange ye yali muzibu era ng'ekyo kye wakola kimugwanira”).

**e.** *Ku nkomerero buli omu agenda kuwulira ng'ayagala okusonyiwa munne, na buli okukkiriza ekisonyiwo kya munne.* Kale ojja kwagala okukyusa enneeyisa yo, so si ey'omulala. Ogenda kwetaaga okukkiriziganya kukuzzaawo enkolagana yammwe.

**3. Okweggyamu butwa.** Enkolagana bw'esattulukuka olw'enkwe n'olw'ebinyiiza ebirala, kifaananako ng'obutwa bwe buyingira mu mubiri.

**a.** *Twetaaga okweggyamu obutwa era n'okubuggya mu nkolagana yaffe.* N'olwekyo twetaaga okwekolamu omulimu ffe kenniyini nga tweggyamu obukaawu mu ndowooza nga tubwatula; bw'aba nga Katonda yatusonyiwa era n'atwala ekibi n'obukaawu bye yatulinaka n'abyebalirako, tetwetaaga kwettikka nate mugugu ogwo.

**b.** *Era naffe tulina okuggya obutwa mu nkolagana yaffe.* Okunonyereza kulaga nti enkolagana y'abufumbo (n'enkolagana endala) zisattulukuka okuyita mu mitendera ena: (1) Okunenya: okusooka nga kuva mu ndowooza ate ne mukwogera; (2) Okwewozaako: mu ndowooza ate ne mukwogera (kino kirabikira “mu kuzaayo omuliro eri oyo akunenya, era n'ekivaamu ennyombo); (3) Okunyooma: ng'okunenya n'okwewozaako bwe bitera okubeera ebikolwa oba enneeyisa y'omuntu omu, okunyooma kwolekera oli abeera atandise biri ebibiri. (4) Obutafaayo oba olutalo: obuyagala kukosebwa anenyezebwa alekera awo okuwuliriza n'okufaayo ku

byogerwa “ne yefundikira” oba naggulawo olutalo okulumya oli omulala (olutalo olw’endowooza, enneewulira oba olulabikako). (Worthington 2003 227)<sup>31</sup>

**c.** *Okunoonyereza nakwo kulaga nti amaanyi n’essanyu mu bufumbo bikwatagana n’engeri abantu gye bakwatamu ebizibu.* Abafumbo bwe babeera basobola okukwata obulungi ebibasoomooza ebitundu 10 oba 7 oba 5 ku buli kizibu kye basisinkana baabeera basanyufu buli kiseera. Abasobola okubikwata ebitundu bitaano ku kkumi n’okweyongerayo bafuna enkyukakyuka: ate abasingawo ku bitundu 5 ne beeyongerayo balabira ddala ng’obufumbo busoboka; naye abali wansi w’ebitundu 5 okukka wansi balabira ddala ng’obufumbo tebusoboka. Naye abafumbo bwe babeera wansi w’ebitundu 5 era babeera tebali ku bitundu 4 naye babeera baagwa ne batuuka ku kitundu 1 ku 10 oba n’okusingawo. (Worthington 2003:227-28)

**d.** *Ekiteeso ky’okweggyamu obutwa kwe kuzzaayo olugendo emabega; kwe kugamba; kwe kutereza empisa, enjogera, n’ebirowooza n’obiggya ku kusibira omuntu oba olutalo, n’ova mu kunyooma; n’ova mu kwewolereza, n’ova mu kuvumirira n’odda mu mbeera entuufu.* Bwe tukola kino tusobola okunoonyayo obubonero obutulaga nti tukyayiwa obutwa mu nkolagana yaffe mu kifo ky’okubuggyamu: okugeza: (1) nga tukomyawo ebyayita, mu kifo ky’okwogera ku biriwo kati; (2) nga twogeza bukambwe eri omulala; (3) nga tulumbagana omuntu mu kifo ky’okulemera ku nsonga; (4) nga twogeza obukaawu; (5) nga tetwesonyiwa bulumi bw’ebyo ebyayita.

**4. Okwewaayo.** Ku nkomerero tusobola okutuuka ku ddaala ly’okutabagana, eritwaliramumu okwogera n’oli era n’okwogera ku nkolagana.

**a.** *Kino tukituukako bwe tulekerawo okujjuza emitwe gyaffe n’ekibi ekyakolebwa, naye ne tugumira obulumi bwaffe nga tubaako bye tuyigira kw’ebyo ebyatukosa.* Tulaba engeri kino gye kitukyusizzaamu ne kitufuula abalungiko. Tutuuka ku ddaala ly’okwewaayo bwe tuzimba okwagala. Ne tutegeera butya oli bw’awulira bw’abeera tabalibwa kuba wa muwendo era ne bw’aba ng’atwalibwa okuba ow’omuwendu, bw’abeera yakyayibwa ne bw’abeera ng’ayagalibwa. Kale ne tukola ebyo ebitamumalamu kitiibwa, naye ne tumussaamu ekitiibwa nga bwe twolesa okwagala kwaffe gy’ali. Mu ngeri eyo ne tukendeeza empalana nga bwe twongera ku kukwatagana mu ffe, nga tufuba okulaba nga tukkaanya nga n’oli eyasobya bwe yandikyagadde.

**b.** *Okweyongerera kw’ebitundu eby’okukwata obulungi ensonga nga waliwo obuzibu kyetaagisa okubeera ng’omanyi bulungi oli gw’otakkaanya naye era ng’olina obusaasizi eri ye.* Kyetaagisa okumanya oli gy’ategeeramu okwagala. Enkola ez’okwolesaamu okwagala ziyinza okubaamu bino: (1) ebigambo eby’okwagala n’okukkiriziganya; (2) okukwatagana mu mikono oba okwegwa mu kifuba; (3) okumala akaseera n’omuntu oyo; (4) ebikolwa eby’okusiima by’akoze; (5) ebirabo eby’okwagala. (Chapman 1995: passim) Tukoze ebikolwa eby’okwagala oli by’atwala okuba ebikulu. Mu bufunze okuyita mu lugendo lw’okutabagana tutuuka ne tutegeera endowooza y’omulala, era ne tweyisa ng’Abakristaayo, nga tulina endowooza n’Omwoyo wa Kristo, era nga bwe tutyo bwe tulina okutegeera n’okubeera n’abantu, ebiseera byonna, mu nkolagana zaffe zonna.

### **OKUJULIZA OKULAGIDDWA**

Aland Barbara, Kurt Aland, Johannes Karavidopoulos, Carlo Martini, and Bruce Metzger, eds. Bano be baawandiika (Endagaano empya mu Luyonaani) 2001. *The Greek New Testament*, 4<sup>th</sup> rev. ed. Stuttgart: Deutsche Bibelgesellschaft.

Alcorn, Randy. 2009. *If God Is Good*. Colorado Springs, CO: Multnomah. Yawandiika (Singa Katonda Mulungi).

*The Book of Common Prayer*. New York: Seabury, 1979. Yawandiika (Ekitabo Ekyessaala Eya Bulijjo).

<sup>31</sup> Endowooza eno ekwatagana n’endaba ya Sande eyogera ku kivaako obutakkaanya bye “byetaago byaffe bye tuba tetulina.” Ekitambulira mu mitendera ena egiddirinjana: (1) Nze okwegomba—we kutakolebwako kufuuka ebbanja (2) Nze nkubanja—errina okusasulibwa ffe tulyoke tumatire era tukkusibwa,” era kiyinza okuvaamu obukaawu, ennyombo, nokwekubagiza bwe kisagala wo nga tekikoleddwako; (3) Nze nkulamula—abalala bwe balemererwa okutuukiriza bye twagala, tubavumirira era ne tubanenya mu mitima gyaffe si mu bigambo; (4) Nze nkubonereza—endowooza yokusala omusango etuleetera okulowooza butya bwe tubonereza oba bwe tulumya abantu abo balyoke bakole ku bye twagala. (Sande, 2004: 102-09)

- Carson, D. A. 2002. *Love in Hard Places*. Wheaton, IL: Crossway. Yawandiika (Okwagala Abatayagalika)
- Chapman, Gary. 1995. *The Five Love Languages*. Chicago: Northfield. Yawandiika (Ennimi Ettaano Ez'okwagala)
- Chapman, Gary, and Jennifer Thomas. 2006. *The Five Languages of Apology*. Detroit: Thorndike. Yawandiika (Ennimi ez'Okwetonda Ettaano)
- Danker, Frederick W., ed. 2000. *A Greek-English Lexicon of the New Testament and Other Early Christian Literature*, 3d ed. Chicago: University of Chicago Press. Yawandiika (Nnamutayiika w'Olungereza n'Oluyoanaani ow'Endagaano Empya n'ebitabo by'Ekikristaayo Eby'edda)
- Ellingworth, Paul. 1992. "Forgiveness of Sins." In *Dictionary of Jesus and the Gospels*, ed. Joel Green, Scot McKnight, and I. Howard Marshall, 241-43. Downers Grove, IL: InterVarsity. Yawandiika (Okusonyiyibwa kw'Ebibi Mu Nkuluze Ya Yesu n'Enjiri)
- Enright, Robert. 2001. *Forgiveness Is A Choice*. Washington, DC: American Psychological Association. Yawandiika (Okusonyiwa Kubeera Kusalawo Kwo)
- Grudem, Wayne. 1988. *The First Epistle of Peter (TNTC)*. Grand Rapids, MI: Eerdmans. Yawandiika (Ebbaluwa Ya Peetero Esooka)
- Jeffress, Robert. 2000. *When Forgiveness Doesn't Makko Sense*. Colorado Springs, CO: Waterbrook. Yawandiika (Okusonyiwa Lwe Kutakola Makulu)
- Klassen, Daniel. n.d. *The Forgiveness Workbook*. Thunder Bay, Ontario, Canada: Lakehead University. Yawandiika (Akatabo k'Okusonyiwa Akalimu by'Olina Okukola)
- McCullough, Michael. 2000. "Forgiveness as Human Strength: Theory, Measurement, and Links to Well-Being." *Journal of Social and Clinical Psychology* 19, no. 1: 43-55. Yawandiika (Okusonyiwa Ge Maanyi g'Abantu: Era Lwe Lupimo lw'Okubeera Obulungi)
- Michaels, J. Ramsey. 1988. *1 Peter (WBC)*. Nashville, TN: Thomas Nelson. Yawandiika (Ku Bbaluwa Ya Peetero Esooka)
- Sande, Ken. 2004. *The PeaceMakkoer*, 3<sup>rd</sup> ed. Grand Rapids, MI: BakerBooks. Yawandiika (Omutabaganya)
- Smedes, Lewis. 1984. *Forgive and Forget: Healing the Hurts We Don't Deserve*. San Francisco: Harper & Row. Yawandiika (Soniya Era Werabire: Eburumya Bye Tutagwanira)
- \_\_\_\_\_. 1996. *The Art of Forgiving*. Nashville, TN: Moorings. Yawandiika (Engeri Gyosonyiwamu)
- Solzhenitsyn, Aleksandr. 1985. *The Gulag Archipelago 1918-1956*. Translated by Thomas Whitney and Harry Willetts. Abridged by Edward Ericson, Jr. New York: Harper & Row. Yawandiika (Ekkomera ly'Okubizinga)
- Willard, Dallas. 1997. *The Divine Conspiracy*. New York: HarperSanFrancisco. Yawandiika (Olukwe Olutukuvu)
- Witvliet, Charlotte Van Oyen, Thomas E. Ludwig, and Kelly L. Vander Laan. 2001. "Granting Forgiveness or Harboring Grudges: Implications for Emotion, Psychology, and Health." *Psychological Science* 12, no. 2: 117-23. Yawandiika (Okugaba Ekisonyiwo Oba Okusigaza Empalana: Ebizibu Ebikivaamu Mu Bwongo, Mu Bulamu)
- Worthington, Everett. 2001. *Five Steps to Forgiveness*. New York: Crown. Yawandiika (Emitendera Etaano egy'Okusonyiwa)
- \_\_\_\_\_. 2003. *Forgiving and Reconciling*. Downers Grove, IL: InterVarsity. Yawandiika (Okusonyiwa N'okutabagana)
- Zodhiates, Spiros, ed. 1993. *The Complete Word Study Dictionary: New Testament*, rev. ed. Chattanooga, TN: AMG. Yawandiika enkuluze y'okuyiga ekigambo ejjudde: Endagaano Empya:

## EBIFUNDIKIRA

### Engeri ey'okusonyiwa okwesigamye ku kusalawo Okuzzaawo Obufumbo n'Amaka<sup>32</sup>

Enkola eno yakolebwa okuyamba abafumbo Abakristaayo. Wabula esobala okweyambisibwa n'okuyamba Abakristaayo abafunye obuzibu mu nkolagana zaabwe endala. Esobola n'okuyamba abatali bakkiriza, naye ng'ekyo si kyangu kubanga yeesigamye ku nnono za bayibuli abatali bakkiriza ze baayinza obutakkiririzaamu.

Olukiiko lw'okusonyiwagana wakati w'abafumbo nga waliwo omutabaganya lubeera luwanvuko (waakiri essaawa satu) era nga lulimu emitendera 13. Emitendera giteekebwa mu biti 3: (1) okutegeera ensonga n'okutegeka (emitendera 1-3), omuli okukubaganya ebirowoozo wakati w'abafumbo n'omubuziibuzi; (2) okusaba ekisonyiwo n'okukigaba (emitendera 4-12)—omufumbo omu bw'amala okumalayo emitendera 4-12 olwo omufumbo omulala naye n'agiyitamu; era (3) olukiiko lukomekkerezebwa n'ekikolwa eky'emikolo (omutendera 13). Abafumbo oboolyawo bayinza okusaba ensisinkano endala ey'okubabudaabuda ng'ensisinkano y'okusonyiwagana ewedde, naye ensisinkano empanvu ey'okusonyiwagana bweggwa mu buwanguzi ekendeeza emirundi gy'ensisinkano endala eziddirira.

**Omutendera 1:** *Amakulu g'ekisonyiwo gannyonyolwa.* Omutabaganya afuna olukusa okuva ew'oli gw'atabaganya okwogera ku kisonyiwo, kubanga kikulu nnyo mu nzikkiriza. Olwo bonna ne boogera ku kisonyiwo kye kitegeeza. Omutabaganya n'ayogera ku biki bayibuli byeyogera ku kisonyiwo n'okwagala. Omutabaganya essira n'alissa ku kisonyiwa kye tuwa abalala olw'okusalawo kwaffe. Bombi abalina obutakkaanya bateekwa okukkiriziganya nti ekisaliddwaawo eky'okusonyiwa tekikoma ku kya kulekayo mpalana n'okwesasuzza naye kijjiramu n'ebikolwa eby'okwerekereza n'okwagala nga Kristo bwe yakola. Okutunuuliza abafumbo ebyawandiikibwa kikulu, nga bwe kiri nti Abakristaayo abasinga baagala ebirowoozo byabwe, ebigambo n'ebikolwa okubeera nga bikwatagana n'ebyawandiikibwa

**Omutendera 2:** *Essira ku buli ludda okusaba ekisonyiwo olwebikolwa ebikyam lwe byakola.* Abafumbo balina omwagaanya okwatula ensobi zaabwe buli omu eri munne mu maaso g'omutabaganya. Essira tebalissa ku kuwolereza bikolwa byabwe oba okulumbagana ebikolwa bya munne ebibi, naye buli omu okusigala ku bibi bye era n'okubyenanya. Omutabaganya ayinza okwogera bw'ati: “Twetaaga okuteekawo ebitulunganyama nga tugenda mu kafubo. Abafumbo emirundi mingi boogera ebigambo bingi ku nneeyisa y'abalala eyabulumya, naye ne batatunuulira ensobi zaabwe bo. Singa osalawo okwogera kugende mu maaso, wetegese okutunuulira ebizibu bye waleeta era n'ova ku bya munno by'alina okwenenya? Munno bw'abaako ensonga enkulu gy'asirikidde ng'ate nkulu gy'oli, ekyo tuyinza okukyogerako oluvannyuma nga tukyatudde.

**Omutendera 3:** *Ennyanjula ey'engeri gye tukwatamu ekisonyiwo era n'okusalawo oba nga tweyongerayo oba nedda.* Kisingako okutandika n'omufumbo eyakola ensobi esinga obunene. Buli omuntu alina ebintu by'ayagala okusabirako ekisonyiwo. Omutabaganya ayinza okusalawo bwe babeera n'ensonga efaanagana. Omutabaganaya ayinza okugamba nti: “Ensonga zino ez'okusonyiwagana tezifaanagana n'akubudaabuda bafumba okwa bulijjo. Bwe muba nga mukkiriziganya nange (omu ku mmwe) njenda kumuyisa mu mitendera Okuva ku nnamba 4 okutuuka ku 12 ate n'oluvannyuma mpise omulala mu mitendera egyo naye. (Awo omuntabaganya asobola okubawa olupapaula oluliko emitendera egyo era n'abayitirayitiramu), njenda kubeera n'obuvunaanyizibwa bunene mu lutuula luno, nga nkakasa nti tetuva ku mulamwa era tubeeko ne bye tusalawo, nga bwe munnyambako, era nga bwe mupa n'amawulire ag'omugaso nga tuli mu lutuula luno olw'okusonyiwagana era tulabe n'ebyo bye tuliddira olulala.”

**Omutendera 4:** *Okunyonnyola ekika ky'omusango.* Omu ku bafumbo alina okulaga obulungi enneeyisa ye etasaanira. Alina okukiraga nti akimanyi ng'enneeyisa eyo ekosa era nkyamu era yali tesaanira n'akamu. Emirundi egisinga ono ayogera ayinza okutandika okwogera ku nsobi za munne (okugeza; omwami asaba

<sup>32</sup> Enkola eno yesigamiziddwa ku mabago agaggyibwa mu biwandiiko bya: Fredrick A. DiBlasio, agayitibwa: “Ebyawandiikibwa n'Okusonyiyibwa: okwogerezeganya n'Abafumbo Abristaayo: *Obufumbo N'amaka: Olugendo Lw'Omukristaayo* 2 (1999):247-58, Ne Fredrick DiBlasio ne Robert Cheong, “Okufaanana-Kristo okwagala n'okusonyiwagana mu kubudaabuda abafumbo: ebisomebwa n'ebikolebwa” (nga byaweebwayo eri Obufumbo n'Amaka: *Olugendo Lw'Omukristaayo*, kikyali mu kyapa).

Tugattako, ECLEA abalina omutimbagano ([www.ecllea.net](http://www.ecllea.net)) nga kuno kuliko akatabo ak'endagirio n'ebirunganyama omutabaganya ate n'ebinjanyama baali mukuyamba okusonyiwagana aka Everett L. Worthington akakubiriza okusonyiwagana, okutambulira mu kisonyiwo: Emitendera 6 egikozesebwa okufuuka Omukristaayo asonyiwa ennyo. Omutendeke Worthington yatuwa olukusa ebizigiriza mu musomo ogwo okuwanulibwa, n'okukubibwa ku mpapula era ne bikozesebwa ku bwereere.

ekisonyiwo ewa mukyala we olw'okumuvimirira mu lujjudde olw'enneeyisa enkyamu). Kaakati mu kifo ky'okukkiriza nti naye (omwami) bye yakoze byabadde tebisaanira agezaako okweggyako omusango olwo omukyala n'afuuka ali mu kwewozaako. Kaakati awo akola *kansolingi* waalina okuyambira ono ayogera okwogera ku nsobi ze zokka ezaleese obuzibu. Kyamugaso nnyo okubuuza gwe baloopye nti; "Okiraba nga kye wakoze kyabadde kikyamu?" Gwe babuuza bw'alondobereza, omutabaganya ng'amwanukula era ng'akkiriza n'oli amulumiriza okumulaga obukyamu obwakibaddemu oba okwefumiitiriza. Emirundi egisinga okunnyonyola omusango kuyinza n'okuggyayo ebintu ebirala bingi ebiri emabega w'ensonga eno.

**Omutendera 5:** *Gwe balumiriza yennyonyolako.* Omutabaganya atandika ku mutendera guno ng'asaba olukusa okuva ew'oli eyakosebwa ng'ayagala annyonyole ono omusango gwe yakola (okumusaba olukusa kiraga nti eyakosebwa yenyigidde bulungi mu nsonga ezamukosa). Omutabaganya alina okubabuulira nti obugulumbo obusinga obungi mu bufumbo bulina eby'okunnyonyolako, naye olw'olumu ebinnyonyolwa biva ku mulamwa olw'obulumi n'obusungu abafumbo bombi bwe babeera bawulira. Omutabaganya alina okulabula bano nti okunnyonyola tekugenda "kwewalibwa" nti naye kitundu ku mawulire ageetaagibwa okusobozesa okutegeera obuzibu we buva. Okunoonya ensonga eri emabega w'omusango kiyinza okuba nga kiva nneeyisa z'omuntu ze yalina nga tannaba na kubeera mufumbo. Kino kisobola okuleetera ono anyigirizibwa okubaako by'ategeera obulungi ku munne, era ne wabaawo n'okusaasirigana eri buli omu.

**Omutendera 6:** *Ebibuuzo n'ebyanukulwa ku musango.* Abafumbo balina okufuba buli omu okutegeera munne. Wabula ebibuuzo ebingi bye babuuza bikozesebwa "kuggusa nsonga" so si kutegeera kigenda mu maaso oba okumanyisibwa ku nsonga. Omutabaganya ayinza okwogera nti: "Wadde nga kino si kya buliijo, abafumbo emirundi mingi baanukula ebibuuzo mu ngeri etali ku mulamwa olw'embeera y'okwewozaako ey'ebbugumu ebaawo. Ebibuuzo bitera okubuuzibwa mu busungu oba nga bikola amakulu ku nsonga. Kano kabeera kaseera kakufuna kumanyisibwa naye mu mwoyo gw'okwagala. Kale ffe tukolerere wamu okutegeera ekizibu kino we kiva nga tubuuzo ebibuuzo (omukyala gundi) olina ekibuuzo ky'obuuzo omwami?" Okwanukula ebibuuzo mu ngeri entuufu kunazaako avunaanibwa enziro era ne kyanguyira oli okusonyiyibwa. Omutabaganya akola omulimu gw'okuyamba batabaganya okubuuzo ebibuuzo eby'ensonga n'okulaba ng'abafumbo basigala ku mulamwa ogw'ensonga enkulu.

**Omutendera 7:** *Eyakosebwa ayolesa engeri gye yalumizibwamu(yeeyabya).* Okutabagana kubaawo ng'abafumbo basobola okukwatagana mu ngeri buli omu gy'awuliramu. Ono eyakosebwa ayagala eyamukosa awulire era ategeere obulumi ono bwe yayitamu, naye kiyiza okubeera ekizibu okukyolesa mu njogera ye. Omutabaganya era ayinza okwetaagibwa okubajjukiza nti beetaaga omwoyo- gw'obutewolereza. Omutabaganya ayinza okwogera nti: "Newakubadde kiyinza okwetaagisa (omufumbo B) okwolesa obulumi bwe gy'oli naye ng'atya nti kiyinza okukumenya omutima, ggwe (omufumbo A) ono omukkiriza okwogera ky'awulira ku mutima gwe olw'okumukosa?" (Omufumbo oyo gwe basabye bw'akkiriza oli okumubikkulira bw'awulira, olwo babeera bavudde mu mbeera y'okwekuniza nga baze mu mbeera y'okufunamu mu lutuula olwo.) Ono eyakosebwa asobola okwolesa engeri gye yawuliramu mu kiseera ekyo, naye ne bw'awulira kati olw'ekyo kyayize mu lutuula luno olwa *kkansolingi*.

**Omutendera 8:** *Eyasobyala alaga okusaasira era n'obuswavu olw'obulumi bwe yatuusa ku mulala.* Eyasobyala bw'alowooza ku bulumi bwe yatuusa ku mulala era n'okutegeera ebizibu bye yaleeta, kino kireetera oli okumusaasira n'okumsonyiwa mu mutima. Abafumbo bangi beerwoozako nnyo era kibazibwalira okusaasira abaabasobyala. Omutabaganya asobola okubayambako ng'abuuzo ebibuuzo nga bino, "Mukyala wo bw'akugamba nti awulira obulumi bungi nti era azuukuka n'akaaba mu kiro, ggwe olwoozala aba awulira atya?" Omutabaganya asobola okusaba buli ludda okuwuumbawuumba obuswavu n'okusaasira kwe lulabye eri lunnaalwo.

**Omutendera 9:** *Eyasobyala akola enteekateeka z'okukikomya/ n'okuva ku muze ogwo.* Eri oyo asaba ekisonyiwo mu ngeri ey'amazima kitegeza nti eyasobyala yeteeseeteese okukomya enneeyisa ye embi ereme kuddamu kubaawo mu biseera eby'omu maaso. Okusonyiwagana kusoboka bwe wabaawo enteekateeka ey'okutereza ebyasoba n'enkola ey'okuziyiza ebyo obutaddamu kubaawo. Enteekateeka eyo erina okuba ng'etegeerekeka bulungi era ng'ekoleddwa eyasobyala ng'ayambibwako oli gwe yasobyala n'omutabaganya. Omutabaganya ayinza okusaba Omwoyo Omutukuvu okubawa ebirowoozo era ayinza okwogera nti: "Lwaki totandika n'obweyamo bwonna bw'oyagala okukola eri munno, kale nga bw'obukola oboolyawo onafuna amagezi amalala butya kino bwogenda okukiteeka mu nkola?" Omutabaganya awandiika buli ekitereddwa mu nkola era n'akalaatira abafumbo okukuuma endagaano eyo mu kifo ekituufu era ng'abasobola okugiggyawo we

baagalira.

**Omutendera 10:** *Omufumbo eyakosebwa alaga obusaasizi eri oyo eyamukosa.* Ebizibu ebibeera mu bufumbo bitera okuleetawo emitawaana egy'amaanyi egiwerako eri oyo eyakosebwa kyokka ate n'eri oyo eyavaako ebizibu. Enneeyisa y'omusobya eyinza okunnyonyolwako mu bitundutundu olw'obuzibu bw'ezze ereeta mu nkolagana n'emitawaana gy'eleese mu biseera ebijise. Nga tweyongerayo, eyasobya alina okusonyiwa n'okwesalira omusango olw'okuleetera munne obulumi. Omutabaganya ayinza okugamba oli eyakosebwa nti: "Nkiraba ng'ensobi za mukyala wo zakukosa nnyo, naye era kaakati tukiraba nga naye zimuleetedde obulumi. Oyinza okwogera ku ngeri gy'awuliramu?" Ng'omutendera nnamba 8, omutabaganya amuyambako okutegeera obulungi ensonga eyo.

**Omutendera 11:** *Essira lissibwa ku kusalawo okusonyiwa nobweyamo obwokwerabira ebibaddewo ne mugenda mu maaso.* Omutabaganya ajjukiza abafumbo ku byayogeddawo ku mutendera 1 ebikwatagana ku kwagalana n'okusonyiwagana okwesigamye ku kusalawo okukikola. Kale eyanyizibwa bw'asalwo okusonyiwa, alina okweyama okwerabira ebibaddewo, byonna n'abivaako era ensobi ezo n'atazikoza ng'ekyokulwanyisa mu biseera by'omu maaso. Ekyo tekigaana kwogera ku nsobi ng'okuteesa kugenda mu maaso; mu butuufu okwogera ku nsobi mu biseera bya *kkansolingi* kiyinza okwetaagisa. N'olwekyo okwogerezeganya kulina okubaamu butya bwe baneewala okwogeranga ku nsonga ezo na butya bwe baneewala obusungu n'ebirowoozo by'empalana ebijinza okubajjira mu maaso eyo (soma ku mboozu y'okusonyiyira mu lujjudde era n'olemera ku ky'okusonyiwa mu kitundu v. "ekisonyiwo n'okutabagana," waggulu).

**Omutendera 12:** *Ensaba y'ekisonyiwo emanyiddwa:* Ensonga z'okusonyiyibwa okuzintangaaza obulungi, abafumbo balina okubeera n'ebigambo ebisaba era n'ebigaba ekisonyiwo. Omutabaganya ayinza okubagamba nti, "Kaakano kino kya kiseera, bwe kiba (ng'omufumbo A) asazeewo okusaba ekisonyiwo eri munne mu maso gange ng'omujulizi akikole. Olwo (omufumbo B) n'addamu oba yetegese okuwa ekisonyiwo eri oyo akimusabye." Ensaba y'ekisonyiwo nga waliwo omujulizi ekakaasa nti eyasobya amaliridde okweneya. Abafumbo bangi bayinza okukaaba, okukwatagana mu mikono, oba okufukamira okukakasa okweneya kwabwe n'obuswavu bwe bayiseemu olw'ensobi ze baakola. Kaakait ekisonyiwo bwe kimala okukkirizibwa, omutabaganya awandiika ennaku z'omwezi n'obudde bwennyini era n'asaba abafumbo bano okubiteraka obutiribiri mu kifo eky'enjawulo. Omutabaganya ayiza okwogera nti: "Ekisonyiwo ky'asabibwa era ne kimuwebwa ku ssaawa 5:32 ez'oku makya mu mwezi bwe guti mu mwka bwe guti. Kale nno bannange bye tuwandiise mu bikuume bulungi nnyo kubanga ekiseera kino kitukuvu mu maaso ga Katonda. Bwe wabaawo abuuza oba nga ddala waliwo okusonyiwagana wakati wammwe, mujulize essaawa n'ennaku z'omwezi era muli baddembe nange okunkubira essimu ng'omujulizi eyaliwo."

**Omutendera 13:** *Ekikolwa eky'omukolo.* Ekikolwa ekirabibwa (eky'oku ngulu) ekikolebwa wakati w'abafumbo kyongeramu amaanyi eri ekisonyiwo kye bagabanye era ne kibayamba okukkiriziganya, mu ndowooza ne mu mwoyo kw'ekyo kye basazeewo nti kya namaddala era kya lubeerera. Omutabaganya ayinza okubuza nti: "Mugenda kujaguliza mutya okusonyiwagana kuno okubaddewo – munabaako kye mukola ng'akabonero akakyikirira ekisonyiwo – oba omukolo?" Abafumbo bayinza okusalawo okuwandiika ebisobyo ku lupapula ne balwokya, oba okusimba omuti ogw'enjawulo, oba okwewandiikira amabaluwa ogw'omukwano bokka na bokka, oba okwewa ebirabo oba okukola ekirala kyonna bo kye balowooza okukyikirira ekisonyiwo n'entandikwa y'obulamu obupya nga bali wamu. Ensisinkano eno yonna esobola okulokola bingi, n'ekyusa nnyo obulamu n'ekoma ku bantu bano kinnoomu, n'ekyusa obufumbo era n'ebaasembeza wamu mu nkolagana ey'ekimemmette ne Kristo.

### OMUWANDIISI



Jonathan Menn abeera mu Appleton, WI, Amerika. Yafuna diguli ya B.A. mu by'obufuzi okuva mu Yunivasite y'e Wisconsin-Madison, n'ebitiibwa, mu 1974, era n'ayingizibwa mu kibiina ky'ekitiibwa ekya Phi Beta Kappa. Oluvannyuma yafuna diguli ya J.D. okuva mu Cornell Law School, magna cum laude, mu 1977, era n'ayingizibwa mu kibiina kya Order of the Coif legal honor society. Emyaka 28 egyaddirira yagimala ng'akola mu by'amateeka, nga munnamateeka w'emisango gy'amateeka, mu Chicago n'oluvannyuma ng'omukwanaganya mu Menn Law Firm e Appleton, WI. Yafuuka omukkiriza era omugoberenzi wa Yesu Kristo mu 1982. Okwagala okweyongerayo mu by'okutegeera katonda n'obuweereza kwamuviirako okusoma Master of Divinity mu Trinity Evangelical Divinity School e Deerfield, IL. Yafuna diguli ye eya M.Div. okuva mu TEDS, summa cum laude, mu May 2007. Wakati wa 2007-2013 yali Dayirekita wa Equipping Pastors International mu buva njuba bwa Africa. Kati Jonathan ye Dayirekita wa Equipping church leaders-East Africa (www.eclen.net). Ebiwandikiro bye ebingi eby'okusomesa ku nsonga za Bayibuli bisangibwa ku mukutu gwa www.eclen.net. Jonathan oyinza okumutuukirira ku: [jonathanmenn@yahoo.com](mailto:jonathanmenn@yahoo.com).